# OKUMANYA EDDOBOOZI LYA KATONDA.

## HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE

Olusoma luno luli kitundu ku “Harvestime International Institute, ng’enteekateeka egenderera okuyamba abakkiriza okufuna amakungula g’omwoyo agatuutikiridde.

Omulamwa omukulu mu kutendekebwa kuno kwe kusomesa ekyo Yesu kyeyasomesa, ekyaleetera abavubi abawooza n’abalala okufuuka abakristaayo ab’omugaso, abaatambula amawanga n’enjiri nga boolesa amaanyi.

Ekitabo kino ssomo eryetongodde ku ago agasomesebwa, okuseeseetula abakkiriza okuviira ddala ku kwetaba nga bayita mu busigire, okwekubisaamu, okwetegeka n’okwekungaanya okutuuka ku kiruubirirwa ekyokubuulira enjiri.

© Harvestime international institute

http://harvestime.org

# EBIRI MU KITABO.

Enkozesa y'ekitabo…………………………………………………………………………………………………… 3

Ebyandikoleddwa abasomera mu bibinja……………………………………………………………………………… 4

Ennyanjula………………………………………………………………………………………………………………….. 5

Ebigendererwa by'olusoma………………………………………………………………………………………… 7

1. Okumanya eddoboozi lya Katonda………………………………………………………………………………8
2. "Buli ayagala okukola Katonda byayagala, …anaamanya"……………………………………………………17
3. Okwagala kwa Katonda…………………………………………………………………………………………….28
4. Okukwata ekkubo ekyamu……………………………………………………………………………………….38
5. Enkola y'okwagala kwa Katonda……………………………………………………………………………….46
6. Engeri Katonda gy'ayogera eri omuntu………………………………………………………………………60
7. Ekisaka kikyayaka……………………………………………………………………………………………………72
8. Ebikolwa ebireetawo ebibuuzo…………………………………………………………………………………83
9. Ekyokulabirako ky'okusalawo ekya Baibuli………………………………………………………………….92
10. Wagezaako n'olemererwa?......................................................................................98
11. Okwagala kwa Katonda n'okubonaabona……………………………………………………………….105
12. Emitendera omukaaga egy'okubikkulirwa…………………………………………………………………121

Ebiddibwamu ku bibuuzo by'okwegezaamu…………………………………………………………………127

## ENKOZESA Y'EKITABO KINO.

**(Ensengeka y'ekitabo)**

Buli ssomo lirimu bino:

**Ebigendererwa:** Bino by'oba osuubira okutuukako oluvannyuma lw'okusoma essuula. Bisomeemu nga tonnatandika ssomo.

**Olunnyiriri olukulu**: Luno olunnyiriri luba luteeka essira ku kintu ekikulu ekiri mu ssuula, osaana olukwate.

**Ebiri mu ssuula:** Soma ekitundu weeyambise Bayibuli ojulize ebyo ebitateereddwa mu kitabo kino.

**Okwegezaamu:** Funa omulimu gw'okwegezaamu oluvannyuma lw'okusoma essuula. Gezaako okuddamu ebibuuzo nga teweeyambisa Bayibuli yo yadde ekitabo kino. Bw'omaliriza okwegezaamu, genda ozuule ebiddibwamu ku ebyo ebikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.

**Okweyongerayo okusoma:** Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongera okusoma ekigambo kya Katonda, okulongoosa engeri gy'osoma n'okugiisa ebyo by'osomye mu bulamu bwo ne mubuweereza.

**Ebigezo ebyakamalirizo:** Bwoba nga weetabye mu lusoma luno, waweebwayo ebigezo eby'akamalirizo, era ku nkomerero y'olusoma luno oteekeddwa okubikola byonna bw'omala obikomyewo ku mutendera omulala okusuumuusibwa ku ddaala nga bwe kirina okuba.

## EBINTU EBIRALA EBYETAAGIBWA.

Weetaaga Bayibuli eya King James version.

## EBYANDIKOLEDDWA ABASOMERA MU BIBINJA.

### OLUTUULA OLUSOOKA.

**Okuggulawo:** Mugguleewo na kusaba olwo mweyanjule. Funa ebyetagisa era owandiike abayizi.

**Tegeka ebinaagoberewanga mu kibinja**: Funayo anaakubiriza entuula ezo, obudde, ekifo, n'ennaku zokutuulirangako.

**Okutendereza n'okusinza:** Mwanirize okubeerawo kw'omwoyo omutukuvu mu musomo gwammwe.

**Gabira abayizi ebitabo:** Banjulire omutwe gw'ekitabo, ensengeka yaakyo n'ebigenderewa by'olusoma nga bwe kiba kirambikiddwa mu miko egisooka mu kitabo.

**Tegeka omulimu ogusooka:**Abayizi bajja kusoma essuula eziba zibaweereddwa era batwale ebyokwegezaamu nga tebanaddamu kutuula mulundi guddako. Obungi bw'essuula ez'okusoma mu buli lutuula bujja kusinziira ku buwanvu bwazo, ebirmu, n'obusobozi bw'ekibinja kyo.

### OLUTUULA OLWOKUBIRI N'EZIDDIRIRA.

**Okuggulawo:** Musabe, yaniriza era owandiise abayizi abapya bonna era obagabire n'ebitabo. Abaliwo beewandiise. Mweweeyo akaseera k'okutendereza n'okusinza.

**Okwejjukanya:** Mubufunze bajjukize ku bye mwayigako mu lutuula olwayita.

**Essomo:** Nnyonyola buli kitundu ekiri mu ssuula, nga weyambisa emitwe egiri mu nnukuta z'ekyapa enkwafu nga bw'olambika. Buuza abalina ebibuuzo oba ensonga yonna ku bisomeseddwa. Giisa ebisomeseddwa mu bulamu bwabwe n'obuwereeza.

**Okwegezaamu:** Yita mu byokwegezaamu ebyaggwa. (**Weetegereze;** Bw'oba nga toyagala bayizi kulaba biddibwamu biri mu kitabo, empapula kwe biri osobola okuzijjamu mu kitabo).

**Okweyongera okusoma:** Bino bisobola okukolebwa omuntu kinoomu oba ng'ekibinja.

**Ebibuuzo ebyakamalirizo:** Bwe kiba ng'ekibinja kyo kiri kitundu ku lusoma luno, era ofuna ebigezo ebyakamalirizo ku lusoma luno lwenyini. Fulumiza buli muyizi omulimu ogugwe era otwale obuvunanyizibwaku bigezo ebyo okutuuka ku nkomerero y'olusoma.

# ENNYANJULA

"Katonda anjagaaza ki?"

Ekibuuzo kino ky'ekimu kubisinga okubuuzibwa abakkiriza. Era kye kibuuzo ekisumbuwa ennyo abakulembeze b'abaKristaayo kuba abaami n'abakyala bagenda gyebali okubaluŋŋamya mu kusalawo.

Mumbeera z'obulamu obwabulijjo, abakkiriza basalawo okukola ebyo Katonda byayagalira ddala oba nedda. Kyetaagisa okumanya eddoboozi lya Katonda, ebyo byayagala, awo osalewo bulungi buli lunaku.

Omuntu alina okukola okusalawo nga kukwatagana n'ebyo Katonda byayagala. Eno ntegeka yateekebwawo Katonda weyateeka Adamu ne Kaawa mulusuku lwa Edeni (Oluberyeberye 1-3). Katonda yali ayagala Adamu ne Kaawa okutuuma ensolo, okulabirira olusuku, okukwatagana n'okuzaala okujjuza ensi. Ekisingira ddala obukulu okukuuma obumu ne Katonda. Adamu ne Kaawa nabo balabulwa ku Katonda byeyali tayagala. Bagaanibwa okulya ku muti gw'okumanya ekirungi n'ekibi.

Nga ogaseeko olugero lwa Adamu ne Kaawa, Baibuli yonna byafaayo byakusalawo abantu n'amawanga bye bakola nga bikwatagana kw'ebyo Katonda byayagala. Osobola okuyiga okuva mu buwanguzi ne mukulemererwa kwa basajja n'abakazi bano.

Ekisinga okusanyusa mu Baibuli kwe kuba nga Katonda alina enteekateeka eri buli muntu mu bulamu buno obutaggwaawo. Okusobola okutuukiriza enteekateeka zino, olina okumanya eddoboozi lya Katonda. Olina okuyiga bwayayogera mu biseera ebyayita ne bwayogera kati.

Essomo lino linnyonnyola Katonda bwayogera eri omuntu n'okuzuula ebyo Katonda byayagaza obulamu bwo. Ebigobererwa bikweebwa.

Waliwo ebikuyamba mu kumanya eddoboozi lya Katonda n'okuzuula ebyo byayagala. Amakubo ga Katonda, byayagala n'ennyiriri eziraga engeri Katonda gyalagamu ebyo byayagala bikubaganyiziddwako ebirowoozo.

Ebyawandiikibwa ku kusalawo binyonnyolwa. ebiruŋŋamya byogerwako okwewala okusalawo okukyamu, kyewandikoze nga totuukiriza kwagala kwa Katonda n'engeri gy'okwatamu ebikolwa ebireetawo ebibuuzo. Emitendera omukaaga ku nteekateeka za Katonda ez'okubikkulirwa nazo zinnyonnyolwa.

Harvestime International Institute esinziira ku ebyo Yesu byeyasomesa okutendeka abasajja n'abakazi okutuuka mu nsi gyebawangalira n'enjiri. Amazima agamu ku gasinga obukulu Yesu geyabikkula gali nti, Katonda ayogera n'omuntu;

> **Nze ndi musumba mulungi, endiga zange nzimanya era nazo zimmanya.**
>
> **Nnina n'endiga endala ezitali za mu kisibo kino, nazo kiŋŋwanidde okuzireeta, era nazo ziriwulira eddoboozi lyange, endiga zonna ne ziba ekisibo kimu era ne ziba n'omusumba omu.**
>
> **Endiga zange zitegeera eddoboozi lyange, era nzimanya era zingoberera.**
>
> **(Yokaana 10:14, 16, 27)**

Katonda alina enteekateeka eri enkolagana ennuɧɧamu n'omuntu. Omuntu amayiddwa Katonda era asobola okuba n'enkolagana naye.

Osobola okumanya eddoboozi lya Katonda!

# EBIGENDERERWA BY'OLUSOMA.

Bw'omaliriza olusoma luno, onooba osobola;

- Okunnyonnyola enkolagana eri wakati w'okumanya eddoboozi lya Katonda n'okuzuula okwagala kwe.
- Okunnyonnyola omugaso gw'okumanya okwagala kwa Katonda
- Okunnyonnyola engeri Katonda gy'abikkulamu okwagala kwe.
- Okutegeera okwagala kwa Katonda nga wekubikkuliddwa mu byawandiikibwa.
- Okukozesa enkola z'ebyawandiikibwa mu kusalawo.
- Okuterezaamu mu kusalawo okukyamu.
- Okunnonnyola emitendera omukaaga egy'okubikkulirwa.
- Okugabanako n'abalala ku biruɧɧamya ebya Baibuli ku kumanya eddoboozi lya Katonda.

**EBIGENDERERWA BYO NG'OMUNTU.**

Olw'okuba ng'olusoma luno lukutte ku kumanya eddoboozi lya Katonda n'okwagala kwe, oweebwa amagezi okuteekawo ebigendererwa ebibyo. Ebigendererwa byo biyinza okuba bigendererwa okutegeera n'okumanya okusalawo kwa Katonda mu nsonga emu, noonya okuddibwamu ku kizibu ekyo okuva ewa Katonda, oba manya okwagala kwa Katonda eri obulamu bwo n'obuweereza bwo. Leetayo ebigendererwa byo mu mabanga agalekeddwa wamanga. Nga bw'osoma, giisa by'oyize ku buli kizibu ky'owandiise.

Maliriza sentensi: "Njagala okuwulira eddoboozi lya Katonda n'okumanya okwagala kwe ku…"

______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
_____________________________________________________________________________

# ESSUULA ESOOKA

## OKUMANYA EDDOBOOZI LYA KATONDA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okukakasa nti Katonda ayogera eri abasajja n'abakazi ng'ayita mu byawandiikibwa.
- Okunnyonnyola enkolagana eri wakati w'okumanya eddoboozi lya Katonda n'okwagala kwe.
- Okuwa enjawulo wakati w'ekigambo kya Katonda ekya, "Rhema" n'ekigambo kya Katonda ekiyitibwa "Logos."
- Okunnyonnyola "okwagala kwa Katonda" kye kitegeeza.

**OLUNYIRIRI OLUKULU.**

**Endiga zange zitegeera eddoboozi lyange, era nzimanyi era zingoberera. (Yokaana 10:27)**

**ENNYANJULA.**

Omutwe gw'olusoma luno*, "Okumanya eddoboozi lya Katonda."* Kitegeeza ebintu bingi:

**Ekisooka:** Katonda gy'ali

**Eky'okubiri:** Ayogera n'omuntu

**Eky'okusatu:** Omuntu asobola okutegeera eddoboozi lya Katonda ng'ayogedde.

**Eky'okuna:** Katonda alina kyagamba.

Twekeneenye buli emu ku njogera zino:

**Esooka:** Olusoma luno luzimbiddwa ku mazima nti waliyo Katonda abikkulibwa eri omuntu okuyita mu kigambo kye ekiwandiike, Baibuli.

**Ey'okubiri:** Baibuli ky'ekitabo ekiruŋŋamiziddwa ekiraga engeri Katonda gy'ayogeramu n'abantu. Kiraga engeri nnyingi Katonda gyeyayogera n'abantu n'engeri abantu ssekinoomu n'amawanga gyebaamwanukulangamu. Baibuli eddiŋŋana enjogera, "…era Mukama n'agamba" n'engeri endala nnyingi weyayogerera n'omuntu. Kino kikakasa nti Katonda ayogera eri abasajja n'abakazi.

Okugeza, soma olugero lwa Balamu mu Kubala essuula 22. Katonda yayogera ne Balamu, naye nagaana okumuwuliriza. Katonda yali ayagalira ddala okwogera n'omusajja ono kyeyava atuuka n'okukozesa endogoyi. Balamu yali:

**Kyokka endogoyi etayogera, Katonda bwe yagyogeza n'emumanya olw'obujeemu bwe n'eziyiza eddalu lya nnabbi oyo. (2 Peetero 2:16)**

**Ey'okusatu:** Baibuli ekakasa nti abakkiriza basobola okumanya eddoboozi lya Katonda, Yesu yagamba:

**Nze ndi musumba mulungi, n'endiga zange nzimanyi era nazo zimmanyi.**

**Nnina n'endiga endala ezitali za mu kisibo kino, nazo kiŋŋwanidde okuzireeta, era nazo ziriwulira eddoboozi lyange, endiga zonna ne ziba ekisibo kimu era ne ziba n'omusumba omu.**

**Endiga zange zitegeera eddoboozi lyange, era nzimanyi era zingoberera. (Yokaana 10:14, 16, 27)**

**Ey'okuna:** Katonda alina ekintu eky'omugaso eky'okugamba omuntu. Tulabulwa:

**Noolwekyo nga Mwoyo Mutukuvu bw'agamba nti, Leero bwe munaawulira eddoboozi lye. Kyogerwako nti, Leero bwe munaawulira eddoboozi lye temukakanyaza mitima gyammwe nga bwe mwakola bwe mwajeema. (Abaebbulaniya 3:7, 15)**

Okukemebwa mu ddungu n'okusosonkereza Katonda ebiragibwa mu nnyiriri zino bitegeeza obutali bugonvu bw'eggwanga lya Isirayiri.

Eggwanga lya Isirayiri nga limaze okununulibwa mu bufuge bw'eMissiri, emirundi mingi tebaagondera ekyo Katonda kyeyabagambanga. Mu nnyiriri zino, Katonda atulabula okuwulirizanga nga ayogedde, n'obutamujeemera nga eggwanga lya Isirayiri bwelyakola.

Enjogera "Leero bwe munaawulira eddoboozi lye," kikakasa nti Katonda ayogera n'abantu mu biseera bino, ng'era bweyayogera mu biseera ebyayita. Okulabulwa ku kuwulira kikakasa nti ekyo kyayogera kya mugaso.

## AMALOBOOZI AMANGI.

Baibuli etulaga nti waliwo amaloboozi mangi mu nsi agaagala okuwulirwa:

**Weewaawo waliwo ennimi nnyingi mu nsi, era zonna zirina amakulu. (1 Abakolinso 14:10)**

Maloboozi kika ki gano mu nsi?

### EDDOBOOZI LY'OMUNTU OMULALA.

Eddoboozi ly'omuntu lyangu nnyo okumanya. Ly'eddoboozi ly'omuntu omulala eriwulirwa:

**Naye Peetero n'abatume ne baddamu nti, "Kitugwanira okugondera Katonda okusinga okugondera abantu.(Ebikolwa 5:29)**

Emirundi egyimu eddoboozi ly'omuntu litera okuwa amagezi amalungi. Naye eddoboozi ly'omuntu bwelikontana n'erya Katonda, olina kugondera ddoboozi lya Katonda.

### EDDOBOOZI LYA SITAANI.

Eddoboozi lya Sitaani bwe lyasooka kuwulirwa omuntu, Sitaani yali ayogera ne Kaawa mu lusuku Edeni (Oluberyeberye 3:1, 4, 5). Eddoboozi lya Sitaani lya bulimba era ligenderera okuleetera omuntu okuva awali Katonda n'okugwa mu kibi. Osobola okukasa kino bw'osoma ku bikemo Sitaani bye yawa bwe yakemekereza Yesu mu Matayo 4:1-13. Osobola okusoma eby'okwogera kwa Sitaani ne Katonda mu Yobu 1:7-12 ne 2:1-6

Emyooyo emibi (dayimooni za Sitaani) girina najjo amaloboozi:

**Baddayimooni bangi ne bava ku bantu nga bwe baleekaana; abaali bakoozimbye n'abalema bonna ne bawonyezebwa. (Ebikolwa 8:7)**

**Mu kkuŋŋaaniro, mwalimu omusajja eyaliko ddayimooni n'atandika okuwowoggana nti,**

**Woowe! Otulanga ki, ggwe Yesu ow'e Nazaaleesi? Ozze kutuzikiriza? Nze nkumanyi, ggwe mutukuvu wa Katonda. (Lukka 4:33-34)**

Ebiseera ebimu eddoboozi lya Sitaani liwulikika nga dayimooni zoogerera mu bantu. Newaakubadde Sitaani ebiseera ebisinga ayogerera mu ddoboozi eritawulikika. Ayogera bulimba, n'ebirowoozo ebibi mu ndowooza yo.

**EDDOBOOZI LYO.**

Eddoboozi lino, aba muntu ng'ayogera yekka. Osobola okusoma ku by'okulabirako bino mu Lukka 16:3 ne 18:4 ne mu Yona 4:8, wano nnabbi yeyagaliza okufa. Baibuli erabula ku ddoboozi ly'obwanannyini.

**Mmanyi Ayi Mukama Katonda ng'obulamu bw'omuntu si bubwe, omuntu si y'aluŋŋamya amakubo ge. (Yeremiya 10:23)**

**EDDOBOOZI LYA KATONDA.**

Yesu yagamba nti abakkiriza basobola okumanya eddoboozi lya Katonda ne balyawula ku maloboozi amalala.

**Era oyo omuggazi amuggulirawo, n'endiga ziwulira eddoboozi lye, aziyita amannya gaazo n'azifulumya ebweru.**

**Azikulembera ne zimugoberera, kubanga zimanyi eddoboozi lye.**

**Omulala gwe zitamanyi, tezimugoberera, zimudduka buddusi kubanga tezimanyi ddoboozi lye. (Yokaana 10:3-5)**

Abakkiriza bagerageranyizibwa ku ndiga. Eno eba mbala yandiga obutamanya gyeziraga. Balina kuzikulembera. Yesu yagamba nti yali Musumba oba mukulembeze w'endiga. Yagamba nti endiga ze zaali zilina okumanya eddoboozi lye era zimugoberera mu kifo ky'eddoboozi ly'omuntu omulala, eriryo oba erya Sitaani.

## OKUWULIRA EDDOBOOZI LYA KATONDA.

Bikkula Baibuli yo mu kitabo ky'oluberyeberye essuula 1-3. Essuula zino zirimu okutondebwa kw'ensi wamu n'abantu abasooka , Adamu ne Kaawa. Okuva mu biseera by'okutondebwa, Katonda yategeeza okwagala kwe eri abantu. Yawa Kaawa ne Adamu ebiragiro eby'enjawulo. Baalina okutuuma ensolo, okulabirira ennimiro, okubeererawo buli omu n'okuzaala okujjuza ensi. Ekisingira ddala obukulu, baalina okukuuma enkologana n'obumu ne Katonda.Enkolagana y'okusseekimu ne Katonda yabayamba okumanya eddoboozi lya Katonda. Katonda bwe yayogera yabategeeza enteekateeka ye.

**Mukama Katonda n'alagira omuntu nti, "Emiti gyonna egy'omu nnimiro olyangako,**

**Naye omuti ogw'okumanya ekirungi n'ekibi ogwo togulyangako, kubanga lw'oligulyako tolirema kufa. (Oluberyeberye 2:16-17)**

Olw'eddoboozi lya Katonda, okwagala kwa Katonda kwabikkulwa eri Adamu ne Kaawa. Baalina eddembe ery'okulya ku buli kiri mu lusuku, okuleka omuti ogw'okumanya ekirungi n'ekibi.

Adamu ne Kaawa tebaagoberera nteekateeka ya Katonda. Baawuliriza eddobooz lya Sitaani ne balya omuti ogw'agaanibwa. Bwebaamanya ekyo kyebaali bakoze ne bekweka okuva mu kubeerawo kwa Katonda:

> **Awo ne bawulira eddoboozi lya Mukama Katonda ng'atambula mu nnimiro, mu budde obuweeweevu. Omusajja n'omukazi ne beekweka mu miti Mukama Katonda aleme okubalaba.**
>
> **Naye Mukama Katonda n'ayita omusajja nti, "Oli ludda wa?" (Oluberyeberye 3:8-9)**

Ekibi kye kyawula omuntu ne Katonda. Katonda teyajjawo kubeerawo kwe eri omuntu. Olw'ekibi, omuntu yekweeka okuva awali Katonda. Ekibi kiva mu mutima omukakanyavu. Baibuli erabula;

> **Kyogerwako nti, "Leero bwe munaawulira eddoboozi lye temukakanyaza mitima gyammwe nga bwe mwakola bwe mwajeema." (Abaebbulaniya 3:15)**

Katonda ayagala okwogera n'omuntu, lwakuba okwogera kuno kwetaaga enkwatagana. Ekibi kyawula omuntu ku nkolagana ne Katonda, kikalubya omutima gwe ne kimuziyiza okumanya eddoboozi lya Katonda.

## EDDOBOOZI N'OKWAGALA KWA KATONDA.

Abakkiriza batera okubuuza, "Katonda anjagazaaki?" Tutegeeza ki wetugamba nti twagala okumanya okwagala kwa Katonda? Kitegeeza nti twagala okumanya enteekateeka ye eyawamu eri obulamu bwaffe. Twagala okuluŋŋamizibwa kwe mu kusalawo okumu tusobole okusalawo obulungi. Twetaaga okuluŋŋamizibwa kwe mu mbeera z'obulamu. Ekibuuzo kye tulina okwebuuza kiri nti, "Nnyinza ntya okumanya eddoboozi lya Katonda?" okumanya eddoboozi lye kivaamu okumanya okwagala kwa Katonda

Katonda ayagala omanye okwagala kwe:

> **Temubanga basirusiru, naye mutegeere Mukama waffe ky'ayagala. (Abaefeeso 5:17)**

Bwomanya eddoboozi lye, ojja kumanya okwagala kwe nga bwayogera naawe. Okuyiga okufuna okuluŋŋamizibwa kwe kwe kuyiga okutambulira mu nkolagana ey'obumu ne Katonda. Baibuli egamba:

> **Naye Yesu n'amuddamu nti, "Kyawandiikibwa nti: 'Omuntu tabeera mulamu na mmere yokka, wabula na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda. (Matayo 4:4)**

Ekigambo "ekiva" kyogera ku Kintu ekikyagenda mu maaso. Kitegeeza ekintu ekyabaawo edda, ekiriwo kaakano era ekiribeerawo. Katonda ayogera okulaga okwagala kwe eri omuntu. Yensonga lwaki kyetaagisa okumanya eddoboozi lya Katonda.

## KATONDA BWAYOGERA.

Waliwo ebigambo bibiri eby'Oluyonaani ebivvuunulwa nti "ekigambo" mu baibuli. Ebigambo "Logos" ne "Rhema." "Logos" kitegeeza ekigambo kya Katonda ekyawandiikibwa. "Rhema" kitegeeza ekigambo kya Katonda ekiramu oba ekiwa obulamu. Kyayogerebwa ku bakkiriza mu kibuga ky'eBereya.

**Abayudaaya b'omu Bereya baali balungi okusinga ab'e Sessaloniika, ne bawuliriza bulungi n'essanyu Ekigambo ekyababuulirwa. Buli lunaku nga babikkula Ebyawandiikibwa okunoonyaamu ebyo Pawulo ne Siira bye baayogerangako bakakase nti bya mazima. (Ebikolwa 17:11)**

Olunyiriri luno lulaga enkolagana ya "Logos" ne "Rhema." "Logos" oba ekigambo kya Katonda ekiwandiike kikirizigannya ne "Rhema" oba ekigambo kya Katonda ekiramu oba ekyogeddwa. Yeno yengeri gy'oyinza okumanya eddoboozi ly'owulira okuva ewa Katonda. "Rhema" ekigambo okuva ewa Katonda kikolera mu mbeera emu, kisisinkana ekyetaago ky'omuntu, n'okuluɧɧamya kw'omuntu. Kubanga otegeera nti ekigambo mu mbeera emu mu bulamu bwo, kifuuka ekigambo ekiwa obulamu gy'oli.

Ekigambo "Rhema" kisobola okwogerwa nga kiva mu kubuulira oba okuva mu lunnyiriri lwa Baibuli ekikuwa amakulu ag'embagirawo mu kaseera ako. Katonda asobola okukikutegeeza ng'ayita mu birabo by'omwoyo Omutukuvu. Mukama asobola okukikutegeeza ng'ayita mu muntu wo ow'omunda. (Oja kwongera okuyiga ku ngeri Katonda wayogera ng'ayita mu birabo by'omwoyo ne mu muntu wo owomunda mu ssuula eziddako)

Naye olina okujjukira nti ekigambo "Rhema" kikiriziganya n'ekigambo kya Katonda ekiwandiike. Ekigambo kya Katonda ekiwandiike kijjuvu. Tekigattibwako n'okutolebwako (Okubikkulirwa 22:18-19). Katonda bwayogera n'ekigambo ekya Rhema buli kaseera kiba kikiriziganya n'ekigambo kya Katonda ekiwandiike.

**EBIKA BY'ABAWULIRIZA.**

Baibuli eyogera ku bika by'abawuliriza bibiri:

**Noolwekyo buli awulira ebigambo byange, n'abikola, alifaananyizibwa ng'omusajja ow'amagezi eyazimba enju ye ku lwazi.**

**Naye buli awulira ebigambo byange n'atabikola, alifaananyizibwa ng'omusajja omusirusiru eyazimba ennyumba ye mu musenyu. (Matayo 7:24, 26)**

Omuwuliriza omusirusiru, awuliriza ekigambo kya Katonda, naye n'atakola ky'ekigamba. Omuwuliriza omugezi awuliriza n'akola obubaka bwa Katonda. Omuwuliriza omu, muwuliriza wa kigambo kyokka, omulala muwuliriza era mukozi wa kigambo.

Tolina kumanya bumanya ddoboozi lya Katonda kyokka, naye olina okuyiga okugondera eddoboozi eryo.

**Mubeerenga bakozi ba kigambo, so si abakiwulira ne batakikola, nga mwerimbarimba.**

**Kubanga omuntu awuliriza ekigambo naye n'atakigondera, afaanana ng'omuntu eyeeraba mu ndabirwamu.**

**Bw'ava mu ndabirwamu, amangwago ne yeerabira nga bw'afaananye.**

**Naye oyo atunula enkaliriza mu tteeka ettuufu erituukiridde erireetera abantu eddembe, n'alinyikiririramu tajja kukoma ku kulijjukiranga kyokka, naye ajjanga kukola bye ligamba, era anaaweebwanga omukisa mu buli ky'akola. (Yakobo 1:22-25)**

Yesu naye yayogera olugero ku nsigo ezasimbibwa mu bika byettaka eby’enjawulo ekiraga ebika by’abawuliriza eby’enjawulo. Soma Matayo 13:1-9. Yesu annyonnyola olugero mu Matayo 13:18-23, agerageranya ebika by’ettaka eby’enjawulo ku bawuliriza ne bye bakola eri ekigambo kya Katonda.

**ENSIGO KU MABBALI GE KKUBO.**

Ensigo ezimu zaagwa ku mabbali ge kkubo ne ziriibwa ebinyonyi nga tezinamera. Kino kye ky’okulabirako ky’omuntu awulira eddoboozi lya Katonda naye ekigambo ne kitazimba mirandira mu mutima gwe. Sitaani abba ekigambo kya Katonda.

**ENSIGO KU LWAZI**.

Ensigo ezaagwa ku lwazi okutaali ttaka lingi zaakula mangu. Naye omusana bwe gwayaka, ekimera kyakala ne kifa kubanga tekyalina mirandira. Ono ye muwuliriza awulira ekigambo kya Katonda n’akifuna n’essanyu, naye nekitafuna mirandira mu bulamu bwe. Embeera enzibu bwejja mu bulamu bwe ng’agwamu amaanyi era nalekerawo okugondera eddoboozi lya Katonda.

**ENSIGO MU MAGGWA.**

Ensigo ezimu zaagwa mu maggwa ekyakosa n’okubuutikira enkula y’ebimera. Kino kyakulabirako eky’eddoboozi lya Katonda eribuutikirwa okweraliikirira kw’ebintu by’ensi n’obugagga obutaliimu.

**ENSIGO KU TTAKA EDDUNGI**.

Ensigo ezimu zaagwa ku ttaka eddungi nezireeta amakungula amalungi. Kino kyakulabirako ky’omuwuliriza afuna ekigambo kya Katonda, n’awuliriza eddoboozi n’amera emirandira gy’okubikkulirwa. Omuntu ono ajja kukula mu mwoyo era abale ebibala.

**OSOBOLA OTYA OKUMANYA EDDOBOOZI LYA KATONDA?**

Oyagala okusobola okumanya eddoboozi lya Mukama? Oyagala okumanya okwagala kwe eri obulamu bwo? Mu ssuula eddako ojja kumanya ebyetaagisa ebitegeka omuntu okuwulira eddoboozi lya Katonda era ozuule n’okwagala kwe eri obulamu bwo.

# OKWEGEZAAMU.

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Ekigambo kya Katonda ekya “Rhema” kitegeeza ki?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ekigambo kya Katonda ekya “Logos” kitegeeza ki?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Okumanya eddoboozi lya Katonda kikwataganira wa n’okumanya okwagala kwa Katonda eri obulamu bwo?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Wa ekijuliza okuva mu kitabo kya Abaebbulaniya ekikakasa nti Katonda yayogera n’abantu mu biseera ebyayita n’ebiseera byakakati.
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
6. “Okwagala kwa Katonda” kitegeeza ki?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Ekigambo kya Katonda ekya “Rhema” kitera kukiriziganya naki?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
8. Kiki ekyaletera omuntu okuva mu kubeerawo kwa Katonda?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
9. Olina kubeera……………………………………………. ow’ekigambo so si…………………………………kyokka.

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA.

1. Waliyo ennyiriri nyingi mu Baibuli ezinnyonnyola eddoboozi lya Katonda. Laba buli kyawandiikibwa owandiike ebigambo ebinnyonnyola ekigambo kya Katonda. Ekisooka wammanga kikuweereddwa ng'ekyokulabirako kwonasinziira okugoberera. Gwe kennyini mu kwesomera Baibuli osobola okugenda mu maaso n'ogattako ebyawandiikibwa nonnyonyola eddoboozi lya Katonda ku kipande kino:

| Ekijuliza | **Okunnyonnyola eddoboozi lya Katonda.** |
|---|---|
| 2 Samwiri 22:14 | Laddu okuva mu ggulu |
| 1 Bassekabaka 19:12-13 | |
| Zabuli 18:13 | |
| Zabuli 29:3-9 | |
| Zabuli 68:33 | |
| Danyeri 10:6-9 | |

2. Katonda yayogera ku Yesu. Osobola okusoma ku kyeyayogera mu byawandiikibwa bino: 2 Peetero 1:17-18, Matayo 3:17, Makko 1:11
3. Katonda kyayogera kituukirira. Laba Ezeekyeri 12:25-28
4. Soma ebigambo bya Yesu mu Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana. Weetegereze Yesu bwe yayogera ku bibuuzo, eby'okuddamu, Engero n'emubyawandiikibwa.
5. Katonda tayogera na muntu ssekinoomu kyokka wabula ayogera n'eri amawanga. Laba Yeremiya 18:7-10
6. Soma ku biva mu butagondera ddoboozi lya Katonda mu nnyiriri zino wammanga. Wandiika ebiva mu butagondera ddoboozi ku kipande kino wammanga:

| **Ekijjuliza** | **Ekiva mu butagondera ddoboozi.** |
|---|---|
| Okuva 15:26 | |
| Ekyamateeka 28:15-68 | |
| 1 Samwiri 12:15 | |

7. Soma ebyawandiikibwa bino era owandiike by'oyize ku ebyo ebiva mubutagondera ddoboozi lya Katonda.
   Ekyamateeka 28:1-14________________________________________________________________
   1 Samwiri 12:14__________________________________________________________________
8. Baibuli yonna byafaayo ebiraga engeri abantu ssekinoomu n'amawanga gye gayanukunulangamu eddoboozi lya Katonda. Maliriza ekipande kino wammanga nga bw'ossoma ku kuddamu kw'omuntu eri eddoboozi lya Katonda. Ekisooka kikuweereddwa ng'ekyokulabirako ky'olina okugoberera. Oyinza okwetaaga okusoma ennyiriri ng'omaze oba ngatonnaba kuwa bijulirwa okusobola okufuna ebisingawo byoyagala nga tonnamaliriza kipande kikuwereedwa wammanga. Ng'ekipande ekyakuwereddwa, osobola okwongera ku bijulira okuva mu kusoma kwo nga ssekinoomu.

| Ebijulira: | Abantu | Baddamu ki? | Ekyavaamu. |
|---|---|---|---|
| Oluberyeberye 26:5 | Ibulayimu | Okugonda | Ensigo n'amawanga gonna ag'ensi mu ye gaawebwa omukisa. |
| Oluberyeberye 22:18 | | | |
| Ekyamateeka 8:20 | | | |
| Ekyabalamuzi 2:2, 4, 20-23 | | | |
| Ekyabalamuzi 6:10 | | | |
| 1 Samwiri 15:1, 19, 22, 24 | | | |
| 1 Samwiri 28:18 | | | |
| Zabuli 106:25 | | | |
| Yeremiya 32:23 | | | |
| Danyeri 9:10-14 | | | |
| Zeffaniya 3:2 | | | |
| Kaggayi 1:12 | | | |

# ESSUULA EY'OKUBIRI

## "BULI AYAGALA OKUKOLA KATONDA BY'AYAGALA…ANATEGEERA"

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola ekigambo "Ekyetaago."
- Wa ebyetaago eby'okumanya eddoboozi lya Katonda.
- Okunnyonnyola okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri kye kitegeeza.
- Okumanya omugaso gw'omwoyo Omutukuvu mu kumanya eddoboozi lya Katonda.
- Okulaga okutegeera kw'okukula mu mwoyo n'okukyusibwa.

**ENNYIRIRI OLUKULU.**

> **Noolwekyo abooluganda mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'omwoyo.**
>
> **So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw'amazima. (Abaruumi 12:1-2)**

**ENNYANJULA.**

Waliwo ebyetaago ebikulu ebikusobozesa okumanya eddoboozi lya Katonda. Ekyetaago kye kintu kyolina okusooka okukola nga tonnakola kirala. Kye kintu ekyetaagisa nga tonnaba kutuuka ku kiruubirirwa.

Ekiruubirirwa kyo mu lusoma luno kwe kumanya eddoboozi lya Katonda. Essuula eno ennyonnyola ebyetaago (ebyo ebyetaagisa) nga tonnatuuka ku kigendererwa kino. Yesu yagamba.

> **Buli ayagala okukola Katonda by'ayagala, ategeera obanga bye njigiriza byange ku bwange oba bya Katonda. (Yokaana 7:17)**

Ennyiriri enkulu ez'essuula eno, Abaruumi 12:1-2, ewa ebintu ebimu ebiri mu kwagala kwa Katonda byolina okukola. W'otuukiriza ebyetaago bino, ojja kusobola okumanya eddoboozi lya Katonda n'okwagala kwe eri obulamu bwo.

**OBULAMU BW'OKUZAALIBWA OMULUNDI OGW'OKUBIRI.**

> **Noolwekyo abooluganda mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'omwoyo. (Abaruumi 12:1)**

Nga bwe wayize mu ssuula ewedde, ekibi kikwawukanya mu kubeerawo kwa Katonda. Olw'ekibi, olina obuzibu mu kuwulira n'okwanukula obulungi eddoboozi lya Katonda.

Mu nsi ey'omubiri, towulira ddoboozi lya mugwira. Owulira ddoboozi lya muntu gw'omanyi era gwolinako enkolagana. Ekyo kituufu ne mu nsi ey'omwoyo. Bw'oba onaategeera eddoboozi lya Katonda, olina kusooka ku kumutegeera n'okuteekawo enkolagana ey'obumu naye.

Abaruumi 12:1, eraga nti olina okusooka okuwaayo obulamu bwo eri Katonda. Katonda amaze okwogera okuyita mu kigambo kye era abikudde nti kwagala kwe gwe okubeera n'enkolagana naye

> **Mukama waffe taludde kutuukiriza ekyo kye yasuubiza ng'abamu bwe balowooza. Wabula ye akyabagumiikiriza, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna beenenye. (2 Peetero 3:9)**

Katonda tayagala omale ebiseera byo byonna mu kibi. Kyayagala gwe kwe kutambulira mu nteekateeka ze.

> **Okuva kaakano nga muli mu nsi muno, mugoberere ebyo Katonda by'ayagala, so si kugoberera kwegomba kwammwe okw'omubiri. (1 Peetero 4:2)**

Katonda alagibwa ng'ayimiridde  ku mulyango gw'obulamu bwo, ng'ayagala ayingire abeere n'enkolagana mu bulamu bwo.

> **Laba nnyimiridde ku luggi era nkonkona. Buli awulira eddoboozi lyange n'aggulawo, nnaayingira omumwe ne tuliira wamu ffembi. (Okubikkulirwa 3:20)**

Ekiruubirirwa kya Katonda okuva ku ntandikwa kwe kuleetera abantu bonna okumanya Yesu Kristo:

**Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo.**

**Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. (Abaefeeso 1:9-10)**

Mukuŋŋanyiziddwa mu Kristo olw'okufuuka ekitundu ku maka ga Katonda. Nga bwewazalibwa mu maka mu nsi ey'omubiri, olina okuzaalibwa "Omulundi ogw'okubiri" mu mwoyo mu maka gano ag'omwoyo.

Soma Yokaana essuula eyookusatu. Essuula ennyonnyola mubulambulukufu ki kyekitegeeza okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri.  Okufuna okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, oteekeddwa;

- Okukimanya nti oli mwonoonyi.
  **Ffenna twayonoona era tetusaanira kitiibwa kya Katonda. (Abaruumi 3:23)**
- Okukimanya nti empeera y'ekibi kufa:

Katonda yalabula  Adamu ne Kaawa nti webaliyonoona, bajja kufa. Kino kyategeeza okufa kw'omwoyo (okwawulibwa okuva mu kubeerawo kwa Katonda), n'okufa okw'omubiri. Yesu bweyafa kumusaalaba, yafa mu kifo kyo. Yafiirira ebyonoono byo, osobole okufuna obulamu obutaggwaawo.

> **Empeera y'ekibi kwe kufa, naye ekirabo kya Katonda, bwe bulamu obutaggwaawo mu Yesu Kristo Mukama waffe. (Abaruumi 6:23)**

Bw'okkiriza ssaddaaka y'ekibi, oba tokyali mu kibonerezo ky'akufa.

- Saba ekisonyiwo, era okirize nti Yesu yakufiiririra:

**Bwe twogera nti tetulina kibi, twerimba ffekka, era n'amazima tegaba mu ffe.**

**Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. (1 Yokaana 1:8-9)**

Bwowa Katonda obulamu bwo mu ngeri eno, ozaalibwa omulundi ogw'okubiri mu mwoyo:

**Noolwekyo omuntu yenna bw'abeera mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby'edda nga bigenze, laba ng'afuuse muggya. (2 Abakolinso 5:17)**

Bw'ozaalibwa omulundi ogw'okubiri, ofuuka kitundu ku maka gw'obwakatonda ag'omwoyo. Obeera tokyaddamu kwawulibwa mu kubeerawo kwa Katonda. Bw'ofa mu mubiri, ojja kubeera naye lubeerera.

Otaddewo enkolagana ne Katonda ng'oyita mu Yesu Kristo. Owulidde era noddamu eri amazima g'enjiri. Kati osobola okumanya eddoboozi lya Katonda.

**… Era abo bonna abaagala amazima bawulira eddoboozi lyange. (Yokaana 18:37)**

**OMWOYO MUTUKUVU MU MUKKIRIZA.**

Waliwo ekyetaago ekirala ekisobola okukuyamba okumanya eddoboozi lya Katonda. Baibuli eyogera ku kubatizibwa kw'omwoyo Omutukuvu. Okubatizibwa kuleetera Omwoyo Omutukuvu okubeera mu bulamu bwo n'okusobozesa okutambulira mu butuukirivu obulamu obukirizibwa Katonda.

Obulamu mw'omwoyo Omutukuvu mu bulamu bw'omukkiriza bunene nnyo okubunnyonnyola mu ssomo lino. Essomo lya Harvestime International Network eriyitibwa, *"Obuweereza bw'omwoyo Omutukuvu"* buwereddwayo olw'okunnyonnyola ku ssomo lino era likuwa n'okuluɧɧamizibwa mu ngeri gy'osobola okufunamu Omwoyo Omutukuvu.

Obumu ku buweereza bw'omwoyo omutukuvu mu bulamu bw'omukkiriza kwekuluɧɧamya omukkiriza mu kwagala kwa Katonda:

**Naye Omwoyo ow'amazima, bw'alijja alibaluŋŋamya mu mazima gonna, kubanga, taliyogera ku bubwe, wabula anaabategeezanga ebyo by'awulira. Anaababuuliranga ebigenda okubaawo.**

**Oyo agenda kungulumiza, kubanga agenda kubategeeza bye nnaamubuuliranga. (Yokaana 16:13-14)**

Baibuli egamba:

**kubanga abo bonna abakulemberwa Omwoyo wa Katonda be baana ba Katonda. (Abaruumi 8:14)**

Waliwo enkolagana eyaddala wakati w'okubeera omwana wa Katonda (okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri), n'okukulemberwa Omwoyo Omutukuvu. Omuntu obuntu (atali mukkiriza), tasobola kutegeera nakuluɧamizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu. Kubanga tanafuuka wa Mwoyo okuyita mukuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Tategeera ddoboozi lya Katonda:

**Omuntu obuntu tasobola kufuna bintu bya Mwoyo wa Katonda, kubanga busirusiru gy'ali, era tasobola kubimanya, kubanga bikeberwa Mwoyo. (1 Abakolinso 2:14)**

Eby'okulabirako bino okuva mu bikolwa by'Abatume biraga engeri Omwoyo Mutukuvu gyeyaluɧamya obulamu bw'abakkiriza:

**FILIPO:**

Omudiikoni Filipo yaluɧamizibwa Omwoyo Omutukuvu okweyunga ku kigaali kyeyalaba mu ddungu nga kigenda e Gaaza:

**Awo Mwoyo Mutukuvu n'agamba Firipo nti, "Semberera eggaali eryo oligendereko." (Ebikolwa 8:29)**

Filipo yagondera okuluɧamizibwa kw'omwoyo Omutukuvu. Kino kyaleetera obulokozi n'okubatizibwa kwomwesopiya eyali mu kigaali.

**PEETERO:**

Mwoyo Mutukuvu yagamba Peetero okugenda n'abasajja basatu abaali bavudde e Kayisaliya. Peetero yagamba:

> **Mwoyo Mutukuvu n'aŋŋamba ŋŋende nabo, awatali kulwa, n'aboluganda bano omukaaga ne bamperekerako, ne tutuuka mu maka g'omusajja eyali antumidde ababaka abo. (Ebikolwa 11:12)**

Peetero yamanya okuluɧamizibwa kw'omwoyo Omutukuvu. Teyalina kubuusabuusa Omwoyo Omutukuvu bweyali ayogera naye mu muntu we ow'omunda ng'amubikkulira okwagala kwa Katonda. Yagonda ekyaviraako bannamawanga okufuna enjiri.

**PAULO:**

Paulo emirundi mingi yakyusa entegeka ze oz'okubuulira enjiri mu bifo ebimu nga bweyaluɧɧamizibwa Omwoyo Omutukuv.

> **Bwe baatuuka e Musiya ne bagezaako okugenda Bisuniya, naye Mwoyo wa Yesu n'atabakkiriza. (Ebikolwa 16:7)**

Paulo yategeka okugenda e Misiya, naye Mwoyo Mutukuvu yamuwa ebiragiro ebirala.

Eby'okulabirako by'abantu bano abasatu, batono ku abo abangi abali mu Baibuli abalaga engeri Omwoyo Omutukuvu gy'eyabasobozesa okuwulira eddoboozi lya Katonda. Nga Yesu bweyasuubiza, Omwoyo Omutukuvu y'akulaga okwagala kwa Katonda.

**OKUKULA MU MWOYO.**

> **So temwefaananyirizanga ba mirembe gino... (Abaruumi 12:2)**

Mu nsi ey'omubiri, omwana wazaalibwa, alina okusooka okutuuka kukigera okutegeera amaloboozi g'abazadde be. Ky'ekimu ne munsi ey'omwoyo. W'oba wakazaalibwa mu mwoyo, oyinza obutasobola kutegeera ddoboozi lya Katonda wayogera naawe. W'oba wakafuna Omwoyo Mutukuvu , oyinza obutasooka kutegeera kwagala kwa Katonda nga waba akukubikkulidde. Naye Omwoyo Omutukuvu ajja kwongera okubikkulira okwagala kwa Katonda n'okukuluɧɧamya. W'okula mu mwoyo, ojja kutegeera eddoboozi lino mu mwoyo wo.

Baibuli eraga ku kukontana kuno wakati w’ekyomubiri n’omwoyo:

> **Kubanga omuntu bw’aba ng’akyanywa mata, aba akyali mwana muto. Aba tannategeera kigambo kikwata ku by’obutuukirivu.**
>
> **Naye emmere enkalubo ya bakulu, abeeyigirizza okwawulanga ekirungi n’ekibi. (Abaebbulaniya 5:13-14)**

“Amata” ne “nnyama” ebiragiddwa mu nnyiriri zino bitegeeza kigambo kya Katonda ekiwandiike ye Baibuli. W’oba wakalokoka, otandikira ku kuyiga amazima amangungu ag’omwoyo (amata) ag’ekigambo kya Katonda ekiwandiike. W’okula, oba osobola okutegeera amazima ag’ebuziba (ennyama) ag’ekigambo kya Katonda.

Bwe weyongera okusoma ekigambo kya Katonda, obusimu bwo obwomwoyo bukula neweyigiriza okwawulanga ekirungi n’ekibi. Kino kitegeeza ojja kusobola okwawulanga okwagala kwa Katonda n’amakubo ge okuva mungeri enkyamu ez’obulamu. Y’ensonga lwaki kyamugaso nnyo okusoma ekigambo kya Katonda ekiwandike.

W’okula mu mwoyo, ojja kuba tokyasobola kwefananyiriza na nsi eno. Okwefananyiirza kitegeeza kubumbibwa oba okufuulibwa okusinziira kubigobererwa. Okukula mu mwoyo kujja kuleetera okwefaananyiriza ekifaananyi kya Kristo so si eky’ensi.

Okukula mu mwoyo era kikuleetera okukula mu bimeeme oba empulira. W’otakula mu bimeeme, okusalawo kukolebwa mu busungu n’okwenakuwaza. Era kino kiviirako emitawaana egy’omudda mu bulamu bwo.

W’okula mu mwoyo, ojja kukulakulana mu bibala eby’omwoyo. Ekiraga nti okuze mu mwoyo kwe kukukla mu bimeeme:

> **Naye ebibala eby’Omwoyo bye bino: okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa.**
>
> **Obuwombeefu, okwefuga; awali ebyo tewali tteeka libiwakanya. (Abaggalatiya 5:22-23)**

## OKUKYUSIBWA.

…**Naye mukyusibwe olw’okudda obuggya mu birowoozo byammwe... (Abaruumi 12:2)**

Okukula mu mwoyo kiviirako okukyusibwa, ekyetaago ekirala ekikusobozesa okuwulira eddoboozi lya Katonda. Omuntu obuntu (ow’embala ya Adamu), ye aba ayayaanira kukola, naye Mukama kyaba ayagaza obulamu bwo kiba kyanjawulo. Kino kiviirako obutakaanya wakati w’omubiri, n’omwoyo.

Paulo yawandiika ku butakaanya buno:

> **Kubanga okwegomba kw’omubiri kulwanagana n’Omwoyo, n’Omwoyo n’alwanagana n’omubiri; kubanga bino byombi bikontana, mulemenga okukola bye mwagala. (Abaggalatiya 5:17)**

Paulo yakizuula nti waliwo olutalo wakati w'omubiri n'omwoyo mukugezaako okutuukiriza okwagala kwa Katonda. Yakizuula nti kino kiri mu ndowooza ya muntu:

> **Naye mu mubiri gwange gwonna, ndaba amateeka ag'enjawulo nga gawakana n'etteeka lya Katonda amagezi gange ge limanyi. Ekyo kinfuula omusibe w'amateeka ag'ekibi, ekikolera mu mubiri gwange. (Abaruumi 7:23)**

Olw'ekyo, yagamba:

> **Noolwekyo abooluganda mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'omwoyo.**
>
> **So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw'amazima. (Abaruumi 12:1-2)**

Ekigambo "mbeegayirira" kitegeeza okusaba, okubategeeza. Enjogera, "muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka" kitegeeza okweweerayo ddala eri Katonda.

Okuwa ekintu nga Ssaddaaka kitegeeza okukiweerayo ddala. Mu ndagaano enkadde, buli ssaddaaka bweyaweebwa ngayo, yaweebwanga eri Katonda mubujjuvu, n'eyokebwa n'omuliro, n'emalibwawo bakabona ng'amateeka bwegaalagiranga. Eyawangayo ssaddaaka teyalina nga kufaayo ku byaddiriranga.

Tulina okwewaayo eri Katonda. Omuntu ow'omubiri, embala ey'omubiri, alina okufa eri ensi. Kino okukyusibwa kye kitegeeza. Olina okukyusibwa mu kifaananyi ekirala eky'efaananyiriza Yesu Kristo:

> **Kyokka ndi mulamu, si ku bwange, wabula ku bwa Kristo abeera mu nze; era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda, eyanjagala ne yeewaayo yekka ku lwange. (Abaggalatiya 2:20)**
>
> **N'abo aba Kristo Yesu baakomerera omubiri n'okwegomba kwagwo, n'omululu gwagwo. (Abaggalatiya 5:24)**
>
> **Naye mbonereza omubiri gwange ne ngufuula omuddu wange, si kulwa nga mbuulira abalala Enjiri, ate nze nzennyini ne sisiimibwa. (1 Abakolinso 9:27)**
>
> **Noolwekyo ekibi kiremenga okufuga omubiri gwammwe ogufa, nga mugondera okwegomba kwagwo. (Abaruumi 6:12)**
>
> **Abaagalwa, nga bwe tulina ebisuubizo ng'ebyo, twetukuze mu buli kintu ekyonoona omubiri n'omwoyo, nga tutuukiriza obutukuvu mu kutya Katonda. (2 Abakolinso 7:1)**
>
> **Bwe mutyo nammwe mwerowoozenga okuba abaafiira ddala eri ekibi, naye abalamu eri Katonda mu Kristo Yesu. (Abaruumi 6:11)**

Okukomererwa kwa Yesu ku musaalaba, tekwali kwa bulijjo. Kino kitutegeeza nti okufa kw'omubiri kugerageranyizibwa ku kukomererwa. Embala ey'omubiri ey'omuntu tesobola kumala gaffa, era tesobola kufa kyeyagalire, eteekeddwa okufa ng'ekakiddwa olw'okukomererwa.

Okusinziira ku Abaruumi 12:1-2, okwewaayo kugobererwa okumanya kw'okwagala kwa Katonda. W'oba oyagala okumanya eddoboozi lya Katonda n'okwagala kwe, oteekeddwa okusooka okwewayo gy'ali, naye ebiseera ebisinga, kino sikyetugoberera. Twagala kusooka kumanya kwagala kwe, n'oluvannyuma tusalewo oba tusobola okwewaayo gy'ali oba nedda. Naye ate Abaruumi 12:1-2, etutegeeza nti okwewayo kyekisooka.

Ensonga lwaki tulwawo okwewaayo kubanga tetutegeera nti okwagala kwa Katonda kulungi , kusiimibwa era kw'amazima. Tutya okweweraryo ddala eri Katonda kubanga kino tetunakitegeera:

> **Kubanga mmanyi enteekateeka ze nnina gye muli, enteekateeka ez'okubakulaakulanya so si okubakolako akabi, enteekateeka ez'okubawa essuubi era n'obulamu obw'omu maaso," bw'ayogera Mukama. (Yeremiya 29:11)**

## OKUZZA OBUGYA ENDOWOOZA YO.

Endowooza yo mu butonde egondera ennono z'ensi mw'oli. Kino kiri bwe kiti olw'embala ey'ekibi. N'ennono z'obuwangwa mw'ova.

Naye Katonda agamba nti temulina kwefaananyiriza emirembe gino egy'ensi naye mukyusibwe. Ekigambo "okukyusibwa" kitegeeza okukyusa okudda mu kifaananyi ekirala. Mukyusibwa mu kifanaanyi kya Yesu Kristo.

> **Kaakano ffe ffenna, amaaso gaffe nga gabikuddwa, ekitiibwa kya Katonda kyakaayakana mu ffe ng'endabirwamu emulisa ekitiibwa kye ne tukyusiibwa okumufaanana okuva mu kitiibwa okutuuka mu kitiibwa, ekiva eri Mukama waffe, Mwoyo. (2 Abakolinso 3:18)**

Okusinziira ku Abaruumi 12:2, okukyusibwa kijja lwakuza bujja ndowooza yo. Kino kitegeeza nti olina okwejjamu ennono n'endowooza z'ensi, okyusibwe olw'ennono ezibikuliddwa mu kigambo kya Katonda.

Endowooza yo ekyusibwa, ngawokulakulana mu ndowooza ya Kristo:

> **Mubengamu endowooza eri eyali mu Kristo Yesu. (Abafiripi 2:5)**

Ekigambo "mubengamu" kitegeeza nti olina okusalawo okusobola okufuna endowooza ya Kristo. Olina okukkiriza okuleetera endowooza ya Kristo okubaawo. Olina eky'okukola mukukulakulanya endowooza okukyusibwa. Ekyo Katonda siyaatekeddwa okukikolera.

> **Noolwekyo mwetegeke nga muli bateefu, nga mutadde emitima gyammwe ku kisa kya Katonda ekiribaweebwa, Yesu Kristo bw'alirabika. (1 Peetero 1:13)**

"Okwefuganga" mu ndowooza kitegeeza okwambala oba okukuuma amaanyi g'endowooza yo. Okusobola okukyusa endoowa yo kikwetaagisa okwenyika mu Kigambi kya Katonda. Okukebera ebyawandiikibwa okusobola okutegeera endowooza ya Kristo nga bweyali. (Akanyomero ak'okweyongera okusoma, kajja kukuyamba okukola kino)

Endowooza ekyusibwa olwa Katonda okuteeka amateeka ge mu yo:

> **…Ndissa amateeka gange mu birowoozo byabwe... (Abaebbulaniya 8:10)**

Kozesa amaanyi g'endowooza yo okumalirawo ddala empaka, n'okujeemulula buli kirowoozo ekikyamu:

> **Na buli kintu ekigulumivu ekyekuluntaza okusinga amagezi ga Katonda, era nga tujeemulula buli kirowoozo, kigondere Kristo. (2 Abakolinso 10:5)**

Olina obuvunaanyizibwa okufuga ebirowoozo byo:

> **Eky'enkomerero, abooluganda, mulowoozenga ku buli kya mazima, na buli ekisiimibwa na buli kya butuukirivu, na buli kirongoofu, na buli kyagalibwa, na buli kyogerwako obulungi, era bwe wabangawo ekirungi oba bwe wabangawo ettendo, ebyo mubirowoozengako. (Abafiripi 4:8)**

Awo osobole okwogera nga Paulo:

> **…Kyokka ffe tulina endowooza ya Kristo. (1 Abakolinso 2:16)**

Endowooza ya Kristo yerina okukola okwagala kwa Katonda.

**OKUKAKASA KATONDA BYAYAGALA.**

Soma ekipande kino. Ojja kuzuula nti buli kyetaago ekikubaganyiziddwako ebirowoozo mu ssuula eno kiteereddwa mu Abaruumi 12:1-2.

| | |
|---|---|
| Kale abooluganda, mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda… | Ojja eri Katonda okuyita mu kisa kye okuyita mu ssaddaaka ya Yesu ku lw'ebibi byo. |
| Muwengayo emibiri gyammwe nga Ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe | Okukula mu mwoyo kuleetebwa olw'omulimu gw'omwoyo Mutukuvu mu bulamu bwo |
| So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, Naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu Birowoozo byammwe. | Okyusibwa kigambo kya Katonda, endowooza yo ezzibwa buggya. |

Okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, Okujjuzibwa kw'Omwoyo Mutukuvu, okukula mu mwoyo, n'okukyusibwa kw'endowooza-bikwatagana bitya n'okumanya Katonda byayagala? Okusinziira ku Abaruumi 12:1-2, bye byetaago ebireetera okumanya Katonda byayagala.

> **So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw'amazima. (Abaruumi 12:2)**

Ekigambo “Okukakasa” kitegeeza okufuna okumanya oba okukakasa. Ebyetaago bino bireetera okukasibwa ddala okw’ekyo Katonda kyayagala.

Naye “Okwagala kwa Katonda” kitegeeza ki? Era ebirungi, ebisanyusa n’ebituufu Katonda byayagala bitegeeza ki? Lwaki kyamugaso okukakasa n’okumanyira ddala okwagala kwa Katonda?

Tujja kwongera okulaba ebiddibwamu ku bibuuzo bino mu ssuula eziddirira.

# OKWEGEZAAMU:

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Ekigambo "Ekyetaago" kitegeeza ki?
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Byetaago ki ebiri mu ssuula eno ebyetaagisa okumanya eddoboozi lya Katonda bye biriwa?
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Buweereza ki obw'omwoyo Omutukuvu obukulu obuleetera okumanya eddoboozi lya Katonda?
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Kitegeeza ki okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri?
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Lwaki kyetaagisa okuzaalibwa omulundi okusobola okumanya eddoboozi lya Katonda?
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Okukula mu mwoyo kitegeeza ki?
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
8. Nnyonnyola ekigambo "okukyusibwa" nga bwe kikoleddwa mu ssuula eno.
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
9. Enjogera eno ntuufu oba nkyaamu: okusinziira ku Abaruumi 12:1-2, okwewaayo kisooka Okumanya okwagala kwa Katonda.
……………………………………………………………………………………

(Eby'okuddamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA.

1. Okweyongera okusoma ku kuzaalibwa okw'okubiri n'okukula mu mwoyo, Funa essomo lya Harvestime International Institute eriyitibwa "Emisingi gy'okukkiriza." Okweyongera okusoma ku Mwoyo Omutukuvu, Funa essomo lya Harvestime International Institute eriyitibwa, "Obuweereza bw'Omwoyo Omutukuvu."
2. Essuula eno eyogedde ku bukulu bw'okukyusa endowooza. Ebyawandiikibwa biraga nti abakkiriza tebalina kuba na ndowooza ya:

| | |
|---|---|
| - Obukakanyavu | Danyeri 5:20 |
| - Obwonoonefu | Abaruumi 1:28 |
| - Ey'omubiri | Abaruumi 8:6 |
| - Ey'obutakkiriza | Luke 12:29 |
| - Ey'obuzibe | 2 Abakolinso 4:4 |
| - Erimbibwalimbibwa | 2 Abakolinso 11:3 |
| - Ey'omubiri | Abaefeeso 2:3, Abakolosaayi 2:18 |
| - Ey'obusirusiru | Abaefeeso 4:17 |
| - Ey'ensi | Abafiripi 3:19 |
| - Ezitali ku Katonda | Abakolosaayi 1:21 |
| - Emyoyo ebiri | Yakobo 1:8, 4:8 |
| - Ezitali nongoofu | Tito 1:5 |

3. Baibuli eraga nti endowooza z'abakkiriza ezikyusiddwa zirina kuba:

| | |
|---|---|
| - Zamwoyo | Abaruumi 8:6 |
| - Nongoofu | 2 Peetero 3:1 |
| - Ezimaliridde | Isaaya 26:3 |
| - Za ddembe | Abafiripi 4:7 |
| - Ziziddwa buggya | Abaefeso 4:23 |
| - N'etoowaze | Abakolosaayi 3:12 |
| - N'egendereza | Tito 2:6 |
| - Okwagala | Matayo 22:37 |
| - Ziweereza | Abaruumi 7:25 |
| - Zikakasiddwa | Abaruumi 14:5 |
| - Zisa kimu | 1 Peetero 3:8, 4:1, Abaruumi 15:6, 1 Abakolinso 1:10 |
| - Obwesigwa n'obwagazi | 1 Ebyomumirembe 28:9 |
| - Malirivu | Nekkemiya 4:6 |

# ESSUULA EYOOKUSATU

## OKWAGALA KWA KATONDA.

**EBIGENDERERWA:**

Bwomaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola ekigambo "Okwagala"
- Okuzuula ebika ebisatu eby'okwagala ebikolera mu nsi.
- Okunnyonnyola amakulu gw'okwagala kwa Katonda ag'emirundi essatu
- Leeta ensonga lwaki kyetaagisa okukola okwagala kwa Katonda.
- Okuzuula ekisikiriza obulungi okukola okwagala kwa Katonda.

**OLUNYIRIRI OLUKULU.**

> **Kubanga ekyanzigya mu ggulu kwe kukola ekyo Katonda eyantuma ky'ayagala, so si Nze bye njagala ku bwange. (Yokaana 6:38)**

**ENNYANJULA.**

Essuula eno eraga okwagala kwa mirundi essatu okukolera mu nsi kati. Ennyonnyola ekyogerwa nti "okwagala kwa Katonda," Yekenneenya obulamu bwa Yesu ku kwagala okwo, era eraga omugaso gw'okwagala kwa Katonda.

**"OKWAGALA" KYE KUTEGEEZA.**

Amakulu agamanyiddwa ag'ekigambo "Okwagala" kwe kusalawo, kw'osinziirako oyagale. Okwagala g'emaanyi g'okusalawo. Waliyo ebika bisatu ebikolera mu nsi kati:

**OKWEYAGALIRA:**

Kuno kwe kwagala kw'omuntu, embala y'okweyagaliza eyaayanira okutambulira mu makubo gaayo. Wosalawo okweyagaliza, wesalirawo nga tosinziira mu kwagala kwa Katonda. Baibuli etulabula ku kweyagaliza kuno:

> **Mmanyi Ayi Mukama Katonda ng'obulamu bw'omuntu si bubwe, omuntu si y'aluŋŋamya amakubo ge. (Yeremiya 10:23)**

Okweyagaliza eba nkola ya mubiri:

> **N'okusingira ddala abo abagoberera okwegomba kwabwe okw'omubiri ne banyooma abakulembeze baabwe.**
>
> **Tebaliiko kye batya, beerowoozaako bokka, era tebakwatibwa na nsonyi kuvuma baakitiibwa. (2 Peetero 2:10)**

Baibuli eraga ebiva mu kweyagliza:

> **Nange ne mbawaayo eri obujeemu bw'omutima gwabwe, okugoberera ebyo bye baagala. (Zabuli 81:12)**

Ekibi, okubonaabona, ebizibu ebiri munsi byonna bijja lwa muntu butagondera kwagala kwa Katonda. Daudi ayogera ku kweyagaliza okukolera mu bulamu bwa bantu abatali batuukirivu.

> **Tompaayo mu balabe bange, kubanga abajulizi ab'obulimba bansitukiddeko n'enkwe zaabwe, okunkambuwalira. (Zabuli 27:12)**

Baibuli eraga nti abakulembeze mu kkanisa tebalina kutambulira mukweyagaliza:

> **Omulabirizi kimugwanira okuba nga taliiko kya kunenyezebwa ng'omuwanika wa Katonda, nga si mukakanyavu, nga si wa busungu, nga si mutamiivu, nga si mukambwe, nga teyeegomba kufuna magoba mu bukuusa. (Tito 1:7)**

**OKWAGALA KWA SITAANI.**

Sitaani alina okwagala. Kyayagala kwe kuzikiriza buli kirungi ekiri mu ggwe. Yesu yalabula Peetero ku kino:

> **Simooni, Simooni, Setaani asabye okukuwewa ng'eŋŋaano. (Lukka 22:31)**

Sitaani ayagala kuwewa buli kintu ekirungi mu bulamu bwo. Yesu yagamba:

> **Omubbi ky'ajjirira kwe kubba n'okutta n'okuzikiriza. Nze najja, zibe n'obulamu, era zibe nabwo mu bujjuvu. (Yokaana 10:10)**

Paulo yagamba abakkiriza abamu bawambibwa n'okwagala kwa Sitaani:

> **Ne bava mu mutego gwa Setaani gwe baguddemu abakozese by'ayagala, ne badda engulu mu kutegeera kwabwe. (2 Timoseewo 2:26)**

**OKWAGALA KWA KATONDA:**

Okwagala okw'okusatu okukolera mu nsi kwe kwagala kwa Katonda. Ekinnyusi kyaffe eky'okusomako kiri ku kwagala kuno:

**OKWAGALA KWA KATONDA KYE KUTEGEEZA.**

Endagaano empya yawandiikibwa mu lulimi Oluyonaani. Mu Luyonaani ,mulimu ebigambo bibiri ebikozesebwa nga bitegeeza "Okwagala kwa Katonda."

Ekigambo "boulema" kitegeeza kwagala kwa Katonda okussukulumu. Kuno kwe kwagala kwa Katonda okwenteekateeka ya Katonda eyabuli kimu ekituukawo mu nsi. Ekika kino eky'okwagala kwa Katonda kituukirizibwa nga tewali kusalawo kwa muntu. Yenteekateeka ya Katonda enkulu eri ensi.

Okwagala kwa Katonda okwa "boulema" tekwetaaga nkolagana ya muntu okutuukirizibwa. Okwagala kwa Katonda okwa "boulema" ekivaamu kimanyiddwa. Okwagala kwa Katonda okwa "boulema" kuwandiikiddwa mu kigambo kya Katonda. Tekyetaagisa kunoonya kwagala kwa Katonda kuno kuba kuwandiikiddwa mu Baibuli.

Ekigambo ekirala “thelema” kitegeeza Katonda kyayagaza omuntu n’okutambulira mu kwagala kwe. Kitegeeza enteekateeka z’omuntu ssekinoomu oba okwagala kwa buli musajja n’omukazi. Katonda okusobola okutuukiriza okwagala kuno okwa “thelema” kyetaagisa enkolagana yo. Olina obuyinza okusalawo okutambulira oba obutatambulira mu kwagala kwa Katonda kuno eri obulamu bwo. Kwe kuno okwagala kwa Katonda okwa “thelema” kwe tuba tutegeeza bwe tugamba nti tunoonya okwagala kwa Katonda eri obulamu bwaffe.

Ekika ekirala eky’okwagala kwa Katonda ky’ekiyitibwa “empisa” ebiragiro ebyawandiikibwa mu kigambo kya Katonda bitusomesa engeri abakkiriza gyebateekeddwa okweyisaamu. Okwagala kwa Katonda okwa ssekinoomu n’okussukulumu eri omuntu tebisobola kukontana na kwagala kwa Katonda okw’empisa nga bwe biragibwa mu kigambo kya Katonda. Ekipande kino wammanga kifunziza okwagala kwa Katonda okw’ebika ebisatu naki kyebitegeeza.

| **Okussukulumu.** | **Ssekinoomu.** | **Empisa.** |
|---|---|---|
| **(Boulema)** | **(Thelema)** | |
| Enteekateeka ya Katonda eri ensi | Enteekateeka ya Katonda eri Eya ssekinoomu | Ebiragiro ku mpiisa nga bwe byawandiikibwa mu kigambo Kya Katonda ebitusomesa engeri Gye tulina okukkirizaamu N’okweyisaamu. |
| Tekusinziira na kusalawo kwa Muntu | kusinziira ku kusalawo kw’omuntu | Okwagala kwa Katonda okwa ssekinoomu kukwataganira ddala N’okwagala kw’enneyisa |

## YESU N’OKWAGALA KWA KATONDA.

Okwagala kwa Katonda Yesu kyeyasinga okulowooza. Yagamba:

> **Eyantuma ky’ayagala kye kino: Ku abo be yampa nneme kubulwako n’omu wabula bonna mbazuukize ku lunaku olw’enkomerero. (Yokaana 6:39)**

Okwagala kwa Katonda kwali kuleeta nkolagana wakati wa buli muntu ne Katonda

> **Kubanga ekyanzigya mu ggulu kwe kukola ekyo Katonda eyantuma ky’ayagala, so si Nze bye njagala ku bwange. (Yokaana 6:38)**
>
> **Kubanga Kitange ky’ayagala kye kino nti buli alaba Omwana we n’amukkiriza afuna obulamu obutaggwaawo ku lunaku olw’enkomerero. (Yokaana 6:40)**

Ekiruubirirwa ky’obulamu bwa Kristo kwali kutuukiriza kwagala kwa Katonda. Ng’era omwana Yesu yalowooza nga nnyo kukukola okwagala kwa Katonda. Bweyali mu Yeekaalu nga bazadde be bamunoonya. Yagamba:

> **Yesu n’abaddamu nti, “Mubadde munnoonyeza ki? Temwategedde nga kiŋŋwanidde okukola ebintu bya Kitange? (Lukka 2:49)**

Ekyama kyamaanyi ge ag’omwoyo kwali kukola kwagala kwa Katonda:

> **Yesu n’abaddamu nti, “Ekyokulya kyange kwe kukola eyantuma by’ayagala, era n’okutuukiriza omulimu gwe. (Yokaana 4:34)**

Olunyiriri luno lulaga nti yalina okumaliriza okutuukiriza okwagala kwa Katonda mu bulamu bwe n’obuweereza bwe.

Amaanyi agaayolesebwa mu buweereza bwa Kristo g’ekuusa ku kwagala kwa Katonda:

> **Kyokka Nze siyinza kukola kintu kyonna ku bwange. Kitange nga bw’aŋŋamba bwe nkola, era n’omusango gwe nsala gwa nsonga kubanga sinoonya bye njagala nze, wabula eyantuma by’ayagala. (Yokaana 5:30)**

Ebigambo bya Kristo n’ebikolwa tebyali bibye. Yayogera era ng’akola okusinziira ku kwagala kwa Katonda:

> **Awo Yesu kwe kubaddamu nti, “Nze sibayigiriza byange ku bwange, wabula eby’oyo eyantuma. (Yokaana 7:16)**
>
> **Oyo atanjagala tagondera bigambo byange. Ate ebigambo bye njogera si byange ku bwange wabula bya Kitange eyantuma. (Yokaana 14:24)**
>
> **Awo Yesu n’abagamba nti, “Bwe mulimala okuwanika Omwana w’Omuntu ne mulyoka mutegeera nti nze wuuyo, era siriiko kye nkola ku bwange, naye njogera ebyo Kitange bye yanjigiriza. (Yokaana 8:28)**
>
> **Kyokka Nze siyinza kukola kintu kyonna ku bwange. Kitange nga bw’aŋŋamba bwe nkola, era n’omusango gwe nsala gwa nsonga kubanga sinoonya bye njagala nze, wabula eyantuma by’ayagala. (Yokaana 5:30)**

Ne mukukomererwa ng’asisinkanye okufa, Yesu yasaba:

> **N’abaleka awo ne yeeyongerayo akabanga, n’agwa wansi ng’avuunise amaaso ge ku ttaka, n’asaba nti, “Kitange! Obanga kisoboka, leka ekikompe kino kinzigibweko. Naye si nga Nze bwe njagala, wabula nga ggwe bw’oyagala. (Matayo 26:39)**

Yesu yali mwetegefu okufa bwe kuba nga kwekwagala kwa Katonda. Obulamu bwa Yesu kyakulabirako ekituukiridde eky’obulamu obwewaddeyo eri okwagala kwa Katonda okussukulumu, empiza n’okwa ssekinoomu.

**EMIGASO GY'OKWAGALA KWA KATONDA.**

Okwagala kwa Katonda kwa mugaso kubanga:

**KUSALAWO KU MAGENDA GO AG'OLUBEERERA.**

Amagenda go ag'olubeerera gasinziira ku kukola kwagala kwa Katonda. Oteekeddwa okwannukula eri enteekateeka y'okununulibwa kwa Katonda eri obulamu bwo:

> **Kubanga omulyango mufunda, n'ekkubo eridda eri obulamu ffunda, era n'abaliraba batono. (Matayo 7:14)**
>
> **Si bonna abampita nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe,' be baliyingira obwakabaka obw'omu ggulu, wabula abo bokka abakola ebyo Kitange ali mu ggulu by'ayagala. (Matayo 7:21)**
>
> **Ensi n'okwegomba kwayo byonna biggwaawo, naye buli akola Katonda by'ayagala abeerera emirembe gyonna. (1 Yokaana 2:17)**

**KYEKISINZIIRAKO OKULEETAWO ENKOLAGANA YO NE KATONDA.**

Enkolagana yo ne Yesu esinziira ku kukola kwagala kwe:

> **Kubanga buli muntu akola Katonda by'asiima ye muganda wange, ye mwannyinaze era ye mmange. (Makko 3:35, laba Matayo 12:50)**

**KIKUWA OKULUĦĦAMIZIBWA.**

Okwagala kwa Katonda kwetagiisa kubanga tosobola kweluɦamya wekka.

> **Mmanyi Ayi Mukama Katonda ng'obulamu bw'omuntu si bubwe, omuntu si y'aluŋŋamya amakubo ge. (Yeremiya 10:23)**

Awatali kuluɦamizibwa kwa Katonda, owaba nova mu nteekateeka za Katonda:

> **Ffenna twawaba ng'endiga; buli omu ku ffe n'akwata ekkubo lye; Mukama n'amuteekako obutali butuukirivu bwaffe ffenna. (Isaaya 53:6)**

**KIKUWA OKUMANYA KU BISEERA BYOMUMAASO.**

Katonda ye yekka amanyi ku by'omumaaso. Y'amanyi emitego gy'omulabe Sitaani egikulindiridde. Amanyi ebiseera eby'omumaaso eby'enfuna n'ebyobufuzi. Amanyi ebikulindiridde mu maaso.

> **Kubanga nze Katonda, teri mulala. Nze Katonda, teri ali nga nze; 10 alanga ku ntandikwa ebigenda okubaawo. Okuva ku mirembe egy'edda ennyo, nalanga ebintu ebitannabaawo, nga ŋŋamba nti, 'Enteekateeka zange zijja kubaawo era ndituukiriza byonna bye nategeka. (Isaaya 46:9-10)**

Omuntu asobola okukolera mu biro bya kaakati n'okujjukira ebyayita. Asobola okukola enteekateeka ku by'omumaaso. Naye Katonda ye yekka alina okumanya kw'ebiseera by'omumaaso.

Abantu abamu balowooza nti Sitaani alina okumanya ku biseera by'omumaaso. Talina kumanya kuno. Singa yalina okumanya okwo, teyandisobodde kuleetera kukomererwa kwa Yesu. Yandisobodde okukiraba nti okununulibwa okuva mu kibi olw'okukomererwa kyandisobodde okutuukirizibwa. Sitaani

amanyi ekyo kyokka Katonda kyabikudde eri ebiseera eby'omumaaso. Eky'okulabirako, Sitaani amanyi nti amagenda ge ag'olubeerera Geyeena kubanga ekyo Katonda akibikudde.

**KIRAGIBWA NTI OLINA OKUKUMANYA.**

Okumanya okwagala kwa Katonda kwa mugaso kubanga kyalagibwa nti olina okukumanya:

> **Temubanga basirusiru, naye mutegeere Mukama waffe ky'ayagala. (Abaefeeso 5:17)**
>
> **Ekyo temukikola lwa kulabibwa, abantu balyoke babasiime, wabula mukolenga ng'abaddu ba Kristo nga mukola n'omutima gwammwe gwonna, nga Katonda bw'ayagala. (Abaefeeso 6:6)**

Katonda asinga kwagala obugonvu bwo eri okwagala kwe okusinga ssaddaaka zo n'ettendo lyo:

> **Naye Samwiri n'amugamba nti, "Mukama asanyukira nnyo ebiweebwayo ebyokebwa ne ssaddaaka, okusinga okugondera eddoboozi lya Mukama? Okugonda kusinga ssaddaaka, era n'okuwuliriza kusinga amasavu g'endiga ennume.**
>
> **Kubanga obujeemu buli ng'ekibi eky'okusamira, era n'obukakanyavu buli ng'ekibi eky'okusinza bakatonda abalala. Kubanga ojeemedde ekigambo kya Mukama, naye akugaanye okuba kabaka. (1 Samwiri 15:22-23)**

Katonda ayagala oyimirire nga tolina kyakunenyezebwa era ng'oli mujjuvu mu kwagala kwe:

> **Epafula ow'ewammwe, omuddu wa Kristo Yesu, afuba bulijjo ku lwammwe okubasabira, mulyoke muyimirirenga nga munywedde mu kukkiriza era nga mutegeereranga ddala mu byonna Katonda by'ayagala, abalamusizza. (Abakolosaayi 4:12)**

**KIREETERA OKUTEGEERA ENJIGIRIZA ENNUNGAMU:**

Yesu yagamba:

> **Buli ayagala okukola Katonda by'ayagala, ategeera obanga bye njigiriza byange ku bwange oba bya Katonda. (Yokaana 7:17)**

W'okola okwagala kwa Katonda nga bwekukubikuliddwa, ojja kusobola okukula mu mwoyo okusobola okutegeera enjigiriza entuufu. Kino kijja kukuziyiza okulimbibwa n'enjigiriza enkyamu.

**KIREETERA OKUDDIBWAMU KWE SSAALA:**

Wotambulira mu kwagala kwa Katonda, osaba n'obuvumu nti essaala zo zijja kuddibwamu:

> **Era buli kye tumusaba akituwa, kubanga tugondera ebiragiro bye, era ne tukola ebimusanyusa. (1 Yokaana 3:22)**
>
> **Tumanyi nti Katonda tawulira balina bibi, naye awulira abo abamutya era abakola by'ayagala. (Yokaana 9:31)**
>
> **Noolwekyo tulina obuvumu nti bwe tugenda gy'ali ne tumusaba ekintu kyonna, ye nga bw'asiima atuwulira. (1 Yokaana 5:14)**

**KIREETERA EMIKISA GY'OMWOYO.**

Emikisa gy'omwoyo gikusuubizibwa bw'okola okwagala kwa Katonda:

> **Kubanga kibasaanira okugumiikiriza nga mukola Katonda by'ayagala mulyoke mufune ebyo bye yasuubiza. (Abaebbulaniya 10:36)**

Emikisa gino gijja kukugoberera:

> **Bw'onoogonderanga Mukama Katonda wo n'okwatanga amateeka ge gonna ge nkuwa leero, Mukama Katonda wo alikugulumiza n'akuteeka waggulu w'amawanga gonna ag'oku nsi.**
>
> **Emikisa gino gyonna onoogifunanga n'obeeranga nagyo, bw'onoowuliranga eddoboozi lya Mukama Katonda wo n'omugonderanga. (Ekyamateeka 28:1-2)**

**KIKUYAMBA OBUTAKANGAVVULWA.**

Okukangavvulwa kitegeeza empisa, okunenya, n'okuluŋamizibwa. Abo abasalawo okuva mu kwagala kwa Katonda okubikkuliddwa, bakangavvulwa:

> **Awo olunaatuukanga bw'otoogonderenga ddoboozi lya Mukama Katonda wo, n'otokwatanga mateeka ge na biragiro bye, bye nkulagira leero, kale ebikolimo bino byonna binaakutuukangako ne bibeera naawe. (Ekyamateeka 28:15)**
>
> **Mwerabidde ebigambo ebizzaamu amaanyi byayogera nammwe ng'abaana be? Agamba nti, "Mwana wange, tonyoomanga kukangavvulwa kwa Mukama, so toggwangamu maanyi ng'akunenyezza.**
>
> **Kubanga Mukama gw'ayagala amukangavvula, Era abonereza buli gw'ayita omwana we."**
>
> **Noolwekyo mugumiikirize okukangavvulwa, kubanga Katonda abakangavvula ng'abaana be. Mwana ki kitaawe gw'atakangavvula?**
>
> **Naye singa temukangavvulwa, nga bwe kitugwanira ffenna, muba temuli baana be ddala.**
>
> **Kale, nga bwe mussaamu ekitiibwa bakitaffe ab'omubiri, newaakubadde nga batukangavvula, nga batuyigiriza, kitaawe w'emyoyo talisinga nnyo okutukangavvula ne tuba abalamu? (Abaebbulaniya 12:5-9)**

Yesu era yalabula:

> **Omuweereza oyo eyamanya mukama we by'ayagala akole, kyokka ye n'atabikola agenda kuweebwa ekibonerezo kinene. (Lukka 12:47)**

Okumanya okwagala kwa Katonda nso nga nkulu eri abagala okutambulira mu bulamu obujjuvu n'obutakangavvulwa.

KIVIIRAMU OBUWANGUZI:

Ekimu ku biragiro ebyaweebwa Yoswa bweyafuna obukulembeze bwe ggwanga lya Isirayiri kyali kukuuma biragiro bya Katonda n'okutambulira mu makubo ge.

**Ekitabo kino eky'amateeka tekikuvanga mu kamwa, okifumiitirizangako emisana n'ekiro olyoke oteekenga mu nkola ebyo bye kikulagira era bw'otyo bw'oneefunira obuwanguzi n'okukulaakulana. (Yoswa 1:8)**

Zabuli nazo ziraga nti omuntu atambulira mu makubo ga Katonda ajja kuba muwanguzi era "buli kimu kyatusaako engalo kiriraba omukisa" (Zabuli 1:3). Mu nsi eno ejjude okulemererwa, okumanya n'okukola okwagala kwa Katonda kyekyama ky'okutambulira mu buwanguzi.

**OKUSIKIRIZA OKULUNGI.**

Olina okusikirizibwa okukola okwagala kwa Katonda kubanga omwagala. Okwagala kwetaaga okubanga osanyusa oyo gwoyagala:

**Kale obanga munjagala mugonderenga ebiragiro byange. (Yokaana 14:15)**

**Buli anjagala anaagonderanga ebiragiro byange; era kubanga anjagala, ne Kitange anaamwagalanga. Era nange nnaamwagalanga, era nnaamulabikiranga. (Yokaana 14:21)**

**Yesu n'amuddamu nti, Omuntu yenna anjagala anaagonderanga ekigambo kyange, ne Kitange anaamwagalanga, era Nze ne Kitange tunajjanga ne tubeera mu ye era tunaatuulanga mu ye. (Yokaana 14:23)**

# OKWEGEZAAMU:

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Okusikiriza okulungi okwokola okwagala kwa Katonda kwe kuliwa?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Leetayo ensonga kumi lwaki kyamugaso okukola okwagala kwa Katonda.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Nnyonnyola ekigambo "Okwagala"
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Nokola yo amakulu asatu ag'okwagala kwa Katonda.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Bika ki ebisatu eby'okwagala ebikolera mu nsi kati?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Soma emboozi zino wammanga. Bweba nga ntuufu, wandiika ennukuta "T" mu bbanga erirekeddwawo ku ntandikwa yaayo. Bweba nga nkyamu, wandiika ennukuta "F" mu bbanga erirekeddwawo ku ntandikwa yaayo:
   a_________________________ Yesu teyafaayo nnyo kukola kwagala kwa Katonda.
   b_________________________ Baibuli ekiraga nti omuntu talina busobozi kweruɧamya bulungi.
   c_________________________ Okwagala kwa Katonda okwa ssekinoomu ebiseera ebimu kukontana n'okwagala kw'enneeyisa kwa Katonda.
   d_________________________ Katonda yekka yalina okumanya kubiseera by'omumaaso.
   e_________________________ Osobola okufuna emikisa egy'omwoyo w'otambulira mu kweyagaliza.

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA.

1. Omutume Paulo yateeka nnyo essira ku kwagala kwa Katonda. Soma ennyiriri zino wammanga: Ebikolwa 16:6-10, Abaruumi 1:10, 15:32, 1 Abakolinso 1:1, 4:19, 16:7, 2 Abakolinso 1:1, Abaefeeso 1:1, Abakolosaayi 1:1, 2 Timoseewo 1:1
2. Ekipande ekikuweereddwa mu ssuula eno "Amakulu ag'okwagala kwa Katonda ag'emirundi essatu" gannyonnyoddwa wammanga nga galimu okujuliza okuva mu Baibuli. Soma ennyiriri zino weyongere okutegeera.

**AMAKULU G'OKWAGALA KWA KATONDA AG'EMIRUNDI ESSATU.**

| **Okussukulumu.** (Boulema) | **Ssekinoomu.** (Thelema) | **Empisa.** |
|---|---|---|
| Enteekateeka ya Katonda eri ensi | Enteekateeka ya Katonda eya ssekinoomu | Ebiragiro ku mpiisa nga bwe byawandiikibwa mu kigambo Kya Katonda ebitusomesa engeri gye tulina okukkirizaamu n'okweyisaamu. |
| Tekusinziira na kusalawo kwa Muntu | kusinziira ku kusalawo kw'omuntu | Okwagala kwa Katonda okwa ssekinoomu kukwataganira ddala N'okwagala kw'enneyisa |
| Abaruumi 11:33-36 | Oluberyeberye 24 | 2 Abakolinso 6:14 |
| Ebikolwa 2:23 | Engero 16:9 | Abaruumi 2:18 |
| Ebikolwa 4:27-28 | Zabuli 32:8 | 1 Abasesalonika 5:18 |
| Abaruumi 9:19 | Engero 3:5-6 | 1 Abasesalonika 4:3 |
| Engero 16:33 | Abaefeeso 5:17 | (N'ebiragiro ebirala mu Baibuli) |
| Abaefeeso 1:11 | Abaefeeso 6:6 | |
| Okubikkulirwa 4:11 | Abaruumi 12:2 | |
| Engero 21:1 | Abakolosaayi 1:9 | |
| Danyeri 4:35 | Abakolosaayi 4:12 | |

# ESSUULA EYOOKUNA.

## OKUKWATA EKKUBO EKYAAMU.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okuwa engeri ez'okunoonya okuluɧɧamya okutali kwa Baibuli
- Okuwa enjawulo wakati wa bannabbi abatuufu n'ab'obulimba.
- Okunnyonnyola ekigambo "Okukopereza."

**OLUNYIRIRI OLUKULU**

> **Mmanyi Ayi Mukama Katonda ng'obulamu bw'omuntu si bubwe, omuntu si y'aluŋŋamya amakubo ge. (Yeremiya 10:23)**

**ENNYANJULA.**

Kikulu nnyo okumanya nga bw'otamanyi kukola kintu era nga ne bw'oyinza okumanya okukikola

Musigansimbi omw'amaanyi mu Amerika ayitibwa Thomas Edson yakola okugezesa kwa mirundi egisukka mu lukumi ng'alemwa bwe yali tannakola ttaala y'amasanyalaze. Bwe yabuuzibwa nti obudde bweyayonoona bwonna tabwejjusa? Kwe kugamba nti, "Nedda, nnazuula engeri ezisukka mu lukumi mwesiyinza kugikolera." Mubiseera by'omumaaso yali takyayinza kuddamu kukozesa engeri ziri ezitaamukolera.

Mu Baibuli Katonda alabula ku ngeri z'otayinza kunoonyezaamu kuluɧɧamizibwa kwo. Bw'oba olabye okulabula kuno, tojja kwonoona budde na nkola za kuluɧɧamya ezitali za Baibuli Katonda z'atakakasizza. Kino kijja kukwewazisa okukola okusalawo okubi n'okukwata ekkubo ekkyamu mu bulamu bwo.

Mu ssuula endala ojja kuyiga engeri Katonda gye yabikkulamu okwagala kwe edda n'engeri gy'ayogera n'abantu mu biro ebiriwo. Naye ekisooka tulina okweresa ebibi. Zino z'engeri nga mw'otoyinza kunoonyeza kuluɧɧamizibwa:

**ENDAGU.**

Zino ngeri za Sitaani nga ziteekebwa wansi w'omutwe ogw'okweraguza. Enkola nnyingi bweziti zikozesebwa okuluɧɧamya. Enkola zino ez'okweraguza zisinziira ku mawanga ag'enjawulo naye mubaamu enkola z'okusamira, abalogo, abafuusa, abalaguzi, abakongozzi, abateebereza, abasoma ebikoola, empulunguse, ebigaayibwa n'ebibatu by'engalo. Enkola z'endagu mulimu ebikolebwa ebitali bya bulijjo naye nga si bya Katonda. Enkola ezo zonna zireetebwa Sitaani.

Katonda yalabula abantu be ku bulogo nga mwe muli abafuusa bw'abeeru n'abaddugavu, obulogo, okulagula, obusamize, okweyambisa ebiragalagala, okukwata obwongo bw'abantu, okukozesa ebintuntu ebitalina makulu. Mulimu enkola za Sitaani zonna n'okumusinza. Ebintu bino byonna maanyi agakontana n'aga Katonda:

> **…Kubanga obujeemu buli ng'ekibi eky'okusamira... (1 Samwiri 15:23)**

Baibuli eraga nti abalogo baagezaako okuggya abantu mu kkubo ery'enjiri.

> **Naye Eruma omufumu (kubanga ago ge makulu g'erinnya lye mu Luyonaani), n'abeekiikamu, n'agezaako okusendasenda gavana aleme okuwuliriza ebigambo eby'okukkiriza. (Ebikolwa 13:8)**

Obusamize bulimba abantu:

> **...era walimbalimba amawanga gonna n'eby'obulogo bwo. (Okubikkulirwa 18:23)**

Abalogo tebajja kuyingira bwakabaka bwa Ggulu:

> **Ebweru w'ekibuga y'ebeera embwa, n'abalogo, n'abenzi, n'abassi, n'abasinza bakatonda abalala n'abo bonna abaagala era abakola eby'obulimba. (Okubikkulirwa 22:15)**

Ekitabo ky'okubikkulirwa kiraga enkomerero y'abo abakozesa enkola za Sitaani:

> **Naye abo ababi n'abatakkiriza n'abagwagwa, n'abassi, n'abenzi, n'abalogo n'abasinza ebifaananyi, n'abalimba bonna, omugabo gwabwe kuliba kuzikirizibwa mu nnyanja ey'omuliro ogwaka ne salufa. Okwo kwe kufa okwokubiri. (Okubikkulirwa 21:8).**

Tewali mwana wa Katonda mutuufu alina kwetaba mu ngeri yonna ey'okweraguza okusobola okuluŋŋamizibwa oba ensonga endala yonna.

**ENKOLA Z'OLUKISAKISA.**

Okukuba obululu yali emu ku nkola z'okunoonyeza okuluŋŋamizibwa mu ndagaano enkadde. Osobola okusoma ku nkola eno mu: Ebyabaleevi 16:7-10, Okubala 26:55, 27:21 ne Yoswa 18:10.

Okukuba obululu yali nkola ya lukisakisa. Enzikiriza yali nti Katonda yafuganga ebyava mu kalulu akaali kakubiddwa. Okukuba akalulu kyefaananyiriza ddala n'okwesa oba okukuba ennusu okuliwo ennaku zino.

Enkola eno ey'okunoonya okuluŋŋamya kwa Katonda yali ekkirizibwa mu ndagaano enkadde. Awakozesebwa enkola eno ey'okukuba akalulu mu ndagaaano empya mu bakkiriza ya mulundi gumu nga Mwoyo Mutukuvu tannaba kujja. Abatume ba Yesu baali banoonya ani an'ajjuza ekifo ekyalimu Yuda eyalya mu Yesu olukwe n'amala ne yetta. Abantu babiri baalondebwa ku lw'ekifo ekyo:

> **Oluvannyuma ne bakuba akalulu, ne kagwa ku Matiya, n'agattibwa ku batume ekkumi n'omu. (Ebikolwa 1:26)**

Matiya eyalondebwa okudda mu kifo kya Yuda, teyaddamu kwogerwako mu ndagaano empya yonna. Ate luvannyuma nnyo Omutume Paulo w'ajjuliza ekifo ekyo mu batume. Matiya yali yalondebwa bantu oluvannyuma lw'okukuba akalulu. Omutume Paulo yalondebwa Katonda mu Mwoyo Mutukuvu.

Oluvannyuma lw'okujja kwa Mwoyo Mutukuvu (Okulagibwa mu Bikolwa 2), enkola y'okukuba akalulu teyaddamu kukozesebwa bakkiriza nga baagala okuluŋŋamizibwa. Okuluŋŋamya kwa Mwoyo Mutukuvu kwe kwadda mu kifo ky'enkola ey'endagaano enkadde. Tokozesanga enkola y'olukisakisa okumanya okwagala kwa Katonda. Oteekwa okumanya eddoboozi lya Katonda era okulemberwe Omwoyo Mutukuvu.

## EBYOYA BY’ENDIGA.

Waliwo omulundi gumu ogulagibwa mu ndagaano enkadde ku kukozesa “ebyoya by’endiga” okukakasa okwagala kwa Katonda. Osobola okukisomako mu Ekyabalamuzi 6:36-40

Katonda yayogera ne Gidiyooni n’amulaga okwagala kwe. Okukakasa Katonda kye yagamba, Gidiyooni yateeka ebyoya by’endiga wansi ng’abiggye ku ddiba. Olumu yasaba Katonda atobyeko ebbali waabyo so si ku byo. Olulala n’asaba Katonda abitobye ate ettaka lisigale nga kkalu.

Tewali lunyiriri mu Baibuli lulagira bakkiriza kukola nga Gidiyooni bwe yakola mu kiseera kino ekyakasambattuko mu ggwanga ng’obuvunaanyizibwa obw’amaanyi bwe bumuteereddwako. Ekintu kino kyaliwo omulundi gumu mu Baibuli nga n’okukuba obululu bwe kwaliwo ng’endagaano empya tennabaawo n’okukka kwa Mwoyo Mutukuvu.

Tetulina kunoonya kwagala kwa Katonda nga tuteeka ebyoya by’endiga wabweru. Ekiriwo kati oli bw’ateeka ebyoya by’endiga wabweru n’agamba, “Ekintu kyonna bwe kiba ku byoya bino, awo nja kutegeera nti kwe kwagala kwa Katonda.” Naye ebyoya by’endiga zaffe by’ebintu ebitabaawo mu mubiri.

Mu kino ku kuteeka “ebyoya by’endiga” ekiragibwa mu Baibuli, Gidiyooni yali amanyi okwagala kwa Katonda. Yali awulidde eddoboozi lya Katonda. Ebyoya by’endiga yabikozesa kukakasa, so si kuluŋŋamizibwa. Era kyali ekyo ekyetaagisa eky’okudda mu ngeri etali ya bulijjo.

Mu biro eby’endagaano empya Zaakaliya yasaba akabonero okukakasa obubaka bwa Katonda ku kuzaalibwa kwa Yokaana omubatiza, yaziba omumwa. Kino kyajja kubanga teyakkiriza ddoboozi lya Katonda n’anoonya akabonero (Lukka 1:18-20)

Yesu yagamba, "Omulembe omwonoonefu era omwenzi ogunoonya akabonero."(Matayo 12:39). Ebyoya by’endiga biyinza okuba akabonero k’obutakkiriza oba obutayagala kukola kwagala kwa Katonda kw’akubikkulidde. Ebyoya by’endiga ebiddibwamu mu ngeri eyabulijjo biyinza okuba eby’obulimba oba nga biwabya.

Emirundi egimu, Katonda azzenga addamu abamubuuza obubonero ku bye banaakola okuyita mu byoya by’endiga oba akabonero. Enkola eno kati efuuse ekozeeko awamu so si okuba nga yeyeesigamwako eri abanoonya okuluŋŋamizibwa naddala mu bulamu obw’abantu ba Katonda. Jjukira Katonda ayagala abantu abakkiriza, so si ebyoya by’endiga. Ayagala abasajja n’abakazi abamanyi eddoboozi lye bwayogera era nga tebetaaga kusooka kukugezesa nga bayita mu bubonero obukakasa.

## BANNABBI AB’OBULIMBA.

Baibuli eraga emboozi za bannabbi ba Katonda bangi. Ekkiriza nti Katonda yateekawo abakulembeze mu kkanisa abayitibwa bannabbi, era ennyonnyola ekirabo ky’omwoyo ekya Mwoyo Mutukuvu ekiyitibwa obunnabbi (Abaefeeso 4:11 ne 1 Abakolinso 12:10)

Ku “Bunnabbi” kwe kwogerera mu kulumirizibwa kwa Katonda. Bwe busobozi obw’enjawulo obwokufuna n’okuwuliza obubaka bwa Katonda obutereevu eri abantu be okuyita mu njogera eby’obwa Katonda. Ebigambo ebyogerwa nnabbi mu ngeri eyobwa Katonda bwe buyitibwa “Obunnabbi.” Okulaga

kitegeeza okulangirira mu lwatu ebigambo ebiva ewa Katonda ebitereeza, ebikyusa oba ebizzaamu amaanyi.

> **Naye oyo ategeeza abantu eby'obunnabbi ayogera ebibazimba, ebibagumya era n'okubazzaamu amaanyi. (1 Abakolinso 14:3)**

Obunnabbi tebuggyawo kigambo kya Katonda. Baibuli egamba nti obunnabbi buliggwaawo naye ekigambo kya Katonda kibeerere emirembe gyonna (1 Abakolinso 13:8 ne 1 Peetero 1:25)

Mu ndagaano enkadde abantu baagendanga mu bannabbi nga baagala okuluŋŋamizibwa kubanga ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu kyali tekinnabaweebwa mu bbo. Tekikyetaagisa kugenda wa nnabbi kufuna kuluŋŋamizibwa kwa mwoyo. Buno bwe bumu ku bukulu bw'omwoyo Omutukuvu mu bulamu bw'omukkiriza. Buli mukkiriza alina okuyiga okukulemberwa Omwoyo wa Katonda.

Endagaano empya tetulaga wantu wonna ng'abakkiriza banoonya okuluŋŋamizibwa okuva mu bannabbi oluvannyuma lw'okuweebwa ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu, naye Katonda akyakozesa ekirabo kino okukakasa ebirijja. Osobola okusoma ku ky'okulabirako bwe kiti mu, Ebikolwa 21:1-14. Agabasi yawa Paulo obunnabbi, era nga bwa Paulo nga ye.

Paulo yali yategedde dda ekyali kimulindiridde mu Yerusaalemu, obunnabbi bwakakasa bukakasi ekyo ekyali kigenda okubaawo. Tebwali bunnabbi bwakuluŋŋamya Paulo, okugenda oba obutagenda Yerusalemu. Baibuli erabula ku bannabbi ab'obulimba mu nsi (Matayo 24:11, 24, Makko 13:22). Olwa kino, Katonda ataddengawo omwagaanya gw'okuzuula bannabbi abatuufu. Baibuli eraga:

> **Tulina ebirabo, ng'ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey'enjawulo, oba bunnabbi, ng'ekigera ky'okukkiriza bwe kiri. (Abaruumi 12:6)**

Enjogera eya "Mu kigera ky'okukkiriza" etegeeza mu nkola ey'okukkiriza entuufu. Engeri y'okukkiriza obunnabbi nti butuufu kwe kuba nga bukkiriziganya ne Baibuli:

> **Kyokka abo aboogera eby'obunnabbi boogerenga babiri oba basatu, ng'abalala bafumiitiriza ku ebyo ebyogerwa. (1 Abakolinso 14:29)**

Tulagibwa okufumiitiriza ku bunnabbi. Ekigera ky'okwefumiitiriza kuno ky'e Kigambo Kya Katonda. Katonda ataddewo engeri nnyingi okuzuula bannabbi b'obulimba. Bannabbi b'obulimba bamanyibwa ku bye boogera ne bitatuukirira:

> **Naye nnabbi anaayogeranga mu linnya lya bakatonda abalala, oba aneetulinkirizanga nti ayogera mu linnya lyange, songa si Nze mmulagidde okubyogera, nnabbi oyo wa kufa."**
>
> **Oyinza okwebuuza nti, "Tunaamanyanga tutya ng'ebigambo ebyo Mukama Katonda si y'anaabanga abyogedde?"**
>
> **Ebigambo nnabbi by'anaayogeranga mu linnya lya Mukama bwe bitaatuukirirenga oba bwe bitaabenga bya mazima, ng'ebigambo ebyo Mukama Katonda si y'abyogedde. Nnabbi oyo by'anaabanga ayogedde anaabanga abiyiiyizza buyiiya. Ebyo tebibatiisanga. (Ekyamateeka 18:20-22)**

Soma ku kujuliza kuno mu Baibuli yo okunnyonnyola engeri endala ez'okumanya bannabbi ab'obulimba:

- Bannabbi ab'obulimba tebaatula mmere ya Yesu Kristo (1 Yokaana 4:1-3)

- Bannabbi ab'obulimba balina enjigiriza enkyamu (2 Peetero 2:1-3)
- Bajja abantu ku kugondera ekigambo kya Katonda (Ekyamateeka 13:1-5)
- Balimba abantu n'obubonero bw'ebyamagero (Matayo 24:11-24)
- Basaba ebitaliiyo (Matayo 24:23-24)
- Ebibala mu bulamu bwabwe biraga ensobi zaabwe. Emu ku ngeri ezisingayo okwawula nnabbi w'obulimba kwe kwetegereza obulamu bwabwe. Baibuli egamba tunaabamanyira ku bibala byabwe. Bannabbi b'obulimba tebalina kirabika kya bibala bya Mwoyo mu bulamu bwabwe (Matayo 7:16)

Kubanga bano bannabbi bali mu nsi, olina okubeera omwegendereza mu kukkiriza obunnabbi. Obunnabbi ebiseera ebisinga bubadde tebukozesebwa bulungi kuluɧɧamya bakkiriza. Obunnabbi bwe bukuweebwako ng'omuntu bukakasize mu byawandiikibwa era bulina okukiriziganya n'ekigambo kya Katonda. Olw'okuluɧɧamya, obunnabbi bulina kuba nga bukakasa, nga tebulagira oba okukufuga.

Olw'okukozesa ekirabo ky'omwoyo kino obubi, abakkiriza abamu babigaanira ddala. Tebakkiriza kirabo kino kya byamagero eky'okwogera obunnabbi. Naye tolina kugaana buweereza bwa Mwoyo Mutukuvu kubanga olaba ku by'okulabirako eby'omubiri bingi mu bantu.

**OKULUɧɧAMIZIBWA OKUKYAMU:**

Tewali muntu ayinza kutegeera mulala kwagala kwa Katonda gy'oli okuggyako mu bintu ebiragibwa mu Baibuli, okugeza: tukimanyi nti kwagala kwa Katonda buli muntu okudda eri okwenenya, kuba kino kisomebwa m byawandiikibwa.

Okuluɧɧamizibwa kw'omwoyo okw'abakulembeze b'obwakabaka kulina ekifo ekimanyikiddwa eky'okuluɧɧamya abakkiriza, naye teri aluɧɧamya alina buyinza kufuga oba kutegeerera muntu mulala kwagala kwa Katonda gy'ali, mu bintu eby'ogerwako ne mu byawandiikibwa.

Omutume Paulo bwe yamalirira okugenda e Yerusalemu, egimu ku mikwano gye e Kayisaliya gyagezaako okumulemesa okukikola. Nga bamulabula ku buzibu obwamaanyi bwe yali ayolekedde. Paulo bwe yagaana okuluɧɧamya kwabwe n'agenda e Yerusalemu, bakkiriza okusalawo kwe nga bagamba;

> **Bwe twalaba nga tekisoboka kumukkirizisa butagenda, ne tubivaako, ne tugamba nti, "Mukama ky'ayagala kye kiba kikolebwa." (Ebikolwa 21:14)**

Baakimanya nti wadde nga kwali kwagala kwabwe nti aleme kugenda, Paulo yali wa kusalawo okwagala kwa Katonda gy'ali. Kikulu nnyo okumanya eddoboozi lya Katonda ggwe kennyini. Tosobola kwesiga balala kukuluɧɧamya mu bulamu bwo kubanga mu nsi mulimu emyoyo emibi ng'ekigendererwa kyagyo kwe kulimba. Tulabulwa:

> **Abaagalwa, temukkirizanga buli myoyo, naye musookenga okugyetegereza mulabe obanga givudde eri Katonda, kubanga kaakano waliwo bannabbi ab'obulimba bangi mu nsi. (1 Yokaana 4:1)**

Bw'ofuna okuluɧɧamizibwa okuva ew'omuntu omulala, okuluɧɧamizibwa okwo kulina okugezesebwa n'enkola endala ez'okumanya okwagala kwa Katonda nga bwe zikulagiddwa mu ssuula eddako ey'essomo lino.

**OKUKOPEREZA.**

Ebikoppebwa kiragibwa ng'ekimu ku bikolwa eby'omubiri mu Baggalatiya 5:20. Ebikolwa eby'omubiri y'enneyisa embi etasanyusa Katonda.

Okukopereza kwe kwagala okukola abalala kye bakola ob'enkane oba si kyo n'okubasingako. Kiringa ekiva ku mwoyo gw'okulwanyisa era kika kya buggya. Abakkiriza abamu bakoppa okuyitimuka kw'obuweereza bw'abalala mu kifo ky'okunoonya enteeekateeka ya Katonda eri obulamu bwabwe. Teri bakkiriza babiri balina mulimu gwakukola gwe gumu. Omwoyo Omutukuvu ayitira abantu obuweereza obw'enjawulo:

> **Awo bwe baali nga basinza Mukama era nga bwe basiiba, Mwoyo Mutukuvu n'agamba nti, "Munjawulire Balunabba ne Sawulo olw'omulimu gwe mbayitidde. (Ebikolwa 13:2)**

Baibuli eraga nti abakkiriza balina ebirabo eby'enjawulo:

> **Waliwo ebirabo bya ngeri nnyingi, naye Mwoyo abigaba y'omu. Naye Omwoyo akola ebyo byonna y'omu, y'agabira buli muntu ng'Omwoyo oyo bw'ayagala. (1 Abakolinso 12:4, 11)**

Newaakubadde tulagirwa "Okuyayaanira ebirabo ebisinga obulungi," (1 Abakolinso 12:31), "n'okwagala ebirabo by'omwoyo" (1 Abakolinso 14:1), tekitegeeza nti tukoppereze abalala abalina obuweereza obukulu. Peetero bweyakwatirwa obuggya ku buweereza bwa Yokaana, Yesu yagamba:

> **Yesu n'amugamba nti, "Bwe njagala abeerawo okutuusa lwe ndikomawo, ofaayo ki? Ggwe goberera Nze. (Yokaana 21:22)**

Katonda yawa Nuuwa enteekateeka y'eryato, yawa Musa enteekateeka ya Weema, yawa Sulemaani enteekateeka ya Yeekaalu. Nekkemiya yaweebwa enteekateeka y'okuddamu okuzimba bbuggwe wa Yerusaalemu. Katonda takulagidde kuzimba lyato, Yeekaalu oba okuzimba ebisenge bye Kibuga Yerusalemu. Naye Katonda alina enteekateeka ey'enjawulo gy'oli. Bw'ogwa mu kibi ky'okukoppa n'ogeegeenya abalala, ojja kusubwa enteekateeka ye.

Bw'ozimbira obulamu bwo ku bulamu bw'abalala, ozingibwako obuwangwa ate obuwangwa bw'abantu bubbika ku kubikkulirwa okw'omwoyo.

# OKWEGEZAAMU:

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng’oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Ekigambo “Okukopereza” kitegeeza ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Soma ebikuwereddwa bwe biba nga bituufu teekawo “T” ku ntandikwa, ate bwe biba ebikyamu kozesa “F” mu mabanga agalekeddwa.
   a…………………………….. Baibuli esomesa nti kikkirizibwa okunoonya okuluɧɧamya mu ndagu.
   b…………………………….. Bw’oba tosobola kwefunira kuluɧɧamya kuva wa Katonda, tekirina buzibu kutwala kuluɧɧamizibwa kwa balala eri obulamu bwo.
   c……………………………… Olina okukkirizanga buli nnabbi kyakugamba nga kyamazima wamu n’okwagala kwa Katonda eri obulamu bwo.
   d……………………………… Obuwangwa bwa bantu bubikka ku kubikkulirwa kw’obwaKatonda.
   e……………………………… okukuba obulululu n’enkola endala ez’olukisakisa nkola nnungi ez’okumanya okwagala kwa Katonda.
   f……………………………… Baibuli esomesa nti okuteeka ebweru ebyoya by’endiga y’emu ku ngeri ezikakasa okwagala kwa Katonda.
   g…………………………….. Emu ku ngeri esinga obulungi mu kwawula bannabbi b’obulimba ku batuufu kwe kwekkenneenya eneeyisa yaabwe.
   h…………………………….. Obunnabbi obutuufu bulina okuba nga bukkirizigannya n’ekigambo kya Katonda.
   i……………………………….. Obunnabbi ku muntu bulina kuba nga bukakasa bukakasi, so si kulaga kkubo oba okuluɧɧamya.

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA.

Baibuli eraga emboozi z'abasajja ba Katonda ab'amaanyi abaakwata ekkubo ekkyamu kubanga tebaawuliriza ddoboozi lya Katonda. Soma era ofunze by'oyiga ku;

- Kabaka Saulo eyagenda ew'omusamize okuluŋŋamizibwa: 1 Samwiri 28

________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________

- Manase eyeebuuza ku mulogo: 2 Ebyomumirembe 33:16

________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________

- Omusajja wa Katonda ataalagibwa linnya eyawuliriza omusajja eyeeyita nnabbi mu kifo ky'okugondera ekyo Katonda kye yali amugambye akole: 1 Bassekabaka 13

________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________

- Balamu eyawuliriza okuluŋŋamizibwa kw'omuntu omukyamu: Okubala 22

________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________

# ESSUULA EYOOKUTAANO.

## ENKOLA Y'OKWAGALA KWA KATONDA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika ennyiriri enkulu ng'oziggya mu mutwe gwo.
- Okuleetayo amazima amakulu ag'okwagala kwa Katonda.
- Okuzuula ebitundu by'okwagala kwa Katonda ebisatu.
- Okukozesa ekigambo kya Katonda okukola okusalawo mu mbeera z'obulamu.
- Okunnyonnyola enkola y'okwagala kwa Katonda.
- Okuzuula ekifaananyi ky'okukulakulana kw'okugondera okwagala kwa Katonda mu bakkiriza.
- Okweyongera okusoma ku kwagala kwa Katonda okubikkulirwa mu kigambo kye.

**ENNYIRIRI ENKULU:**

**Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo.**

**Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi.**

**Era mu ye mwe twaweerwa obusika ne twawulibwa ng'enteekateeka bw'eri ey'oyo akola ebintu byonna okusinziira ku magezi ag'okwagala kwe. (Abaefeeso 1:9-11)**

**ENNYANJULA.**

Nga tonneekenneenya ngeri Katonda zakozesa okwogera eri omuntu ng'amubikkulira okwagala kwe, olina okuba n'okumanya okukulu okw'okwagala kwa Katonda. Essuula eziwedde zinnyonnyodde amakulu "g'okwagala kwa Katonda" era ne zizuula n'engeri z'okunoonya okuluɧɧamizibwa enkyamu.

Essuula eno ekuleetedde ebituufu ku kwagala kwa Katonda, ennyonnyola ebitundu ebikulu eby'okwagala okwo, yeekeneenya enkola y'okwagala kwa Katonda, era zinnyonnyola okukulaakulana kw'omukkiriza mu kumanya eddoboozi lya Katonda.

**EBITUUFU KU KWAGALA KWA KATONDA.**

Bino by'ebimu ku bituufu ku kwagala kwa Katonda:

**KATONDA AYAGALA OMANYE OKWAGALA KWE.**

Okukkiriza okukusobozesa okumanya eddoboozi lya Katonda kuba ku misingi emituufu ebiri;

**Ogusooka:** Okukkiriza nti Katonda alina enteekateeka gy'oli.

**Ogwokubiri:** Obusobozi bwa Katonda okwogera naawe.

Essuula ebbiri eziddako zinnyonnyola engeri Katonda gyayogeramu n'omuntu. Nga bwe twagambye mu ssomo eriwedde, Katonda ayagala nnyo okwogera n'omuntu, yatuuka n'okukozesa endogoyi okwogera eri nnabbi omu ku lunaku olumu (Okubala 22).

Baibuli eragira:

> **Temubanga basirusiru, naye mutegeere Mukama waffe ky'ayagala. (Abaefeeso 5:17)**

Paulo yawandiikira Abakolosaayi:

> **Noolwekyo, okuviira ddala ku lunaku lwe twawulira ebibafaako, tetulekangayo kubasabira na kubeegayiririra mujjuzibwe okumanya Katonda by'ayagala mu magezi gonna ne mu kutegeera okw'omwoyo. (Abakolosaayi 1:9)**

Mu bikolwa by'Abatume, Paulo yayogera n'omusajja n'agamba:

> **Awo n'aŋŋamba nti, 'Katonda wa bajjajjaffe akulonze otegeere by'ayagala era olabe Omutuukirivu we, era owulire okuyitibwa okuva mu kamwa ke. (Ebikolwa 22:14)**

Okwongereza ku nnyiriri zino, Katonda ataddewo ebisuubizo bingi eby'okuluɧɧamya mu kigambo kye (Ojja kusoma ebimu ku byo oluvannyuma). Okusinziira ku byawandiikibwa bino, Katonda ayagala omanye okwagala kwe.

**OKWAGALA KWA KATONDA KUTEEKETEEKE.**

Katonda akola mu nsi muno okutuukiriza ebintu byonna ng'okwagala kwe bwe kuli:

> **Era mu ye mwe twaweerwa obusika ne twawulibwa ng'enteekateeka bw'eri ey'oyo akola ebintu byonna okusinziira ku magezi ag'okwagala kwe. (Abaefeeso 1:11)**

Katonda alina enteekateeka ey'awamu ey'ensi yonna gy'ali mu kukolako. Eno gye tuyita enteekateeka ye enkulu. Era alina enteekateeka ya buli muntu. Enteekateeka ezo ziggwa mu nteekateeka ensukkulumu ey'okwagala kw'enneyisa.

**OKWAGALA KWA KATONDA KWA BUNTU ERA KWA SSEKINOOMU.**

Okwagala kwa Katonda eri buli muntu kulimu enteekateeka ye ey'okununulibwa:

> **Mukama waffe taludde kutuukiriza ekyo kye yasuubiza ng'abamu bwe balowooza. Wabula ye akyabagumiikiriza, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna beenenye. (2 Peetero 3:9)**

Naye enteekateeka ya Katonda essukawo ku kwagala kwe okusukkulumu n'okwagala kw'enneeyisa. Katonda alina enteekateeka ya buli muntu gy'ayagala okumugamba. Baibuli ekakasa kino okuyita mu mboozi nnyingi eza Katonda ng'akola mu bulamu bw'abantu. Yateeka abantu mu mbeera ez'enjawulo mu biseera byennyini eky'okukoleramu ekintu. Buli mboozi y'obulamu eragibwa mu Baibuli ya njawulo.

Katonda yagamba Nnabbi Yeremiya:

> **Nakumanya bwe nnali sinnakubumba mu lubuto lwa maama wo; nga tonnava mu lubuto n’akutukuza. Nakulonda okubeera nnabbi eri amawanga. (Yeremiya 1:5)**

Ani aliwo okukakasa enteekateeka ya Katonda gy’alina eri omuntu ssekinoomu?

Omutume Peetero bwe yayitirira okulaga okufaayo ku buweereza Yokaana bwe yalina okuba nabwo, Yesu yamugamba:

> **Yesu n’amugamba nti, “Bwe njagala abeerawo okutuusa lwe ndikomawo, ofaayo ki? Ggwe goberera Nze. (Yokaana 21:22)**

Yesu yalina enteekateeka ez’enjawulo ku bulamu bwa Peetero ne Yokaana.

Buli we tutunula mu nsi waliwo okuteekateeka okw’amagezi amangi: Ensengeka za Zisemazinga emmunyeenye, n’ebimuli biraga enteekateeka eno. Olw’ekyokulabirako kino, kye tuva tufundikira nga tugamba nti omutonzi yalina enteekateeka ye eri omuntu, asinga ebitonde bye byonna.

Katonda yasuubiza:

> **Nnaakulagiranga era ne nkuyigiriza ekkubo mw’onootambuliranga; nnaakuwanga amagezi nga bwe nkulabirira. (Zabuli 32:8)**

Ekkubo ly’omuntu liragibwa mu lunyiriri luno.

Zabuli 37, eraga nti amakubo g’omutuukirivu galuɧɧamizibwa Mukama:

> **Mukama bw’asanyukira ekkubo ly’omuntu, aluŋŋamya entambula ye. (Zabuli 37:23)**

Ekigambo ky’ekimu ekikozesebwa “okuluɧɧamizibwa,” mu Zabuli 8:3 kikozesebwa ku mwezi n’emunyeenye Katonda bye yatonda. Bannasayansi ku by’obwengula bawandiise ku ntambula eyeewunyisa ey’ebitonde by’eggulu.

Engeri y’emu esengese entambula ya Zisemazinga, eraga okutambula kw’omukkiriza. Yasuubiza:

> **Bw’olidda ku mukono ogwa ddyo oba ku gwa kkono, amatu go galiwulira eddoboozi emabega wo nga ligamba nti, “Lino ly’ekkubo, litambuliremu. (Isaaya 30:21)**

Katonda taluɧɧamya mu bintu bya bulamu binene byokka, naye buli kkubo.

**OKWAGALA KWA KATONDA SI KKUBO LYA MUNTU.**

Okwagala kwa Katonda kwawukana n’amakubo g’omuntu:

> **Kubanga ebirowoozo byange si birowoozo byammwe era n’amakubo gammwe si ge makubo gange,” bw’ayogera Mukama.**
>
> **Ng’eggulu bwe liri waggulu okukira n’ensi, bwe gatyo amakubo gange bwe gali ewala ennyo n’amakubo gammwe, n’ebirowoozo byange bwe biri eri ebirowoozo byammwe. (Isaaya 55:8-9)**

Okwagala kwa Katonda si ly'ekkubo lye wandironzeeko mu mbeera eya bulijjo. Y'ensonga lwaki kikulu okumanya eddoboozi lya Katonda. Ate tekitegeeza nti okwagala kwa Katonda kuliwo kuleeta nnaku, ng'ensonga eddako bw'egamba:

**OKWAGALA KWA KATONDA KULUNGI:**

Baibuli esomesa nti okwagala kwa Katonda kulungi. Newaakubadde amakubo ge si gewandyagadde okulondako, Katonda amanyi ekisinga obulungi. Zabuli 37:23, eraga nti, onaasanyukiranga nga kkubo eriruŋŋamiziddwa Mukama.

Paulo akakasa nti okwagala kwa Katonda kulungi:

> **So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw'amazima. (Abaruumi 12:2)**

**ENTEEKATEEKA YA KATONDA YEEYONGERAYO.**

Abaefeeso 2:10 alaga, "Tuli bakozi wamu naye." Ekigambo "Tuli" kiri mu kiseera ekiriwo. Katonda yeeyongera buli kiseera okukola mu bulamu bwo, yeeyongerayo mu maaso, ng'enkola ebikkula okwagala kwe.

> **Kubanga Katonda yakolera mu mmwe, era yabaagazisa n'abasobozesa okukola by'ayagala, olw'okumusanyusa. (Abafiripi 2:13)**

Paulo yawandiikira abakkiriza Abaebbulaniya nti kwali kwagala kwa Katonda, oku…

> **Abawe buli kirungi kyonna kye mwetaaga okubasobozesa okukola by'ayagala, era atukozese ebisiimibwa mu maaso ge ng'ayita mu Yesu Kristo. Aweebwenga ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina. (Abaebbulaniya 13:21)**

"Okukola" kiri mu kiseera ekiriwo. Katonda yeeyongera kuluŋŋamya, kukulaakulanya na kwogera naawe ku nteekateeka ye. Osuubiziddwa okwongera okuluŋŋamizibwa:

> **Era Mukama anaakuluŋŋamyanga ennaku zonna... (Isaaya 58:11)**

**EBITUNDU BY'OKWAGALA KWA KATONDA EBIBIRI:**

Bwe twogera ku kumanya eddoboozi lya Katonda, tuteekwa okutegeera nti waliwo ebitundu ebikulu bibiri eby'okwagala kwa Katonda. Buli kitundu kikiriziganya n'ekirala:

**EKISOOKA: OKUBIKKULIDDWA MU KIGAMBO KYE EKYAWANDIIKIBWA.**

Ekitundu ky'okwagala kwa Katonda ekisoose okulagibwa ky'ekyo ekiragibwa mu Baibuli. Mu ssuula ewedde, tunnyonnyodde amakulu ag'emirundi essatu aga "Okwagala kwa Katonda." Tuyize nti waliwo, okusukkuluma okwassekinoomu, n'okwagala kwa Katonda okw'enneeyisa. Byonna biragiddwa ku kifaananyi kino wammanga:

**Okwagala kwa Katonda okusukkulumu.**

*Okwagala kwa Katonda okw'enneeyisa*

*Okwagala kwa Katonda eri ssekinoomu.*

Ng'ekifaananyi bwe kiraga, okwagala kwa Katonda eri ssekinoomu bulijjo kugwa mu kwagala kwe okusukkulumu era okwagala okw'enneyisa kulagibwa mu kigambo kya Katonda. Ekigambo kya Katonda ekyawandiikibwa kiraga okwagala kwa Katonda okw'eneeyisa. Muno mulimu ebiragiro byonna ku bw'olina okubeera. Nga bw'olaba mu kifaananyi, okwagala kwa Katonda okusukkulumu kulimu okwagala kwe ku nneeyisa, okwagala kwe okusukkulumu kwekwo omusajja yenna n'omukazi mwe balina okubeera mu kigera ky'enneeyisa ez'ekigambo kye ekyawandiikibwa.

Ekigambo kye ekyawandiikibwa kirimu ebitundu by'okwagala kwe okusukkulumu kw'asazeewo okutubikkulira era mulimu ekimenyeddwa ekikulu eky'enteekateeka ye enkulu eri ensi wamu n'omuntu.

Ekifunze ky'enteekateeka eno z'ennyiriri enkulu mu ssuula eno:

> **Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo.**
>
> **Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi.**
>
> **Era mu ye mwe twaweerwa obusika ne twawulibwa ng'enteekateeka bw'eri ey'oyo akola ebintu byonna okusinziira ku magezi ag'okwagala kwe. (Abaefeeso 1:9-11)**

Mu kitundu ekya "Okweyongera okusoma" eky'essuula eno, tulaze ebijuliza eby'enjawulo eby'okulabirako by'okwagala kwa Katonda nga bwe kulagibwa mu kigambo kya Katonda.

**EKY'OKUBIRI: OKUTABIKKULIDDWA MU KIGAMBO KYE.**

Ekitundu ky'okwagala kwa Katonda ekyokubiri tekiragibwa mu kigambo kye. Muno mulimu obulamu bwa buli mukkiriza nga ssekinoomu. Ekigambo kya Katonda tekiraga buweereza bwa bulamu bwo oba omulimu gwo, ekkanisa gy'ogendamu, gw'olina okuwasa, gy'olina okubeera n'ebirala. Kyokka ng'ebintu bino byonna bya mugaso, kuba kusalawo nga kuno kw'olina okunoonyeza okwagala kwa Katonda obeere nga osobola okuwulira eddoboozi lye bw'ayogera naawe.

**EBIBIRI BIGERAAGERANYIZIBWA.**

Bw'oyagala okumanya okwagala kwa Katonda okusinziira ku mbeera y'obulamu, sooka olabe oba waliwo okuluŋŋamizibwa okukuweebwa ekigambo kya Katonda. Tekyetaagisa kunoonya "Kwagala kwa Katonda" oba okunoonya okukasibwa kw'okwagala kwa Katonda bw'aba ng'amaze okukyogerako mu kigambo kye.

Weekenneenye bulungi ebyawandiikibwa ku kuluŋŋamizibwa okuba kukuweereddwa. Kiriza ekigambo kya Katonda ng'eddoboozi lya Katonda bwe lyogera naawe. Bw'ogaana okuluŋŋamya Katonda kwakuweeredde mu kigambo kye, awo ogenze eri okulimbibwa.

Mu mbeera nnyingi nga Baibuli ewa ennono enkulu, bw'oba ng'ozitegedde n'ozikola ojja kukola okusalawo okutuukirira mu kwagala kwa Katonda. Ennono zino zikola ku mbeera ez'enjawulo. Okugeza Paulo yagamba:

> **Temwegattanga wamu n'abatali bakkiriza, kubanga nkolagana ki eriwo wakati w'obutuukirivu n'obujeemu, oba kutabagana ki okuliwo wakati w'ekitangaala n'ekizikiza?**
>
> **Kristo atabagana atya ne Beriyali? Oba mugabo ki omukkiriza gw'alina n'atali mukkiriza? (2 Abakolinso 6:14-15)**

Wano Baibuli ewa ennono enkulu nti abakkiriza n'abatali bakkiriza tebalina kweggata. Ennono esobola okukozesebwa mu mbeera z'obulamu ez'enjawulo. Okufumbirwa atali mukkiriza, okukolagana mu byobusuubuzi n'atali mukkiriza, okufuula abatali bakkiriza mikwano gyo egy'okulusegere n'ebirala.

Soma ebyawandiikibwa olabe n'ebyokulabirako ku buzaale ebikola mu mpeera yo. Soma obulamu bw'abali mu Baibuli, olabe okusalawo kwe baakola mu mbeera y'emu oba nga okusalawo okwo kukkiriziganya n'okwagala kwa Katonda.

Ku nsonga okuluŋŋamizibwa we kutalagira mu kigambo kya Katonda, Katonda alina engeri endala z'ayogeramu n'omuntu. Tujja kuzeekenneenya mu ssuula eziddako. Naye jjukira okuluŋŋamizibwa mu mbeera z'obulamu bw'omuntu kulina okukkiriziganya n'ekigambo kya Katonda. Eddoboozi lya Katonda libeera mu kigambo kye. Ekipande kino kifunzizza ebitundu by'okwagala kwa Katonda ebinnyonnyoddwa.

**EBITUNDU BY'OKWAGALA KWA KATONDA.**

| **Okubikkuliddwa** | **Okutabikkuliddwa.** |
|---|---|
| (Ekigambo kya Katonda) | |
| Okwagala kw'enneeyisa wamu n'okusukkulumu<br>Okuli mu kigambo kye. | Bulamu bwa buli mukkiriza ssekinoomu. |
| Mulimu okwagala kwe okukulu eri buli muntu era<br>N'enteekateeka enkulu eri ensi. | Muno mulimu okusalawo okw'enjawulo okugeza;<br>Ku mirimu, obuweereza, gy'obeera, okusoma,<br>Obufumbo, n'okuluŋŋamya ku mbeera endala. |
| Mulimu n'ebisuubizo ebifuga obulamu. | |
| Mulimu ennono enkulu kwetusalirawo. | Okusalawo okumu kusobola okukolebwa omuntu<br>Okusinziira ku nnono enkulu, eby'okulabirako,<br>N'ebiragiro ebiragibwa mu kigambo kya Katonda. |

## ENKOLA Y'OKWAGALA KWA KATONDA.

Essuula esooka ey'olusoma luno etunuulira Abaruumi 12:1-2:

> **Noolwekyo abooluganda mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'omwoyo.**
>
> **So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw'amazima. (Abaruumi 12:1-2)**

Twebuuze ekibuuzo, "Kitegeeza ki n'okwagala kwa Katonda okulungi, okukkirizibwa, okutuukiridde?" kati tugenda kukola ku kibuuzo ekyo, era mu kukikola nga bwe tuzuula enkola y'okwagala kwa Katonda.

### OKWAGALA KWA KATONDA OKUTUUKIRIDDE.

Okwagala kwa Katonda okutuukiridde kumalirizibwa ng'omukkiriza akkiriziganya n'enneeyisa, obusukkulumu n'okwagala kwa Katonda okwa ssekinoomu mu bulamu bwe.

Omukkiriza akkiriza enteekateeka ya Katonda ensukkulumu ku lw'obulokozi bwe okuyita mu kuzaalibwa okupya. Akiriziganya n'ebiragiro by'empisa eby'ekigambo kya Katonda, era asazeewo okuluŋŋamizibwa Katondamu nteekateeka ey'obulamu bwe.

### OKWAGALA KWA KATONDA OKULUNGI.

Mu kwagala kwa Katonda okulungi, omukkiriza tali mu nteekateeka etuukiridde ey'obulamu bwe naye mu kwagala kwa Katonda okusukkulumu wamu n'enneeyisa. Talemye kugondera kwagala kwa Katonda kw'abikkula, akyanoonya azuule enteekateeka ya Katonda eri obulamu bwe ssekinoomu.

### OKWAGALA KWA KATONDA OKUKKIRIZIBWA.

Omukkiriza ono avudde mu kwagala kwa Katonda okutuukiridde eri obulamu bwe naye ng'akyali mu kitundu kye kimu ekikkirizibwa. Ali mu kwagala kwa Katonda okwa kyetwala. Ayinza n'obutafaayo ku kwagala kwa Katonda okutuukiridde eri obulamu bwe. Katonda amuganyiza okubeera mu kitundu kino, newaakubadde nga si kwe kwagala kwa Katonda okutuukiridde gy'ali.

### OBUTABA MU KWAGALA KWA KATONDA.

Omukkiriza ali mu mbeera eno oyo aba buteerevu mu butagondera kwagala kwa Katonda okubikkuliddwa.

## EKYOKULABIRAKO OKUVA MU BYAWANDIIKIBWA.

Emboozi ya Balamu eri mu Kubala 22 eggyayo engeri zino ez'okwagala kwa Katonda. Soma emboozi eyo nga tonneyongerayo na ssomo lino. Abamu ku basajja b'e Mowaabu baasaba nnabbi wa Katonda ayitibwa Balamu bagende naye alagule eri abantu ba Katonda, Isirayiri. Katonda n'ayogera ne Balamu n'amugaana okugendayo:

**Naye Katonda n'agamba Balamu nti, "Togenda na bantu abo. Abantu bali tekikugwanidde kubakolimira, kubanga baaweebwa omukisa. (Okubala 22:12)**

Kwali kwagala kwa Katonda okwaddala okugaana Balamu okugenda n'abasajja b'e Mowaabu. Naye Balamu n'atagondera ddoboozi lya Katonda n'agenda nabo. Mu kugenda kwe yali akolera mu butagonda ekitaali kwagala kwe yali abikkuliddwa okwa Katonda.

Katonda yayagala nnyo Balamu amanye okwagala kwe kye yava akozesa endogoyi okwogera gy'ali wamu n'okumulumiriza olw'ekibi kye yalimu. Oluvannyuma Katonda yaganya Balamu okweyongerayo n'abasajja b'e Mowaabu ku biragiro nti yalina okuwa Isirayiri omukisa so si kubakolimira. Omulundi guno Balamu yali akolera mu kwagala kwa Katonda.

Olugendo lwafundikira lumusisinkanyiza omusajja ayitibwa Balaka. Bino byonna byandyewaliddwa singa Balamu yali agondedde eddoboozi lya Katonda n'atagenda mu kusooka. Kaakano sengeka emboozi eno mu kifaananyi kya "Enkola y'okwagala Katonda," Okwagala kwa Katonda okutuufu kwali kwa Balamu butagenda na basajja b'e Mowaabu. Balamu teyagonda n'atambulira ebweru w'okwagala kwa Katonda. Yali mu butagondera ddoboozi lya Katonda. Okwagala kwa Katonda okukkirizbwa oba okw'eddembe kwaganya Balamu okugenda mu maaso n'olugendo newaakubadde nga tekwali mu kwagala kwa Katonda gy'ali.

**OKUTAMBULIRA MU KWAGALA.**

Ng'ogoberera embeera y'obulokozi obujja olw'okwagala kwa Katonda, obuvunaanyizibwa bw'omukkiriza kwe kutambulira mu kwagala kwa Katonda n'emirembe. Enkola y'omukkiriza okugondera okwagala kwa Katonda erowoozeddwako mu kifaananyi kino wammanga.

**Okutambulira mu kwagala kwa Katonda.**

**Ekifaananyi ekisooka.**





Mu kifaanayi ekyo waggulu, okwagala kwa Katonda, kukiikiriddwa akasaze akawanvu akatakutuddwami (_____________). Entambula y'omuntu mu kwagala kwa Katonda ekiikiriddwa akabonero akasonga.

Ng'omuntu tannazalibwa mulundi gwakubiri yeetambulira nga bw'ayagala mu ngeri eyawakanira ddala ku kwagala kwa Katonda. Olwo bw'amala okuddamu okuzaalibwa, omukkiriza ebiseera ebisinga aba asuubira okutambula obulungi mu kwagala kwa Katonda. Kubanga kitonde kijja mu Kristo, asuubira okukolera ddala ekyo Katonda kyayagala. Naye mu mazima ag'obulamu bwa bulijjo, enkula y'okukola okwagala kwa Katonda erabikira ddala nga eno:

**Okutambulira mu kwagala.**

**Ekifaananyi eky'okubiri**

Ng'ozaaliddwa omulundi ogw'okubiri→→→→→  n'awanika.

Mu kifo ky'okutambulira ddala mu kwagala kwa Katonda, omukkiriza atambula mu ngeri y'okuba ng'ayambuka bw'akkirira. Oluusi awulira eddoboozi lya Katonda n'akola okwagala kwe oluusi n'atakukola. Olw'okuba nti amalibwamu amaanyi olw'ensobi yonna gy'aba akoze olw'obutakola kwagala kwa Katonda. Abamu bawanikira ddala mu kweyongerayo okuwuliriza eddoboozi lya Katonda.

Naye era ddamu otunuulire ekifaananyi kino. Twerabidde ekintu eky'omugaso ennyo. Omukkiriza ono ebiseera ebimu kituufu ayinza okuva mu kwagala kwa Katonda, naye manya nti entambula esinga mu bulamu eragibwa n'obubonero obwambuka. Newaakubadde oluusi ava mu kwagala kwa Katonda kuno, ebiseera ebisinga aba mu kkwo ng'alagibwa nti yeyongera mu maaso.


Akasaze akakutulekutule kalaga engeri gy'avaako mu kwagala kwa Katonda ate n'amala n'akitegeera, olw'ebyo byayitamu olwo n'akomawo mu nteekateeka ya Katonda. Okuyita mu kulemererwa wamu n'obuwanguzi, omukkiriza ayiga okuwuliriza eddoboozi lya Katonda. Okuyita mu byayitamu ebirungi n'ebibi, yeeyongera mu kukula n'okitegeera ennono z'obulamu obuluɧɧamizibwa Katonda.

Okwagala kwa Katonda bwe kutwalibwa mu ngeri bw'eti, efuuka enkolagana ey'okununulibwa kwe esaanidde okutambuliramu. Okwagala kwa Katonda kuba tekukyali kakwakulizo oba etteeka, kufuuka kwakusoomooza gy'oli osobole okuyiga okutereeza obulamu bwo mu nteekateeka ye.

**EKYOKULABIRAKO KYA BAIBULI.**

Twala eky'okulabirako kya Kabaka Daudi, mu bulamu bwe obwasooka, ekifaananyi ky'okukola okwagala kwa Katonda kirabika kyandirabiseeko bwe kiti:

**Okwagala kwa Daudi eri okwagala kwa Katonda.**

→→→→→  →→→→→→

Daudi nga yakafuuka Kabaka, yatambula ng'agondera okwagala kwa Katonda. Katonda yamuyita n'omusajja alina omutima ogumunoonya. Naye Daudi yayonoona n'omukazi w'omusajja omulala gwe yazaalamu omwana emmomboze.

Kino kyali kikontanira ddala n'ekigambo kya Katonda ekyawandiikibwa. Daudi kye yava ajja mu maaso ga Katonda n'okwennenya, era n'asonyiyibwa, era n'akomawo mu kwagala kwa Katonda.

Nga twekkaanya engeri Katonda gy’ayogeramu n’abantu mu ssuula eziddako, kuuma ekifaananyi eky’okubiri mu ndowooza yo y’enkola ey’okugondera okwagala kwa Katonda esingira ddala obukulu.

Okuyita mu mbeera z’okuyiga okumanya eddoboozi lya Katonda, mu bubi ne mu bulungi, osobola okweyongerayo okufuna obusobozi bw’okuzuula okwagala kwa Katonda okutuukiridde. Weeyongere okuyaayaanira okugonda wadde nga oluusi wabaawo okulemererwa, towanikanga.


# OKWEGEZAAMU:

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
2. Maliriza sentensi eno ng'ojjuzaamu ebigambo ebibuukiddwa mu mabanga agalekeddwa.

Ebiti ebiri eby'okwagala kwa Katonda ebinnyonnyoddwa mu ssuula eno, by'ebyo ebyabikkulwa mu…………………………………….. n'ebyo ebitabikkulwa mu……………………… ………………………………………

3. Wa ennono ya Baibuli etuukana n'embeera zino wammanga:
   "Ndi mu mukwano n'omusajja atali mulokole, wa kisa, afaayo era alina empisa ennungi. Wadde nga ndi mukkiriza ye ky'atali, yagamba nti talina buzibu njakusigala nga ŋenda ku kkanisa nga tumaze okufumbiriganwa era naye olwo ajja kutandika okugenda nange. Nsaba okwagala kwa Katonda kukolebwe mu nsonga z'obufumbo buno obusuubirwa."

   Enono ya Baibuli ekola wano y'eya:
   ……………………………………………………………………………………………………………………………..
4. Leetayo amazima ku kwagala kwa Katonda ga mirundi mukaaga agannyonnyoddwa mu ssuula eno.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
5. Enjogera eno ntuufu oba nkyamu: Katonda bw'aba akubikkulidde okwagala kwe ku nsonga yonna okuyita mu kigamb kye, oteekeddwa okwongera okumunoonya ofune okukakasibwa okuva gy'ali. Enjogera…………………………………………………………………………………………………………
6. Kifaananyi ki ku bino ekituufu ddala ekiggyayo obulamu bw'omukkiriza mu kugondera okwagala kwa Katonda:
   Ekifaananyi A

   **Okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri** -→→→→  →→→→

   Ekifaananyi B.

   Okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri →→→→→→→→

7. Bitundu ki ebina ebiragibwa mu nkula ey'okwagala kwa Katonda mu ssuula eno?

……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA.

Waliyo ennono enkulu n'ebyokulabirako mu kigambo kya Katonda mw'oyita okutegeeza omuntu okwagala kwe. Waliyo n'ebiragiro ebiri mu kigambo kya Katonda ebiraga okwagala kwe mu ngeri ez'enjawulo. Muno mulimu ebisuubizo n'ebiragiro byonna ebiri mu Baibuli. Mu nnyiriri ezimu, Katonda akyogera kaati. Alagira ddala nti "Kuno kwe kwagala gy'oli…" Ebijuliza bino bikuweereddwa naawe weeyongere okusoma. Osobola naawe okwongera kwo bw'oba osoma ekigambo kya Katonda.

Bintu ki Katonda by'akubikkulidde nga okwagala kwe gy'oli? Soma ebijjuliza bino:

**ENTEEKATEEKA YE GY'OLI:**

> **Kubanga Kitange ky'ayagala kye kino nti buli alaba Omwana we n'amukkiriza afuna obulamu obutaggwaawo ku lunaku olw'enkomerero. (Yokaana 6:40)**
>
> **Eyantuma ky'ayagala kye kino: Ku abo be yampa nneme kubulwako n'omu wabula bonna mbazuukize ku lunaku olw'enkomerero. (Yokaana 6:39)**
>
> **Buli muntu Kitange gw'ampa alijja gye ndi, era buli ajja gye ndi sirimugobera bweru. (Yokaana 6:37)**
>
> **Kristo oyo eyeewaayo ku lw'ebibi byaffe, alyoke atununule mu mulembe guno omubi ng'okwagala kwa Katonda, era Kitaffe bwe kuli. (Abaggalatiya 1:4)**
>
> **Olw'okwagala kwe, yatuteekateeka tubeere abaana be mu Yesu Kristo, ng'okusiima kwe bwe kuli. Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo.**
>
> **Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi.**
>
> **Era mu ye mwe twaweerwa obusika ne twawulibwa ng'enteekateeka bw'eri ey'oyo akola ebintu byonna okusinziira ku magezi ag'okwagala kwe. (Abaefeeso 1:5, 9-11)**
>
> **Yalondawo ku bubwe yekka okutuzaala, ng'ayita mu kigambo eky'amazima, tulyoke tubeere ng'abaana be ababereberye mu lulyo lwe oluggya. (Yakobo 1:18)**

**OKWAGALA KWE ERI ABO BOYAGALA:**

> **Mukama waffe taludde kutuukiriza ekyo kye yasuubiza ng'abamu bwe balowooza. Wabula ye akyabagumiikiriza, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna beenenye. (2 Peetero 3:9)**

**OKWAGALA KWE KU KUTUKUZIBWA KWO:**

> **Kubanga Katonda ayagala mutukuzibwe, era mwewalenga obwenzi. (1 Abassessaloniika 4:3)**

**OKWAGALA KWE KU KUSABA N'OKWEBAZA:**

> **Musabenga obutayosa.**
>
> **Mwebazenga olwa buli kintu kyonna, kubanga ekyo Katonda ky'abaagaliza mmwe abali mu Kristo Yesu. (1 Abassessaloniika 5:17-18)**

**Era ndikuwa ebisumuluzo by'obwakabaka obw'omu ggulu; era kyonna ky'onoosibanga ku nsi, ne mu ggulu kinaasibwanga, na buli ky'onoosumululanga ku nsi, ne mu ggulu kinaasumululwanga. (Matayo 16:19)**

**OKWAGALA KWE KU BULAMU BWO:**

**Kubanga Katonda asiima mukolenga ebirungi, mulyoke musirisenga abantu abasirusiru era abatalina kye bamanyi. (1 Peetero 2:15)**

**OKWAGALA KWE GY'OLI KU BY'OMWOYO OMUTUKUVU:**

**Olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, ndifuka Omwoyo wange ku balina omubiri bonna. Batabani bammwe ne bawala bammwe baliwa obunnabbi; n'abavubuka bammwe balyolesebwa,**

**n'abakadde baliroota ebirooto.**

**Mu biro ebyo ndifuka Omwoyo wange, ku baweereza bange abasajja n'abakazi; baliwa obunnabbi. (Ebikolwa 2:17-18)**

**OKWAGALA KWE KU KUBUULIRA KWO KU BUKRISTAAYO:**

**Yesu n'abagamba nti, "Mujje mungoberere nange ndibafuula abavubi b'abantu. (Makko 1:17)**

**Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

**OKWAGALA KWE ERI ABAANA N'ABO ABATO MU KRISTO:**

**Kale bwe kityo ne Kitammwe ali mu ggulu tasiima kulaba ng'omu ku bato bano ng'azikirira. (Matayo 18:14)**

**OKWAGALA KWE MU KUBONAABONA:**

**Noolwekyo abo ababonaabona olw'okutuukiriza ekyo Katonda ky'ayagala, basaanidde okuwaayo obulamu bwabwe eri Katonda waabwe omwesigwa, bakole obulungi. (1 Peetero 4:19)**

**OKWAGALA KWE KU BINTU BYE TULINA:**

**Naye musooke munoonye obwakabaka bwa Katonda n'obutuukirivu bwe, ebyo byonna mulibyongerwako. (Matayo 6:33)**

**Mugabenga nammwe muliweebwa. Ekigera ekirungi ekikattiddwa, ekisuukundiddwa, eky'omuyiika kiribakwasibwa. Kubanga ekigera kye mugereramu nammwe mwe muligererwa. (Lukka 6:38)**

**OKWAGALA KWE MAGENDA GO AGOOLUBEERERA:**

**Kitange, bano be wampa njagala mbeere nabo we ndi balyoke bategeere ekitiibwa kyange kye wampa kubanga wanjagala, ng'ensi tennatondebwa. (Yokaana 17:24)**

# ESSUULA EYOOMUKAAGA.

## ENGERI KATONDA GY'AYOGERA N'OMUNTU.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okuleetayo engeri ez'enjawulo Katonda zayogeramu n'omuntu.
- Okumanya nti Katonda taliiko kkomo mu busobozi bwe obwokwogera n'omuntu.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Temubanga basirusiru, naye mutegeere Mukama waffe ky'ayagala. (Abaefeeso 5:17)**

**ENNYANJULA.**

Nga bwetwayogedde mu nnyanjula y'olusoma luno, Baibuli ky'ekyafaayo ky'engeri Katonda ze yawuliziganyanga n'omuntu n'okuddamu kw'omuntu eri eddoboozi lya Katonda. Essuula eno yeekenneenya ebiri mu Baibuli okuzuula engeri Katonda gy'ayogeramu n'omuntu.

**EKIGAMBO EKYAWANDIIKIBWA.**

Nga bwe twayize mu masomo agayise, Katonda ayogera n'omuntu okuyita mu kigambo kye ekiwandiike. Katonda tayagala kwogera naawe ku bintu ebyabikkulirwa edda mu byawandiikibwa. Katonda akozesa engeri endala okwogera, tezirikontana na Kigambo kye ekyawandiikibwa.

**ESSAALA.**

Waliwo ebyokulabirako bingi mu Baibuli nga Katonda ayogera mu ssaala. Okusaba n'okusiiba (Okubaawo nga tolya mmere ku lw'ensonga z'omwoyo) kyaviraako Katonda okwogera ne Paulo wamu ne Balunnaba.

**Awo bwe baali nga basinza Mukama era nga bwe basiiba, Mwoyo Mutukuvu n'agamba nti, Munjawulire Balunabba ne Sawulo olw'omulimu gwe mbayitidde.**

**Awo bwe baamala okusaba n'okusiiba, ne bassa emikono gyabwe ku Balunabba ne Sawulo, ne babasiibula ne bagenda. (Ebikolwa 13:2-3)**

Essaala era ebeeramu okusaba kw'okutuukirizibwa kw'okwagala kwa Katonda ku nsi. Yesu yayigiriza abagoberezi be okusaba:

**Obwakabaka bwo bujje. By'oyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu ggulu. (Matayo 6:10)**

Yesu yasooka kusaba kuluŋamizibwa kwa Katonda nga tannalonda bagoberezi be:

**Awo olwatuuka mu nnaku ezo, Yesu n'alinnya waggulu ku lusozi okusaba, n'asaba ekiro kyonna eri Katonda.**

**Obudde bwe bwakya, n'ayita abayigirizwa be n'abalondako kkumi n'ababiri, n'abafuula abatume. Amannya gaabwe ge gano. (Lukka 6:12-13)**

Yesu yasaba okwagala kwa Katonda nga tannafa:

**Kitange, obanga kwe kusiima kwo ekikompe kino kinzigyeko. Naye si nga Nze bwe njagala, wabula ky'oyagala kye kiba kikolebwa. (Lukka 22:42)**

## ABABUDAABUDA.

Katonda awuliza okwagala kwe okuyita mu babudaabuda Abakristaayo. Waliwo ebyokulabirako bingi mu Baibuli eby'abantu abanoonya okuluɧamizibwa okuva ew'abasajja ba Katonda.

Baibuli egamba:

**Awatali kuluŋŋamizibwa eggwanga lidobonkana, naye abawi b'amagezi abangi baleeta obuwanguzi. (Engero 11:14)**

**Ekkubo ly'omusirusiru ddungi mu kulaba kwe ye, naye omugezi assaayo omwoyo ku magezi agamuweebwa. (Engero 12:15)**

## EMBEERA EZIBAAWO.

Katonda abuulira enteekateeka ye okuyita mu mbeera ez'enjawulo. Eky'okulabirako ekimu ekisinga okuba ekirungi eky'endagaano enkadde ky'ekyobulamu bwa Yusuufu ekiragibwa mu Oluberyeberye 37-50

Baganda ba Yusuufu baamutunda mu buddu e Missiri naye ye yakirabanga kuluɧɧamizibwa kwa Katonda.

**Naye kaakano temuggwaamu mwoyo, oba temwekubagiza olw'okuntunda wano, kubanga Katonda yantuma mbasookeyo nsobole okuwonya obulamu. 6 Kubanga enjala ebadde mu nsi okumala emyaka gino ebiri; era wakyaliyo emirala etaano egitalibaamu kulima wadde okukungula.**

**Era Katonda yantuma mbasookeyo mbakuumire abalisigalawo ku nsi; ndyoke mbawonyezeewo abantu abangi ennyo mu ngeri ey'ekitalo.**

**Noolwekyo si mmwe mwansindika wano, wabula Katonda; era anfudde kitaawe wa Falaawo, era mukama w'ennyumba ye era omufuzi w'ensi yonna ey'e Misiri. (Oluberyeberye 45:5-8)**

Awaali embeera Yusuufu ze yali tayinza ng'omuntu, yakozesebwa Katonda okutaasa obulamu bw'enkumi n'enkumi z'abantu mu biro by'enjala ey'amaanyi.

Paulo yawandiika ebigmbo ebirungi mu 1 Basessaloniika 2:18. Yategeeza abakkiriza b'e Ssesaloniika nga bwe yali aziyizibwa Sitaani okubakyalira. Yali tasobola kugenda gyebali n'awandiikira e kkanisa y'e Ssessaloniika. Okuziyizibwa Sitaani kwaviirako okuwandiika ekitabo kya 1 Abassessaloniika nga n'obubaka obukulu Paulo bwe yawandiika bwali bw'amaanyi nnyo okusinga bwe bwandibadde ng'akyadde. Bukozeseddwa mu byasa eby'enjawulo nga bigasa nnyo abakkiriza.

Tewali kibaawo nga Katonda tamanyi. Embeera ne bwe zizibikira ekyo kyoyinza okuyita okwagala kwa Katonda, Katonda asigala afuga. Katonda asobola okuggyawo buli kintu kyonna ka kibeere nga Sitaani oba omuntu, n'akikozesa okutuukiriza ekiruubirirwa kye. Tulina ekisuubizo kya Katonda ekyewunyisa ekikwata ku mbeera:

> **Era tumanyi nga eri abo abaagala Katonda, era abo abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna bibatuukako olw'obulungi. (Abaruumi 8:28)**

(Ekigambo ekimu ekirabula: waliwo okulabula ku kutwala embeera zokka ng'oteebereza okwagala kwa Katonda. Okugeza Katonda yagamba nnabbi ayitibwa Yona okugenda okubuulira e Nineve. Bwe yatuuka ku lubalama lw'ennyanja, waaliwo eryato erigenda e Talusiisi. N'agenda n'eryato eryo mu kifo ky'okugenda e Nineve. Yandiba nga yagamba nti, "waliwo akasenge ku lyato akeggulira ku ludda olulala era kwandibanga kwe kwagala kwa Katonda nsobole okugenda)

Embeera z'obulamu ziteekwa okulabibwa mu ngeri ya Katonda gye yeebikkulira okuyita mu ngeri endala.

Katonda yali yayogedde dda ne Yona ku kwagala kwe. Yona n'ayingizaawo embeera ze okutuukiriza bye yali yeeyagaliza.

**ENZIGI ENZIGULE N'ENZIGALE.**

Embeera z'obulamu zireeseewa kye tuyinza okuyita, "Enzigi enzigule n'enzigale?" Paulo yawandiikira Abakolinso:

> **Kyokka ŋŋenda kubeera mu Efeso okutuusa ku Pentekoote.**
>
> **Kubanga ddala oluggi lw'Enjiri lunziguliddwawo, newaakubadde ng'eriyo bangi abampakanya. (1 Abakolinso 16:8-9)**

Paulo yasalawo okusigala mu Efeeso kubanga okuyita mu mbeera ezaateekebwawo Katonda, waliwo omukisa ogw'amaanyi ogw'okuweereza eri Abakristaayo ogwali gugguliddwawo. Ye kino yakiyita oluggi oluggule. Omulundi ogw'okubiri Paulo yawandiika ku kwagala kwe yalina eri okuweereza mu bitundu ebirala, naye enzigi zaali nzigale:

> **Pawulo ne banne ne batambula ne bayita mu nsi y'e Fulugiya n'e Ggalatiya kubanga Mwoyo Mutukuvu yali abaziyizza okugenda mu Asiya okubuulirayo Ekigambo.**
>
> **Bwe baatuuka e Musiya ne bagezaako okugenda Bisuniya, naye Mwoyo wa Yesu n'atabakkiriza. (Ebikolwa 16:6-7)**

Oluggi oluggale tekitegeeza nti tokoze kwagala kwa Katonda. Tekitegeeza nti si kwagala kwe okukola ekintu kyonna. Oluvannyuma Paulo yabuulira enjiri mu Asiya. Katonda akuluɧɧamya ng'aggalawo enzigi.

Akola okuyita mu kuggalawo wamu n'okuggulawo enzigi. Oluusi oluggi luggalwa kubanga si ky'ekiseera ky'enteekateeka ya Katonda. Oluvannyuma oluggi olwo luyinza okweggula gy'oli.

**MALAYIKA.**

Luti yaluɧɧamizibwa Malayika ezajja mu maka ge e Sodomu. Yalagirwa okufuluma Sodomu kubanga okulamulwa kwa Katonda kwali kugenda kugwa ku kibuga (Oluberyeberye 19). Malayika yayogera eri Firipo agende e Samaliya (Ebikolwa 8:26). Okuzaalibwa kwa Yokaana omubatiza ne Yesu byalangirirwa Malayika (Lukka 1)

Mu Baibuli mulimu ebitundu bingi ebiraga nga Malayika zibuulira abantu okwagala kwa Katonda. Ojja kwezuulira naawe ebyokulabirako ebibyo bw'onooba weesomera ebyawandiikibwa.

**EBYAMAGERO:**

Ekyamagero ky'ekikolebwa ekisukkuluma ku bintu ebyabulijjo omuntu ky'aba tasobola kukola mu maanyi ge. Katonda yayogerera mu byamagero ebiragibwa mu bitundu ebya 1 Bassekabaka 18. Nnabbi Eriya yalagira abantu bakume ekyoto mu maaso ga Mukama. Eriya yateekateeka ekyoto n'akaaba.

> **Mu kiseera eky'ekiweebwayo eky'akawungeezi, nnabbi Eriya n'asembera mu maaso n'asaba nti, "Ayi Mukama, Katonda wa Ibulayimu, owa Isaaka ne Isirayiri, olwa leero kimanyibwe nti ggwe Katonda mu Isirayiri, era nti nze muddu wo, era nkoze ebintu bino byonna olw'ekigambo kyo.**
>
> **Omuliro gwa Mukama ne gulyoka gugwa ne gwokya ekiweebwayo, n'enku, n'amayinja, n'ettaka, ne gumalirawo ddala n'amazzi mu lusalosalo.**
>
> **Awo abantu bonna bwe baakiraba, ne bavuunama ne bakaaba nnyo nga bagamba nti, "Mukama, ye Katonda! Mukama, ye Katonda (1 Bassekabaka 18:36, 38-39)**

Katonda yakozesa ebyamagero okwogera n'abantu abaali basinza ebifaananyi n'abeeraga nga Ye Katonda omutuufu era omulamu.

Katonda era alaze okwagala kwe ng'ayita mu byamagero ku bitonde, empagi y'omuliro n'ekire ky'omubbanga ebyaluɧɧamya eggwanga lya Isirayiri mu biro n'emisana nga batambulira mu ddungu:

> **Emisana Mukama yabakulemberanga ng'ali mu mpagi ey'ekire okubalaga ekkubo, n'ekiro ng'ali mu mpagi ey'omuliro okubamulisiza, balyoke batambulrenga emisana n'ekiro.**
>
> **Empagi ey'ekire ey'emisana, n'empagi ey'omuliro ey'ekiro tezaggibwawo mu maaso g'abantu obudde bwonna. (Okuva 13:21-22)**

Osobola okulaba n'ebyokulabirako ebirala bingi mu Baibuli Katonda byeyakozesa okwogera n'abantu ng'ayita mu byamagero. Byenoonyeze nga bw'osoma Baibuli.

**EBIROOTO.**

Katonda ayagala nnyo okwogera naffe ekimuleetera n'okwogera nga twebase! Katonda ayogerera mu birooto. Bino si byebirooto buli muntu byafuna. Birooto ebisukkulumu Katonda by'awa. Birambulukufu nnyo, ku nsonga ey'enjawulo era biraga okwagala kwe.

Bino wammanga by'ebimu ku by'okulabirako ebyomu Baibuli:

- Katonda yalabula Abimeleki ku lw'ekibi ky'okutwala mukyala wa Ibulayimu Salaayi. Oluberyeberye 20:3
- Malayika yayogera ne Yakobo mu kirooto okumujjukiza ekirayiro kye ewa Katonda. Oluberyeberye 31:11-13
- Katonda yakozesa ebirooto okulaga Yusuufu okwagala kwe. Oluberyeberye 37
- Katonda yalabikira Sulemaani mu kirooto n'amuwa omukisa gw'okusaba buli kye yayagala. 1 Bassekabaka 3:5
- Ekirooto kye kyakozesebwa okuluŋŋamya abasajja abagezigezi okusobola okudda mu nsi yaabwe nga bakozesa ekkubo eddala olwa Kabaka omukyamu. Matayo 2:12-13

Bino by'ebimu ku byokulabirako ebitonoto ebiraga engeri Katonda gye yayogerangamu okuyita mu birooto osobole naawe okwongera okuzuula eby'okulabirako ebirala bw'onooyongera okusoma n'okuluŋŋamizibwa kuno ku kigambo kya Katonda.

**OKWOLESEBWA.**

Okwolesebwa kwefaananyiriza ekirooto naye enjawulo eri nti; wano oba teweebase. Kulinga kuba na kirooto naye nga teweebase. Okwolesebwa kusobola okulabibwa amaaso ag'omwoyo oba ag'omubiri. Kino kitegeeza nti osobolera ddala okukiraba n'amaaso go naye Katonda n'akuwa ekifaananyi ky'ekintu mu mwoyo gwo.

Bino wammanga by'ebimu ku by'okulabirako by'okwolesebwa ebyakozesebwa Katonda okwogera eri omuntu mu Baibuli:

- Katonda yalabikira Ibulayimu mu kwolesebwa n'amuwa ekisuubizo ekinene. Oluberyeberye 15
- Ekitabo kya Danyeri kijjudde okwolesebwa (wamu n'ebirooto). Katonda yabikozesa okubaako by'alaga ku biribaawo mu nsi eyomumaaso. Yayogera ne bannabbi bangi ab'endagaano enkadde ng'ayita mu kwolesebwa.
- Katonda yayogera ne Peetero mu kwolesebwa ku bwetaavu obw'okutuusa enjiri eri bannamawanga. Ebikolwa 10
- Katonda yayitira Paulo mu kwolesebwa agende e Masedoniya. Ebikolwa 16:9
- Katonda yayogera ne Paulo ekiro ng'ayita mu kwolesebwa. Ebikolwa 18:9-10
- Ekitabo ekisembayo mu Baibuli, eky'okubikkulirwa kisinzidde ku kwolesebwa kwa Yokaana.

**EDDOBOOZI ERIWULIRWA.**

Katonda yayogera ne Paulo mu ddoboozi eriwulirwa obulungi nga ali mu lugendo lwe olw'e Damasiko. Osobola okusoma emboozi eno mu Ebikolwa 9.

> **N'agwa wansi, n'awulira eddoboozi nga limugamba nti, "Sawulo! Sawulo! Onjigganyiza ki?"**
>
> **Sawulo n'abuuza nti, "Ggwe ani, Mukama wange?" Eddoboozi ne limuddamu nti, "Nze Yesu gw'oyigganya. (Ebikolwa 9:4-5)**

Katonda yayogera ne Samwiri mu ddoboozi eriwulirwa:

> **Mukama n'ajja nate, n'amukoowoola ng'olubereberye nti, "Samwiri! Samwiri!" Samwiri n'addamu nti, "Yogera, Ayi Mukama kubanga omuweereza wo awulira. (1 Samwiri 3:10)**

Baibuli ejjudde okulangirira, "awo Katonda n'agamba ," oba okujuliza nti Katonda "Yayogera" oba "nalagira." Ebiseera ebisinga lino lyali ddoboozi eriwulirwa. Naye era waliyo eddoboozi eddala Katonda mwayogerera:

**EDDOBOOZI LY'OMUNDA ERY'OMWOYO OMUTUKUVU.**

Ebiseera ebisinga ku ddoboozi eriwulirwa Katonda akozesa eddoboozi ly'omunda ery'Omwoyo Omutukuvu okwogera n'omuntu. Kino kiyitibwa "Okuluɧɧamizibwa Omwoyo Omutukuvu."

**kubanga abo bonna abakulemberwa Omwoyo wa Katonda be baana ba Katonda. (Abaruumi 8:14)**

Okubeera ng'okulemberwa Omwoyo Omutukuvu kiraga nti obulamu bw'omwoyo bw'abo abaluɧɧamizibwa. Omwoyo ogufiiridde mu mubiri, ogutalina bulamu bwa mwoyo, tegusobola kukulemberwa Mwoyo Mutukuvu. Okuba ng'okulembererwa Mwoyo Mutukuvu kitegeeza nti tokyalina busobozi bwa kweruɧɧamya. Ky'oyize mu ssuula eziwedde ky'ekituufu.

Bw'ofuna okuzaalibwa okujja okw'obulokozi, Katonda akuwa omwoyo omuggya awuliriza by'ayogera.

> **Ndibawa omutima omuggya era ne nteeka n'omwoyo omuggya mu mmwe. Ndibaggyamu omutima ogw'ejjinja ne mbawa omutima ogw'ennyama.**
>
> **Era ndibawa Omwoyo wange alibakubiriza okugoberera ebiragiro byange n'okukuuma obulungi amateeka gange. (Ezeekyeri 36:26-27)**

Bw'oba okulemberwa Omwoyo Omutukuvu, okwagala kwa Katonda kubikkulirwa omwoyo gwo okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. Obumu ku buweereza bw'omwoyo kwe kuluɧɧamya.

> **Naye Omwoyo ow'amazima, bw'alijja alibaluŋŋamya mu mazima gonna, kubanga, taliyogera ku bubwe, wabula anaabategeezanga ebyo by'awulira. Anaababuuliranga ebigenda okubaawo. (Yokaana 16:13)**

Omwoyo w'omuntu "y'oyo omuntu abeera yakuweebwa mu mutima munda" ayogerwako Peetero (1 Peetero 3:4). Katonda bw'ayogera n'omuntu w'omunda, aba ayogera eri omwoyo wo. Omuwandiisi w'engero yagamba nti omwoyo w'omuntu y'ettabaaza, oba ettaala ya Mukama:

> **Ettabaaza ya Mukama ekebera omwoyo gw'omuntu, n'enoonya mu bitundu eby'omunda ennyo. (Engero 20:27)**

Mu nsi ey'omubiri, ettabaaza eyambako okulaba ku kizikiza. Mu nsi ey'omwoyo, Katonda akozesa ettabaaza y'omwoyo wo okuluɧɧamya ebigere byo eri okwagala kwe. Agyakisa era n'akuluɧɧamya okuyita mu mwoyo gwo.

Olumu bwe baali mu lugendo ku lyato, omutume Paulo kye yava alabula omugoba w'eryato:

**Bassebo, ndaba nti olugendo lujja kubeeramu emitawaana n'okufiirwa kungi, si kwa bintu byokka n'ekyombo, naye n'obulamu bwaffe. (Ebikolwa 27:10)**

Paulo teyagamba nti "nnalina okwolesebwa" era teyagamba nti yalina ekirooto oba nti Katonda yali ayogedde naye mu lwatu. Omwoyo we yali ajulira Katonda n'obujulizi obwo bwakakasibwa okuba obutuufu.

Oteekeddwa okutendeka omwoyo wo okuba nga awulira Katonda. Ebiseera ebisinga tubimalira ku kwekulakulanya mu ntegeera okuyita mu kusoma. Ebiseera ebisinga tubiwaayo kwekulaakulanya mu bintu ebya bulijjo nga okukola dduyiro, oba okudduka. Naye emirundi egisinga obudde butono bwe tuwaayo okwekulaakulanya mu mwoyo. Omwoyo wo asobola okulakulanyizibwa okuyita mu kusomesebwa nga bwe kiri mu ndowooza yo. Omwoyo wo asobola okukulaakulana mu maanyi ag'omwoyo nga n'omubiri gwo bwe guyinza okuzimbibwa n'okutendekebwa. Tendeka omwoyo wo nga weefumiitiriza ku kigambo kya Katonda:

**Ekitabo kino eky'amateeka tekikuvanga mu kamwa, okifumiitirizangako emisana n'ekiro olyoke oteekenga mu nkola ebyo bye kikulagira era bw'otyo bw'oneefunira obuwanguzi n'okukulaakulana. (Yoswa 1:8)**

Era Katonda akozesa eddoboozi ery'omunda ery'omwoyo omutukuvu okulumiriza entegeera yo. Entegeera kwe kutegeera okuba munda yo kukumanya ekirungi n'ekibi okukuweebwa Katonda.

Empulira liba ddoboozi lya mubiri. Katonda takozesa bw'owulira ku kuluɧɧamya. Omubiri mulabe wa mwoyo. N'olwekyo empulira ziyinza okukulimbalimba.

Okunnyonnyola liba ddoboozi lya ndowooza. Amakubo ga Katonda ebiseera ebisinga gaba gasukkulumye ku nnyinnyonnyola y'omuntu. Ebirowoozo bye byanguwa nnyo era bisukkuluma ku bibyo.

Entegeera ly'eddoboozi ly'omwoyo w'omuntu, erirumiriza n'okuluɧɧamya eri okwagala kwa Katonda okutuukiridde. Omwoyo Omutukuvu ayogera eri omwoyo wo. Omwoyo alumiriza entegeera yo. Mu kino awo oba oleetebwa okugondera okwagala kwa Katonda.

Omwoyo omutukuvu bw'ayogera n'omwoyo wo, entegeera yo erumirizibwa, naye bwoyongera okugyesulubabba, entegeera esobola okufuuka "enkakanyavu." Ekitegeeza efuuka eɧɧumu eri okulumirizibwa kwa Katonda.

**Nga bawubisibwa obukuusa bw'abantu abalimba, ab'emitima egiri ng'egyasiriizibwa ekyuma ekyengeredde. (1 Timoseewo 4:2)**

Ekitabo kya Engero kirimu ennyiriri nnyingi eziraga Katonda bwaluɧɧamya ebiroowozo n'entegeera y'omuntu okumuluɧɧamya eri okwagala kwe.

**Omuntu ateekateeka by'ayagala okukola mu mutima gwe, Naye okuddamu kuva eri Mukama. (Engero 16:1)**

**Omutima gw'omuntu guteekateeka ekkubo lye, naye Mukama y'aluŋŋamya bw'anaatambula. (Engero 16:9)**

**Omutima gwa kabaka guli ng'amazzi agakulukutira mu mukono gwa Mukama, era agukyusiza gy'ayagala yonna. (Engero 21:1)**

**EBIRABO BYA MWOYO MUTUKUVU.**

Ebirabo bya Mwoyo Mutukuvu nabyo bikozesebwa Katonda okwogera n'omuntu. Ebirabo ebyomwoyo bwe busobozi obw'enjawulo obuweebwa Omwoyo Omutukuvu. Ebirabo ebisinga bikuyambako okuba ng'owuliziganya ne Katonda.

Waliwo ekirabo eky'ennimi Katonda mwayita okwogera n'omuntu mu lulimi lw'aba tamanyi. Okutaputa okuva eri Katonda kiyambako okuvvunula obubaka. Olulimi lw'essaala ya Mwoyo Mutukuvu (ennimi endala), nazo zikozesebwa Mwoyo Mutukuvu okukuluŋŋamya eri okwagala kwa Katonda. Bw'oba nga tomanyi kusabira mu kwagala kwa Katonda, sabira mu nnimi endala:

> **Oyo akebera emitima, amanyi Omwoyo ky'alowooza, kubanga yeegayiririra abatukuvu ng'okusiima kwa Katonda bwe kuli. (Abaruumi 8:27)**

Waliyo n'ekirabo eky'obunnabbi ekireeta obubaka butereevu okuva ewa Katonda okutuuka ku bantu be. Waliyo ekirabo ekiyitibwa okutegeera Katonda mw'ayita okwogera okusinziira ku mwoyo akolera mu balala. Katonda era ayogerera mu birabo bya amagezi n'okumanya. Ebirabo bino bikuwa okulaba mu mwoyo ku bantu n'embeera okusukkuluma ku ekyo ekimanyiddwa endowooza yo.

**ENKOLA ENDALA.**

Engeri endala Baibuli mweruŋŋamiza kwe kukuba akalulu n'okukozesa ebyoya by'endiga. Bino byombi byannyonnyoddwa da mu ssuula eziyise. Nga bwe twayize, nti okukuba akalulu nkola ya lukisakisa, yakozesebwa nga mwoyo Mutukuvu tannaweebwa. Omugaso gwayo teggwaddamu kulagibwa oluvannyuma lw'obuweereza obwali buluŋŋamizibwa Omwoyo Mutukuvu nga bumaze okujja (Ebikolwa 2). Twayize nti ebyoya by'endiga byogerwako omulundi gumu gwokka mu Baibuli. Byakozesebwa Gidiyooni mu biro eby'okubulwa. Kaali kabonero ak'ekyamagero akakolebwa okukakasa, so si kuluŋŋamizibwa.

**KATONDA TAKUGIRWA.**

Katonda bulijjo tayogerera mu ngeri emu. Tutera okugezaako okukugira Katonda ku nkola emu. Kubanga Katonda omulundi ogumu ayogedde mu ngeri emu ne tukkiriza nti bulijjo anaatuluŋŋamya mu ngeri y'emu. Naye nga bwe tuyize mu ssuula eno, Katonda alina enkola nnyingi mw'ayita okwogera n'omuntu. Katonda takugirwa nkola ziteereddwawo. Weeyambise eby'okulabirako bino:

**MUSA:**

Musa bwe yali akulembedde eggwanga lya Isirayiri okuyita mu ddungu nga bagenda eri ensi Katonda gye yabasuubiza, okugabirira amazzi eri abantu abawera obukadde nga bubiri kyali kizibu kyamaanyi. Olumu Katonda yalagira Musa okukuba olwazi n'omugo gwe. Bwe yakikola, amazzi ne gayiika okuva mu lwazi. N'era Musa yakuba olwazi n'omuggo nga bwe yali asoose okukola. Kino tekyasanyusa Katonda, era Musa yabonerezebwa. Emboozi eno etuyigiriza okulindangako okuluŋŋamizibwa kwa Katonda wadde nga waliwo embeera emanyikiddwa bulijjo. Katonda takugirwa nkola nkadde yonna gy'oba omanyi.

Wekkaanye: Oyinza okulowooza nti Katonda teyakola bulungi kubonereza Musa olw'okukola ekintu ekitono bwe kityo eky'okukuba olwazi so si okwogera gye luli. Olwazi lwalina amakulu ag'ebuziba. Nti lwali lukiikiridde Mukama waffe Yesu Kristo n'amazzi amalamu aganunula agaliva mu ye ng'afa.

Yesu yakubibwa omulundi gumu gwokka. Waali teweetaagisa kukubibwa kulala. Bwe bwali obukulu bw'akabonero kano akaaletera Musa okuzza omusango omunene.

**ERIYA:**

Katonda yakozesa engeri nnyingi ezissukuluma ku za bulijjo okwogerezeganya ne nnabbi Eriya. Olumu Eriya yafuna embeera eyeewunyisa etaali ya bulijjo eyalaga obulungi bw'okumanya eddoboozi lya Katonda. Eriya yalagirwa okugenda ayimirire ku lusozi olumu alindirire Katonda ayogereko gy'ali. Kino ky'ekyabaawo.

> **Mukama n'amugamba nti, "Ffuluma, oyimirire ku lusozi mu maaso ga Mukama, kubanga Mukama ali kumpi kuyitawo."**
>
> **Kale laba, embuyaga nnyingi ey'amaanyi n'emenya ensozi n'eyasa n'enjazi mu maaso ga Eriya, naye Mukama nga taliimu. Oluvannyuma lw'embuyaga, musisi ow'amaanyi n'ayita naye era Mukama nga taliimu.**
>
> **Oluvannyuma lwa musisi ne wajja omuliro, naye era Mukama teyaliimu mu muliro. Oluvannyuma lw'omuliro, ne wajja eddoboozi ttono nga lya ggonjebwa. (1 Bassekabaka 19:11-12)**

Waaliyo ebintu bingi ebisukkulumu ku mbeera yabulijjo ebyabaawo mu mboozi eno. Waliwo omuyaga, musisi, n'omuliro. Zino nkola Katonda ze yali akozesa emabegako okwogera ne Eriya. Naye omuluni guno, Katonda teyayita mu ebyo okwogera. Yayogerera mu ddoboozi ettono ddala. Lino lyandiba nga lyali ddoboozi eriwulikika mu lwatu  oba ery'akasirise mu mwoyo gwa Eriya.

**PAULO:**

Katonda yakozesa engeri ez'enjawulo okuluŋŋamya omutume Paulo mu buweereza bwe obw'obuminsani:

- Ku luguudo olw'e Damasiko, Paulo yaluŋŋamizibwa ekitangaala ekyakaayakana n'eddoboozi eriva mu ggulu: Ebikolwa 9:1-8
- Olukwe lw'okutta Paulo bwe lwakolebwa, yalabulwa abakkiriza Katonda be yakozesa okumuyambako okutoloka: Ebikolwa 9:20-25
- Balunnaba yakozesbwa Katonda okuteekawo enkolagana wakati wa Paulo n'abayigirizwa abalala: Ebikolwa 9:20-28
- Abakkiriza bakozesebwa Katonda okuyambako Paulo okutoloka ku Bayonaani abakaawu: Ebikolwa 9:29-30
- Paulo bwe yasisinkana omufuusa, Katonda n'amuwa amagezi g'okuletaawo okusumululwa: Ebikolwa 13:6-12
- Essaala n'omwoyo omutukuvu byaluŋŋamya nnyo Paulo mu buweereza bwe obw'ekiminsani: Ebikolwa 13:2-4
- Obwannabbi obwamuweebwako Agabaasi bwakakasa ekyali kimulindiridde mu Yerusaalemu: Ebikolwa 21:10-14
- Katonda yayogera ne Paulo okuyita mu birooto n'okwolesebwa: Ebikolwa 22:18, 26:19, 27:23-24
- Oluggi olutuufu olwaggulwa okuweereza Mukama lwaleetera Paulo okukyusa enteekateeka ze: 1 Abakolinso 16:8-10

**FIRIPO:**

Awo malayika wa Mukama n'agamba Firipo nti, "Kwata ekkubo eriraga mu bukiikaddyo, eriva e Yerusaalemi nga liyita mu ddungu okugenda e Ggaaza."

> **Firipo n'akwata ekkubo eryo. Mu kiseera ekyo waaliwo omusajja Omwesiyopya mu kkubo eryo ng'ava mu kusinza e Yerusaalemi. Yali mulaawe nga mukungu mu lubiri lwa Kandake, kabaka omukazi owa Esiyopya, era ye yali omuwanika we omukulu.**
>
> **Yali atudde mu ggaali lye ng'addayo ewaabwe nga bw'asoma ekitabo kya nnabbi Isaaya.**
>
> **Awo Mwoyo Mutukuvu n'agamba Firipo nti, "Semberera eggaali eryo oligendereko. (Ebikolwa 8:26-29)**

Katonda yayogera ne Firipo omulundi ogwasooka ng'ayita mu Malayika. Omulundi ogw'okubiri yayitira mu Mwoyo Mutukuvu era Firipo n'addamu amangu ago. Teyalinda kukakasa kino kuva ewa Malayika ku mulundi ogw'okubiri Katonda weyayogera kubanga eyo enkola yali yakozeseddwa dda.

**DAUDI:**

Daudi bwe yali omuto, yalwanyisa omulabe w'abantu ba Katonda ayitibwa Goliyaasi. Yali mbaggubaggu ya musajja wamu n'okubeera n'ebyokulwanyisa bya bulijjo. Wabula Daudi yakozesa nvuumuulo mu buwanguzi obw'ekitiibwa, Daudi yafukamiza omulabe n'olukanyuga lumu olwagenda butereevu mu kyenyi kye. Mu myaka egyadirira, Daudi yandimaliddwawo omusajja ow'amaanyi ayitibwa Yisibibenda singa kizibwe we Abisaayi yali tafunye buyambi bwe. Tulina kuwunzika nti Katonda yali ne Daudi bwe yasisinkana Goliyaasi, naye si olwo lwe yasisinkana omulabe omulabe ow'okubiri? Nedda Katonda yakozesaawo enkola endala. Omulundi ogwasooka Katonda yakozesa bukodyo bwa Daudi nga yeeyambisa envuumuulo. Ogwokubiri yakozesa kakodyo k'amagye aka Abisaayi.

Katonda bwatasalawo kwogera gy'oli nga bwe yakikola edda, toggwaamu maanyi. Bwe kuba okwagala kwe gy'oli mu mbeera y'emu nga tekutegeerekeka okusinziira ku kyaliwo mu kusooka, tobuzaabuzibwa. Katonda takugirwa mu ngeri zaayogeramu. Omutonzi ow'amaanyi era ye mwogezi ow'amaanyi. Enkola ze tezikugirwa.

## OKWEGEZAAMU:

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Waayo eby'okulabirako by'ebyawandiikibwa ebinnyonnyoddwa mu ssomo lino ebikakasa nti Katonda takugirwa era tayogerera mu ngeri emu.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Leetayo engeri 12 ezinnyonnyoddwa mu ssuula eno nga enkola eziri mu Baibuli Katonda zaakozesa okwogera n'omuntu.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………

4. Soma ebikuwereddwa wammanga. Soma bwe kiba kituufu, teeka "T" mu bbanga erirekeddwawo, bwe kiba kikyamu teekawo "F"
a……………………………………………………. Bw'osisinkana "oluggi oluggale" kitegeeza osubiddwa okwagala Katonda.
b……………………………………………………. Yesu teyasaba kwagala kwa Katonda kubanga yali akumanyi.
c……………………………………………………. Yusuufu yawulira ng'akwatiddwa embeera era nakigaana
d……………………………………………………. Embeera ez'enjawulo z'ezisinga okwoleka okwagala kwa Katonda.
e……………………………………………………. Yona yeetetenkanyiza mu mbeera okutuukiriza okwagala kwe mu kifo ky'okwagala kwa Katonda.
f……………………………………………………. Engeri endala Katonda z'ayogeramu zijja kuba nga zikwatagana n'ekigambo kye.

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA.

1. Soma essaala zino zikuluŋŋamye.
   Zabuli 25:4
   Abakolosaayi 1:9
   Zabuli 86:11
   Abaefeeso 6:18-20
   Abakolosaayi 4:12
2. Katonda ategeeza omuntu okwagala kwe, naye oluusi omuntu ayanguwa nnyo okusalawo. Soma ku by'okulabirako by'abantu bano wammanga abaayanguyiriza, ne bataganya Katonda kwogera kwagala kwe gye bali:
   Musa okusaanyaawo aba Missiri: Okuva 2
   Eggye lya Yoswa n'abagibiyooni: Yoswa 9
   Ibulayimu ne Isirayiri: Ibulayimu teyalinda musika eyamusuubizibwa: Oluberyeberye 16.
3. Soma ekitabo kya Ebikolwa by'Abatume. Wandiika olukalala lw'engeri Katonda ze yayogeramu n'abasajja be mu kkanisa eyasooka.

# ESSUULA EYOMUSANVU.

## EKISAKA KIKYAYAKA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okuleeta emitendera mw'oyita okuzuula okwagala kwa Katonda.
- Okunnyonnyola engeri gy'okakasaamu okwagala kwa Katonda.
- Okuzuula ebisumuluzo ebisatu eby'okufuna okuluŋŋamizibwa kwa Katonda.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Weesige Mukama n'omutima gwo gwonna, so teweesigamanga ku magezi go gokka.**
**6 Mukama mukulembezenga mu by'okola byonna, naye anaakuluŋŋamyanga n'owangula.**
**(Engero 3:5-6)**

**ENNYANJULA.**

Mu ssuula ewedde twekenneenyezza Baibuli ky'eraga ku Katonda bwe yayogera n'omuntu mu biseera eby'edda, naye ekibuuzo kiri, Katonda akyayogera n'abantu okutuusa leero?

Omutume Paulo yakifunza bw'ati:

**Edda, Katonda yayogeranga ne bajjajjaffe mu ngeri nnyingi ez'enjawulo ng'ayita mu bannabbi;**

**Naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogera naffe ng'ayita mu Mwana, gwe yalonda okuba omusika wa byonna, era mu oyo mwe yatondera ensi n'ebintu byonna ebirimu.**
**(Abaebbulaniya 1:1-2)**

Katonda yayogera mu ngeri ez'enjawulo mu biro eby'edda. Yeeyongera okwogera n'abantu mu biro ebya Paulo. Paulo yagamba nti obubaka Katonda bwe yawa omuntu obusingawo bwe yayogerera ng'ayita mu mwana we, Yesu Kristo.

**EBIRO EBYAYITA: EKISAKA EKYAKA.**

Katonda yatuusa obubaka bwe mu ngeri ez'enjawulo mu biro bya Baibuli. Emu ku ngeri ze yakozesa eragibwa mu Okuva 3:

**Awo olwatuuka, Musa bwe yali ng'alunda ekisibo ky'endiga za mukoddomi we Yesero, kabona w'e Midiyaani, n'atwala ekisibo ku ludda olw'ebugwanjuba olw'eddungu; n'atuuka ku lusozi lwa Katonda oluyitibwa Kolebua .**

**Malayika wa Mukama n'amulabikira ng'asinziira mu muliro ogwaka, mu makkati g'ekisaka. Musa n'atunuulira ekisaka, n'alaba nga kyaka naye nga tekisiriira.**

**Musa n'ayogera mu mwoyo gwe nti, "Leka nneetoolooleko neetegereze ekintu kino ekitali kya bulijjo, eky'ekitalo, ekireetedde ekisaka obutasiriira."**

**Mukama bwe yalaba nga Musa agenze okwetegereza, Katonda n'amuyita ng'asinziira mu kisaka wakati nti, "Musa, Musa!" Musa n'ayitaba nti, "Nze nzuuno. (Okuva 3:1-4)**

Okuva ku kisaka ekyaka nekitagya, Katonda yayita Musa anunule eggwanga lya Isirayiri okuva mu busibe bw'e Missiri. Kituufu Katonda yayogera n'abantu mu biro eby'edda.

**EBIRO EBYA KATI: EKISAKA KIKYAYAKA.**

Naye Katonda akyayogera n'abantu mu ngeri bwe zityo ez'ekyamagero? Engeri z'okwogera bw'ati mu ndagaano enkadde ng'okujjuzibwa kwomwoyo omutukuvu tekunnatuuka?

Ekisaka kikyayaka. Mu butuufu oyinza obutafunira ddala kuluŋŋamya kwa ngeri eno yennyini okwalagibwa Musa, naye era Katonda akyayogera mu ngeri z'ebyamagero nga bwe yakola mu ndagaano enkadde.

Mu Abaebbulaniya 1:1-2, Paulo yalaga nti Katonda yeeyongera okwogera eri ensi okuyita mu Yesu Kristo. Katonda tayogera okuyita mu kigambo ekyawandiikibwa mwokka ekiraga obulamu n'enjigiriza eza Yesu, naye Yesu era yasuubiza:

**Naye Omwoyo ow'amazima, bw'alijja alibaluŋŋamya mu mazima gonna, kubanga, taliyogera ku bubwe, wabula anaabategeezanga ebyo by'awulira. Anaababuuliranga ebigenda okubaawo. (Yokaana 16:13).**

Omwoyo Omutukuvu akyayogera kulwa Yesu ng'ategeeza obubaka bwa Katonda eri omuntu.

Oluvannyuma lw'okujja kw'omwoyo Omutukuvu mu Ebikolwa 2, okubikkulirwa okwenjawulo kweyongera okujja okuva ewa Katonda. Nga bwe kyali mu ndagaano enkadde, abantu baaloota ebirooto, baafuna okwolesebwa, baayogera ne zi Malayika, baawulira eddoboozi eryatulwa erya Katonda ne bafuna n'okubikkulirwa kwa Katonda mu ngeri y'ekyamagero.

Okwogerezeganya ne Katonda mu ngeri y'ekyamagero teyakoma ku kujja kw'Omwoyo Omutukuvu. Omwoyo omutukuvu yayongerako engeri empya ey'okuluŋŋamizibwa. Engeri eyo yalimu okuluŋŋamizibwa okw'omunda, okwegayirira okw'okwagala kwa Katonda okuyita mu lulimi lw'essaala oba ennimi endala, n'ebirabo ebirala eby'enjawulo eby'omwoyo Katonda mw'ayita okwogera.

Ekitabo kya Baibuli ekisembayo eky'Okubikkulirwa, ky'ekyongerayo okwolesebwa kwa Katonda okuyita mu mutume Yokaana. Okutuusiza ddala ku nkomerero y'ekigambo kye ekyawandiikibwa. Katonda ayogera n'omuntu mu ngeri y'ekyamagero.

Katonda yeeyongera okwogera n'omuntu okuyita mu ngeri zino wammanga. Ebyafaayo by'ekkanisa ya Leero mulimu ebintu bingi ebiwandiikiddwa ku kwogera kwa Katonda okw'ekyamagero eri omuntu kubanga, …

**Yesu Kristo nga bwe yali jjo, ne leero bw'ali era bw'aliba emirembe n'emirembe. (Abaebbulaniya 13:8)**

**BWE WABA NGA TEWALI KISAKA?**

Naye kiki ekibaawo nga Katonda asalawo obutayogerera mu ngeri y'ekyamagero. Bw'otofuna kirooto, kwolesebwa oba ekyamagero? Bwatayogera naawe mu ddoboozi lyatufu oba mu birabo ebitali bya bulijjo ebyobwa nnabbi, ennimi oba okutaputa? Bwe waba nga tewali kisaka kyaka?

Abantu abamu balindirira obulamu bwabwe bwonna Katonda abeebikkulire mu ngeri etali ya bulijjo. Enkuyanja y'abakkiriza bayonoona obulamu bwabwe mu ngeri eteri ntuufu, nga balindirira ekintu ekitali kya bulijjo oba obubaka obulimu ngeri yakatemba okuva ewa Katonda.

Ekkanisa eyasooka teyakola bweti. Bajaguzanga buli Katonda lwe yabaluŋŋamyanga okuyita mu byamagero, naye mu kusalawo kwabwe emirundi egisinga tebaaluŋŋamizibwanga Malayika, birooto oba okwolesebwa. Kyokka beeyongeranga kugenda mu maaso ng'eggye lya Katonda ery'amaanyi.

Kati kiki ky'oyinza okukola nga tewali kisaka kyaka? Wammanga gy'emitendera omusanvu mwoyinza okuzuulira okwagala kwa Katonda.

1. **SABA.**

Saba Katonda akuluŋŋamye mu bulamu bwo. Yesu yasomesa abagoberezi be nti ekitundu ky'essaala yaabulijjo kiba kyogera ku kwagala kwa Katonda kubeere nga kukolebwa.

> **Obwakabaka bwo bujje. By'oyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu ggulu. (Matayo 6:10)**

Bw'oba osaba laga okwagala kwo eri okwagala kwa Katonda okuba nga kukubikkulirwa. Musa yakola bw'ati:

> **Obanga nkusanyusizza, njigiriza amakubo go ndyoke nkumanye era nneeyongeranga okukusanyusa. Jjukira nti eggwanga lino be bantu bo. (Okuva 33:13)**

Daudi yakola bw'ati:

> **Njigiriza nga bwe nnaakolanga, Ayi Mukama, ondage amakubo go mwe nnaatambuliranga. (Zabuli 25:4)**

Saba amagezi okole okusalawo okutuufu:

> **Naye obanga omuntu yenna ku mmwe aweebuka mu magezi, asabenga Katonda agabira bonna atakayuka, galimuweebwa.**
>
> **Kyokka amusabenga mu kukkiriza, nga tabuusabuusa, kubanga oyo abuusabuusa ali ng'ejjengo ery'oku nnyanja erisundibwa empewo.**
>
> **Omuntu ng'oyo bw'atasaba na kukkiriza tasuubira Mukama kumuwaayo kintu kyonna. (Yakobo 1:5-7)**

Saba essaala z'abakkiriza abalala. Katonda abikkulira okwagala kwe okuyita mu birabo ebyomwoyo ebyolesebwa mu nkuŋŋaana z'okusaba zino. Paulo ne Balunnaba baakakasa okuyitibwa kwabwe eri obuweereza bw'ekiminsani mu nkuŋŋaana bwe ziti.

2. **SOMA EBYAWANDIIKIBWA.**

N'obwegendereza noonya ekigambo kya Katonda bwe waba nga waliwo okuluŋŋamizibwa okuze mu mbeera gy'oyitamu. Laba oba nga waliwo ennono za Baibuli n'ebyokulabirako by'obutonde ebikolawo.

Okunonyereza mu byawandiikibwa tekitegeeza kuleka Baibuli nga mbikkule n'oyogera olunnyiriri lw'osookerako nga eky'okuddamu kyo. Okunonyereza mu byawandiikibwa kwe kwekenneenya

okulambulukufu okw'ekigambo n'okuteeka mu nkola ennono zaakyo ku ebyo by'oba ogenda okusalawo. Buli luggi oluggule, buli mukisa gw'ofuna nabuli ky'osalawo okukola kirina okuba nga kiva wa Mukama era kirina okusooka okugezesebwa n'ekigambo kya Katonda. Yesu yakozesa ennono eno. Bweyali akemebwa Sitaani ave mu kwagala kwa Katonda, yamuddamu nga bw'addiɧɧana ekigambo, "kyawandiikibwa" (Matayo 4). Buli kye yakolanga ng'asinziira ku kigambo kya Katonda.

Nga bw'ononyereza mu byawandiikibwa, beera nga weekakasa okusoma ebisuubizo bingi ebinaakuluɧamya. Ebimu ku byo tubimenye mu kitundu ekya "Okweyongera okusoma," eky'essuula eno. Nga bwe weeyongera okusoma ekitundu kino, ojja kweyongerayo mu kukkiriza nti Katonda ayogera era osobola okumanya eddoboozi lye.

**3. WULIRIZA EDDOBOOZI LY'OMUNDA ERYA MWOYO MUTUKUVU.**

Okuyita mu kusaba n'okusoma ebyawandiikibwa, Katonda ayogera okwagala kwe munda mu mwoyo gwo n'eddoboozi lyomunda erya Mwoyo Mutukuvu. Kino kyannyonnyoddwa bulungi mu ssuula ewedde. Ekitundu "ky'eddoboozi lya Mwoyo Mutukuvu" lwe lulimi lw'essaala olw'ennimi endala. Bw'oba teweekakasa kwagala kwa Katonda mu nsonga yonna, saba mu lulimi lw'essaala olwa Mwoyo Mutukuvu.

Omwoyo Omutukuvu amanyi okwagala kwa Katonda okutuukiridde era ajja kusabira mu ggwe mu bukkakkamu n'okwagala okwo:

> **Oyo akebera emitima, amanyi Omwoyo ky'alowooza, kubanga yeegayiririra abatukuvu ng'okusiima kwa Katonda bwe kuli. (Abaruumi 8:27)**

Jjukira Yesu yagamba nti Omwoyo Omutukuvu, "Alikulaga ebintu ebijja" kino kitegeeza nti yakubikkulira enteekateeka ya Katonda. Akuluɧɧamya okusinziira ku kwagala kwa Katonda.

**4. NOONYA OKUBUDAABUDIBWA KW'ABAKRISTAAYO.**

Nga bwe kyayogeddwa mu ssuula ewedde, Katonda akozesa ababudaabuda Abakristaayo okuyambako abakkiriza mu mbeera y'okusalawo. Baibuli egamba:

> **Awatali kuluŋŋamizibwa eggwanga lidobonkana, naye abawi b'amagezi abangi baleeta obuwanguzi. (Engero 11:14)**
>
> **Ekkubo ly'omusirusiru ddungi mu kulaba kwe ye, naye omugezi assaayo omwoyo ku magezi agamuweebwa. (Engero 12:15)**

Kikulu nnyo abakristaayo okunoonyeza okubudaabudibwa mu bakristaayo abakuze. Tonoonyanga okubudabudibwa okuva mu baasomerera embeera z'abantu. Bajja kukuwa okuluɧɧamya okw'ensi. Bakulembeze bamuzibe abakulembera bamuzibe:

> **Zibasanze mmwe abakulembeze abazibe... (Matayo 23:16)**

> **Alina omukisa omuntu atatambulira mu kuteesa kw'ababi, era atayimirira mu kibiina ky'ababi, newaakubadde okutuula n'abo abanyooma ebya Katonda. (Zabuli 1:1)**

Tonoonyanga okuluɧɧamizibwa mu bakristaayo abato, kubanga tebannaba kukuguka na kukula mu mwoyo.

Abantu abamu bagenda eri ababudaabuda nga basuubira nti bannakirizigannya n'endowooza zaabwe. Ojja kuganyulwa kitono ddala bw'ogendayo n'endowooza eno. Abakkiriza abamu beebuza ku bangi nga bwe bagenda bageraageranya okuluɧɧamizibwa okuba kubaweereddwa. Baba nga abakuba akalulu nti babadde bameka abakkiriziganya n'ensonga emu ku ndala. Guno si gwe mulamwa gw'okubudaabudibwa, omuntu alina okukirizigannya n'ekigambo kya Katonda.

**5. WEEKENNEENYE EMBEERA:**

Weekenneenye embeera ekuleetera okusalawo nga bwoyagala. Bino birina okugerageranyizibwa ku kuluɧɧamya Katonda kw'awa okuyita mu kusaba, okusoma ekigambo eddoboozi lya mwoyo ery'omunda, n'okuluɧɧamizibwa kw'obukristaayo.

Embeera si zetulina okwesigamako zokka okutegeera okwagala kwa Katonda, naye ziyambako mu mbeera y'okusalawo eky'okukola. Oluusi embeera ziremesa n'okusalawo oba n'omukisa gw'ekkubo ly'obulamu eddala.

**6. WEEYAMBISE EBISUMULUZO BYA BAIBULI EBY'OKULUɧɧAMYA.**

Mu nsi ey'omubiri ebisumuluzo biggula nnyumba. Mu nsi ey'omwoyo, Katonda ataddewo ebisumuluzo okutuggulira eri okwagala kwe. Ebisumuluzo bisangibwa mu kitabo kya Engero:

> **Weesige Mukama n'omutima gwo gwonna, so teweesigamanga ku magezi go gokka.**
> **6 Mukama mukulembezenga mu by'okola byonna, naye anaakuluŋŋamyanga n'owangula. (Engero 3:5-6)**

**Ekisumuluzo ekisooka: kwesiga.**

Totya ekyo Katonda ky'anaakubuuza. Manya nti enteekateeka ye gy'oli y'esinga. Era n'abantu balina okuba nga beesiga oyo eyabawa omwana we omu abafiirire. Olina kuba mu Mukama so si mu muntu:

> **Bw'ati bw'ayogera Mukama nti, Akolimiddwa oyo eyeesiga omuntu era eyeesiga omubiri okuba amaanyi ge, era alina omutima oguva ku Katonda. (Yeremiya 17:5)**

**Ekisumuluzo ekyokubiri: Tewesigama ku kutegeera kwo:**

Teweebezaawo na ndowooza yo eyoobuntu. Kino tekitegeeza nti teri kifo kya kusalawo okwamagezi. Ekitabo kya Engero kijjudde ebiragiro ebyokukozesa okutegeera n'amagezi amazaale. Katonda takugamba nti oleke okutegeera n'okusalawo. Ky'agamba kiri nti teweemalira ku ndowooza yo ng'omuntu ng'onoonya okwagala kwa Katonda.

Daudi bwe yali azzaayo Ssanduuko mu Yerusalemu, teyasaba Katonda kumulumyɧaa. Yeesigama ku kutegeera kwe n'atwala Ssanduuko mu ngeri eyabulijjo. 2 Samwiri 6:1-7

Naye eno si ye yali enkola ya Katonda era okulamulwa ne kumujjira. Kwali kwagala kwa Katonda okuzza ssanduuko eno mu Yerusaalemu naye Daudi yali tali mu kwagala kwa Katonda n'engeri ya Katonda. Eno nnono yakuluŋŋamizibwa nkulu.

**Ekismuluzo ekyokusatu: Mukulembezenga mu by'okola byonna.**

Okukulembezanga Katonda mu by'okola byonna kitegeeza kumuwa kitiibwa mu birowoozo, mu bigambo ne mu bikolwa byo byonna. Muwe ekifo ekisooka mu bulamu bwo:

> **Ye gwe mutwe gw'omubiri, n'omubiri ogwo ye Kkanisa. Ye mubereberye, era ye yasooka okuzuukira mu bafu, alyoke abeerenga omubereberye mu byonna. (Abakolosaayi 1:18)**

Yoswa yakola ensobi ennene bw'atasaba kuluŋamya kwa Mukama eri akamwa ke ng'agenda okukola endagaano ne Abagibiyooni (Yoswa 9). Okusalawo kwe kwaleetawo enkolagana wakati we n'eggwanga eritali ttukuvu, ekintu ekyali kitakkirizibwa Katonda.

Ebisumuluzo ebisatu:

- Okwesiga Mukama n'omutima gwo gwonna.
- Teweesigama ku kutegeera kwo.
- Mukulembezanga mu byokola byonna.

Ebisumuluzo bino biggulawo oluggi,……….. era analuŋŋamya nga amakubo.

7. **LONDAKO EKKUBO ERY'AMAGEZI.**

Mu kusalawo n'okusingira ddala kw'osinziira ku kigambo kya Katonda, oteekwa okusalirawo mu kubikkulirwa okw'ekigambo. Mu kusalawo okulala, okusaba, okusoma ekigambo, okuwuliriza eddoboozi ly'omwoyo, okunoonya okuluŋŋamizibwa n'okwekenneenya embeera, osobola okulondako ng'osinziira ku "kkubo ery'amagezi." (Jjukira wasabye amagezi okuva ewa Katonda, kati olondawo okusinziira ku magezi ago).

Ekkubo ery'amagezi kwe kusalawo kwokka okukuwa omukisa omunene ogwokweyongerayo mu mwoyo mu buli kanyomero k'obulamu bwo. Ky'olondako n'emirembe okusinziira ku ekyo Katonda ky'akubikkulidde mu ssaala mu kigambo kye, eddoboozi erya Mwoyo Mutukuvu, n'okuluŋŋamizibwa okw'obukristaayo.

Obusobozi bw'okutegeera ekkubo ly'amagezi bweyongera gy'okoma okukula mu mwoyo:

> **Newaakubadde nga kaakano mwandibadde musobola okuyigiriza abalala, kyetaaga okuddamu okubayigiriza, ebintu ebya bulijjo eby'amazima ebikwata ku kigambo kya Katonda. Mwetaaga mata so si mmere enkalubo ey'abakulu.**
>
> **Kubanga omuntu bw'aba ng'akyanywa mata, aba akyali mwana muto. Aba tannategeera kigambo kikwata ku by'obutuukirivu.**
>
> **Naye emmere enkalubo ya bakulu, abeeyigirizza okwawulanga ekirungi n'ekibi. (Abaebbulaniya 5:12-14)**

Okukula mu mwoyo kuva ku nkolagana ebaawo ne Katonda, essaala, n'okwefumiitiriza ku kigambo kya Katonda.

**OBUKAKAFU BW'OKWAGALA KWA KATONDA.**

> **N'emirembe gya Kristo gifugenga emitima gyammwe, kubanga emirembe egyo gye mwayitirwa mu mubiri ogumu; era mwebazenga. (Abakolosaayi 3:15)**

Kalabalaba w'omuzannyo, ye muntu avunaanyizibwa eri omuzannyo oguba gugenda mu maaso ng'alaba nti amateeka g'omuzannyo ogwo gagobereddwa bulungi abazannyi.

Mu nsi ey'omwoyo, emirembe gya Katonda ye kalabalaba w'okwagala kwa Katonda. Ebikolwa n'okusalawo kwo bikeberebwa. Bwe biba nga bikaanya bulungi n'okwagala kwa Katonda, ojja kufuna emirembe mu mwoyo gwo. Bw'oba osobeddwa oba ng'omaliddwamu amaanyi, tobaako ky'okola, lindako okutuusa ng'ofunye emirembe ku ekyo ky'oba ogenda okusalawo. Okubulwa emirembe k'ekabonero kalabaalaba k'aba asindise okukulaga nti waliwo ekikyamu:

> **kubanga Katonda si wa luyoogaano, wabula wa mirembe. Kale nga bwe kiri mu Kkanisa z'abatukuvu zonna. (1 Abakolinso 14:33)**

**BULI KASEERA K'OMUTENDERA.**

Ennono esembayo enkulu endala ku nsonga y'okwagala kwa Katonda kwe kumanya nti Katonda abikkula enteekateeka ye ku buli kaseera k'omutendera. Kino kitegeeza takubikkulira nteekateeka ya bulamu bwo yonna, na buli kirimu, omulundi gumu. Katonda mu bulamu bwo bwonna tayogera mulundi gumu. Tasobola kukulaakulanya nkolagana yo na mulala nga mwogera omulundi gumu. Enkolagana, eba erina okugenda mu maaso ng'onyumya n'omuntu. Katonda yeyongera mu maaso ng'ayogera, era ojja kweyongera okufuna obusobozi bw'okumanya eddoboozi lye.

Katonda alina ensonga y'okubikkula okwagala kwe ku buli kaseera k'omutendera. Ebiseera ebisinga tobeera mwetegefu kumanya nteekateeka yonna kubanga eyinza okukuyitirirako oba n'ekuleetera obutamaliriza bulungi bikuli mu maaso. Yesu yagamba abayigirizwa be:

> **Nkyalina bingi eby'okubategeeza naye kaakano temusobola kubitegeera. (Yokaana 16:12)**

Katonda yagamba Isirayiri nti ajja kubawangulira abalabe baabwe e Kanani, "mpola mpola okutuusa nga beetegese era nga basobola okutwala obuvunaanyizibwa eri ensi empya gye yali agenda okubawa.

Katonda era tabikkula nteekateeka ye Yonna kubanga tutera okweraliikirira ebiseera by'omumaaso. Baibuli erabula:

> **Noolwekyo temweraliikiriranga bya nkya. Kubanga olunaku olw'enkya lulyeraliikirira ebyalwo. Buli lunaku lulina emitawaana gyalwo egimala. (Matayo 6:34)**

Teweeralikiriranga bya nkya. Kola okusalawo ku ebyo ebya leero. Enkya yo eri mu mikono gya Katonda. Kino ate tekitegeeza nti tokola nteekateeka y'amagezi ku by'omumaaso. Naye ky'otolina kukola kwe kweraliikirira ebirijja. Ekisinga obukulu kwe kubeera mu kwagala kwa Katonda kwakubikkulidde olwaleero. Yiga okumuwuliriza mu lugendo lwo olw'obukristaayo. Bw'otambulira mu kwagala kwe okwa buli lunaku, kijja kuviirako okutambulira mu kwagala kwe okwomunda ebbanga eddene.

Katonda takubikkulira nteekateeka ye yonna kubanga ayagala obeewo lwa kukkiriza. Kyangu nnyo okutandika okutambula ng'omuntu amanyi ekkubo gy'alaga. Si kyangu okutandika ku lugendo lwa kukkiriza ekyo ky'otomanyi. Baibuli egamba bweti okusinziira ku Ibulayimu:

**Olw'okukkiriza Ibulayimu bwe yayitibwa, n'agonda, n'alaga mu kifo kye yali agenda okuweebwa ng'omugabo, bw'atyo n'agenda nga ne gy'alaga tamanyiiyo. (Abaebbulaniya 11:8)**

Teri kiyinza kuzimba kukkiriza mu Katonda okusinga okukola ekintu ekimu mu kiseera nga Katonda bw'abikkula, ekitegeeza nti tosobola kutambula ng'opapiriza. Musa yapakuka n'atta omu Missiri, Ibulayimu yapapiriza n'ayita ku nteekateeka ya Katonda n'asalawo afune Ismayiri ng'omusika.

Ekitabo kya Eseza kyogera ku bukulu bw'okulindirira Katonda. Abantu ba Katonda baali mu kabi k'okumalibwawo omusajja omubi eyali ayitibwa Kamani, yali yasaba Kabaka batte buli Muyudaaya.

Nnaabakyala Eseza yali ategeddeko ku lukwe. Yamanya nti tekwali kwagala kwa Katonda abantu abayudaaya okuttibwa, naye teyakireka awo, yalinda okutuusa Mukama lwe yamuwa enteekateeka n'alindayo olunaku olulala nga tannayogera na Kabaka. Mu kiseera ekyo, ekintu eky'omugaso kyabaawo. Kabaka yakizuula nti Moludekaayi omuyudaaya yali ataasiza obulamu bwe eri abaali bapanze olukwe lw'okumutta.

Kino bwe kyamanyika, Awo Eseza kyeyava ayogera olukwe lwa Kamani ku Bayudaaya, Kabaka n'asaanyaawo enteekateeka ya Kamani, Abayudaaya ne bataasibwa. Era Kamani n'abonerezebwa olw'ekibi ekyo. Kyali kiti kubanga Eseza yalindako olunaku olulala nga talina ky'akozeewo.

**EKISAKA KIKYAYAKA:**

Mu ntegeera ey'omwoyo, ekisaka kikyayaka. Katonda akyatuluŋŋamya era akyayagala okwogera gyetuli:

**Mumpite n'abayitaba ne mbalaga ebikulu ebitanoonyezeka bye mutamanyi. (Yeremiya 33:3)**

Katonda ayagala okutubikkulira okwagala kwe n'okutubuulira enteekateeka ye. Yeeyongera okuluŋŋamya n'okukulemberamu. Katonda akyali Katonda ayagala okwogera bw'oba ng'oyagala okuwuliriza.

# OKWEGEZAAMU:

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Kukakasibwa ki Katonda kw’awa omukkiriza bw’aba akolera mu kwagala kwa Katonda?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Bisumuluzo ki ebisatu eby’okutegeera okwagala kwa Katonda ebiri mu Engero 3:5-6?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Kitegeeza ki “Okukulembezanga Mukama mu by’okola byonna?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………….
5. Wandiika emitendera omusanvu egy’okuzuula okwagala kwa Katonda egiragiddwa mu ssuula eno.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
6. Soma sentensi zino. Ekyogerwa bwe kiba nga kituufu, teekawo “T” ku ntanndikwa awali ebbanga, ate bwe kiba nga kikyaamu teekawo “F” ku ntandikwa.
   a…………………………………………Engeri esingayo obulungi okukozesa Baibuli ng’ozuula okwagala kwa Katonda kwe kugibikkula nga bw’oyagala n’otwalawo olunyiriri lw’osooka okusanga nga lulinga eky’okuddamu gy’oli.
   b…………………………………………..Katonda bulijjo akubikkulira enteekateeka ye eri obulamu bwo, na byonna ebigirimu, mu ngeri y’okubikkulira kw’ekyamagero okw’omulundi ogumu.
   c……………………………………………Leero Katonda tayogerera mu birooto, okwolesebwa, n’engeri endala ez’ekyamagero.

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA.

1. Geraageranya Engero 3:5-6 ne Abaruumi 12:1-2. Mulimu ebiragiro ebirungi bibiri mu buli kitundu (Eby'okukola) n'ekiragiro ekibi kimu (ky'otolina kukola). Bino birage mu kipande kino:

| | Engero 3:5-6 | Abaruumi 12:1-2 |
|---|---|---|
| Ebiragiro ebirungi | ________________________ | _________________ |
| Ebiragiro ebibi | ________________________ | _________________ |
| Ebiragiro ebirungi | ________________________ | _________________ |

2. Omusumba George Muller yali mukulembeze w'omwoyo ow'amaanyi eyatandikawo n'alabirira amaka ga bamulekwa mu Bungereza wamu n'emirimu gy'obuminsani mungi mu nsi yonna. Mu bye yawandiika, omusumba Muller yeeterawo enkola y'okumanyirako okwagala kwa Katonda:

   Okuviira ddala ku ntandikwa nze nnoonya omutima gwange okubeera mu mbeera nga teguliimu kwagala kwagwo ku buli nsonga ebaawo.

   Ebizibu by'abantu ebitundu mwenda ku kikumi weebiri wano. Ebitundu mwenda ku kikumi eby'ebizibu bivvuunukibwa ng'emitima gyaffe myeetegefu okukola okwagala kwa Mukama na kyonna kye kiyinza okuba.

   Omuntu mu mazima bw'aba mu mbeera eno, kitera okubeera nga kibulako katono okutuuka ku kumanya okwagala kwa Katonda. Bwe nkola kino, ebivaamu sibireka mu kuwulira buwulizi wadde okusiindikirizibwa. Bwe nkola kino, mba nneesibidde mu nsobi ennene.

   Nnoonya okwagala kwa mwoyo wa Katonda wonna, oba ekikwefaanaanyiriza, ekigambo kya Katonda. Omwoyo n'ekigambo kya Katonda biteekeddwa okutambulira awamu. Bwe ntunuulira Omwoyo yekka awatali kigambo kya Katonda mba nneesudde nzekka mu kusoberwa. Omwoyo Omutukuvu bwatuluŋŋamya, akikola okusinziira ku byawandiikibwa era takontana nabyo.

   Ekiddako, nneetegereza embeera eziba zizze, zino ebiseera ebisinga ziraga lwatu okwagala kwa Katonda nga kukwatagana n'ekigambo kye wamu n'omwoyo. Nsaba Katonda mu ssaala okundaga okwagala kwe. Olwo okuyita mu ssaala, okusoma ekigambo n'okwefumiitiriza, ntuusibwa ku kusalawo okutuufu okuggya mu busobozi bwange n'okutegeera, era endowooza yange bw'eba nga yaddembe, ne kiddiŋŋana emirundi egiwera, awo nneeyongerayo n'okukikola.

   Mu nsonga zonna ezibaawo n'ezo mwe mpitira, omuba ebintu ebikulu ennyo, nfunyeemu enkola eno okuba nti yeetuukiridde.

3. Katonda ataddewo ebisuubizo bingi okuyita mu kigambo kye ebikwata ku kuluŋŋamya. Soma ebijuliza bino:

Zabuli 3:8, 5:8, 25:5, 9:12, 27:11, 31:3, 32:8, 37:23, 48:14, 61:2, 73:24, 78:52, 72, 85:8, 13, 107:7, 139:10, 24, 142:3, 143:10
Engero 3:6, 4:11, 8:20, 11:3, 15, 16:9, 21:29, 23:19
Omubuliizi 10:10
Isaaya 45:13, 58:11, 61:8
Yokaana 10:3, 16:13
Abaefeeso 5:17
Abakolosaayi 1:9, 4:12

4. Ekimu ku byokulabirako by'okuluŋŋamizibwa kye kya Katonda lwe yakulembera eggwanga lya Isirayiri okuva e Missiri okutuuka mu nsi ensuubize. Osobola okusoma ku kino mu bitundu bino wammanga:
Okuva 13:17. 18, 21, 15:13
Ekyamateeka 8:2, 15, 29:5, 32:10
1 Ebyomumirembe 11:2
2 Ebyomumirembe 25:11
2 Samwiri 5:2
Nekkemiya 9:12
Zabuli 77:20, 78:14, 53, 80:1, 106:9, 107:7, 136:16
Isaaya 48:21, 63:12-14
Yeremiya 2:6, 17
Abaebbulaniya 8:9.

5. Waliwo eno enkola ennyangu gy'oyinza okugoberera ng'okola okusalawo:

- Okukontana: Fuba okulaba nga tewali kukontana kwa Kigambo kya Katonda n'okusalawo kw'okoze
- Okwefuga: Fuga empulira zo. Tokola kusalawo mu busungu, weeraliikirira, ng'otya n'ebirala okusinziira ku mbeera gy'olimu mu kiseera ekyo.
- Okuluŋŋamizibwa: Noonya okuluŋŋamizibwa okw'obwa Katonda ku kyoyagala okusalawo.
- Okusikaasikanyizibwa: Wekkaanye ebikunyumira. Oluusi Katonda akuwa okuyaayaana okukusikaasika eri okukola okukusikaasika era okukola ekintu okusobola okukutwala eri okwagala kwe. Bwe kiba nga kiva gy'ali, kijja kuba nga kikaanya n'ekigambo kye.
- Empulira: Weekebere engeri gy'owulira mu munda yo…empulira yo, ky'ekiringa ekide Katonda kye yakuwa okumanya gy'olaga bwe waba nga ly'ekkubo ettuufu.
- Okumatira: Kakasa nti olina emirembe gy'omwoyo omutukuvu egijja olw'okuba ng'okoze okusalawo okutuufu.

# ESSUULA EYOOMUNAANA.

## EBIKOLWA EBIREETAWO EBIBUUZO.

**EBIGENDERERWA:**

Bw’omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng’oluggya mu mutwe gwo
- Okunnyonnyolwa amakulu “g’ebikolwa ebireetawo ebibuuzo.”
- Okuwa ebiruɧɧamya ebyomwoyo ku kusalawo ku bikolwa ebireetawo ebibuuzo.
- Okwawula ow’oluganda omunafu n’owoluganda omunywevu.
- Okuwa ebiruɧɧamya ebyomwoyo ebikola ku “w’oluganda omunafu.”
- Okuwa ebiruɧɧamya ebyomwoyo ku ngeri y’okukwatamu obutakkaanya wakati w’abakkiriza.
- Okuwa ebiruɧɧamya ebyomwoyo ku ngeri y’okumaliriza emisango gy’abakkiriza.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Kubanga buli kye mukola, oba kulya oba kunywa, mukikole nga mugenderera kugulumiza Katonda. (1 Abakolinso 10:31)**

**ENNYANJULA.**

Essuula eno ekwata ku kukola okusalawo ku bikolwa ebireetawo ebibuuzo. Omutwe gunnyonnyoddwa era mu binnyonnyolwa mulimu okuluɧɧamizibwa ku nkwata y’ebikolwa ebireetawo ebibuuzo, enkwata y’aboluganda abanafu, enkwata y’obutakkaanya wakati mu bakkiriza, n’engeri y’okumaliriza emisango.

**EBIKOLWA EBIREETAWO EBIBUUZO.**

Mu buli buwangwa, mulimu ebikolwa ebireetawo ebibuuzo. Bino bye bikolwa ebitalagibwa mu byawandiikibwa mwokka ng’ebituufu oba ebikyamu eri omugoberezi wa Yesu.

Osobola bulungi okulowooza ku bikolwa bino. Muyinza okubaamu engeri y’okwesanyusa oba by’okola mu biseera eby’eddembe. Biyinza okuba ebibiina oba ebitongole mw’oyinza okuba ng’osazeewo okugwa. Ebikolwa mulimu emize n’okulondawo okw’ebyo byolya oba by’onywa. Wayinza okubaawo ebibuuzo ku nnaku ki ez’okusinzizaako oba ennaku entukuvu.

Otegeera otya okwagala kwa Katonda ku bikolwa bino ebireetawo ebibuuzo ate ng’okuluɧɧamya kw’ebimu ku ebyo tekulagibwa mu Baibuli. Weebuuze ebibuuzo bino:

**KIWEESA KATONDA EKITIIBWA?**

Ng’okyali awo omanyi nti ennono esinga obukulu ey’okusalawo ku bikolwa bino ebireetawo ebibuuzo kwe kwebuuza ekibuuzo kino nti, “Kiweesa Katonda ekitiibwa?”

Baibuli eraga nti buli ky’okola kirina okuweesa Katonda ekitiibwa:

**Kubanga buli kye mukola, oba kulya oba kunywa, mukikole nga mugenderera kugulumiza Katonda. (1 Abakolinso 10:31)**

**Na buli kye munaakolanga mu kigambo oba mu kikolwa, byonna mubikolenga mu linnya lya Mukama waffe Yesu nga muyita mu ye okwebaza Katonda Kitaffe. (Abakolosaayi 3:17)**

**Buli kye mukola mukikole ng'abakolera Mukama waffe so si abantu.**

**Nga mumanyi nga mulifuna empeera yammwe ey'omugabo gwammwe okuva eri Mukama waffe. Muweerezenga Mukama Kristo. (Abakolosaayi 3:23-24)**

**KIKI EKIKUSENDASENDA?**

Lwaki weenyigira mu kikolwa kino? Olina nsonga ki oba kiki ekikusendasenda okukikola? N'ekikolwa ekirungi osobola okukikola n'ekigendererwa ekikyamu. Okugeza Yakobo awa eky'okulabirako ky'essaala y'ebigendererwa ebikyamu:

**Era ne bwe mubisaba, temubifuna kubanga ekigendererwa kyammwe kikyamu; mugenderera kubikozesa ku masanyu gokka. (Yakobo 4:3)**

Okusaba si kubi naye ebikusabisa ebintu ebimu by'ebiyinza okuba ebibi. Ekisendasenda ekinnyonnyoddwa mu lunyiriri luno kwe kwagala okwetuusaako ebintu bye weegwanyiza.

**KYETAAGISA?**

Paulo agamba nti, nga ebintu ebimu bitwalibwa okuba eby'amateeka (ebitavvoola kigambo kya Katonda), olina okubitunulamu okulaba nga ddala byetaagisa. Agamba:

**Ebintu byonna nzikirizibwa okubikola, mu mateeka, naye byonna tebinsanira. Ebintu byonna nzikirizibwa okubikola naye sigenda kufugibwa kintu na kimu. (1 Abakolinso 6:12)**

**KINAALETAWO OKUKULA MU MWOYO?**

Ebikolebwa ebisinga biziyiza okukula mu mwoyo. Ebikolebwa ebirala biyinza okuba nga bitwala obudde bungi ne biremesa okukula kwo mu mwoyo.

**Ate endala ezaagwa mu maggwa, be bawulira ekigambo.**

**Naye okweraliikirira n'okusikirizibwa eby'obugagga n'okwegomba ebintu ebirala, bizikiriza ekigambo ne kitabala bibala. (Makko 4:18-19)**

**Ezaagwa mu maggwa, be bawulira ekigambo, naye okweraliikirira n'obugagga n'amasanyu g'omu bulamu ne bibazisa, ne bataleeta bibala bikuze bulungi. (Lukka 8:14)**

Weebuze: Ekintu kino kinandeetera okukula mu mwoyo oba kinannemesa?

Ebikolwa bino ebiziyiza okukula mu mwoyo bifuuka akazito akalemesa okudduka n'obugumiikiriza embiro z'empaka ezakutegekerwa.

**Kale nga bwe tulina ekibiina ekinene eky'abajulirwa ekyenkana awo, twambulengamu buli ekizitowa, awamu n'ekibi ekitwesibako amangu, tuddukenga n'okugumiikiriza embiro ez'empaka ezatutegekerwa. (Abaebbulaniya 12:1)**

**OMUZE GUKUTEEKA MU BUSIBE?**

Bw’oba ng’osalawo ebikolwa ebireetawo ebibuuzo, weebuuze, “Ky’enkola kinandeetera okulemerera mu muze guno?” omuze ogusiba gwe gwo oguba gukuvuga. Oba olaba nga tosobola kweyongerayo we gutali era ng’olina obuzibu obw’okugulekayo.

Paulo yayogerako ku mize gino:

> **Ebintu byonna nzikirizibwa okubikola, mu mateeka, naye byonna tebinsanira. Ebintu byonna nzikirizibwa okubikola naye sigenda kufugibwa kintu na kimu. (1 Abakolinso 6:12)**

Ekikolwa ekikusiba mu mubiri, mu ndowooza, mu mwoyo, oba omuze bye gukutuma buli kadde bisaana okwewalibwa.

**KYEKKIRIRANYA?**

Paulo abuuza mu 2 Abakolinso 6:14, “…kutabagana ki okuliwo wakati w’ekitangaala n’ekizikiza?”

Ebikolwa ebireetawo ebibuuzo, kyosazeewo kinaabera kya kwekkiriranya mu mwoyo? Onooba weenyigira mu bikolwa by’ensi oba ogoberera enkola zaayo ng’okola ebintu bino? Baibuli eragira:

> **Noolwekyo “muve wakati mu bo, mubeeyawuleko, bw’ayogera Mukama. Temukwata ku bitali birongoofu, nange nnaabaaniriza. (2 Abakolinso 6:17)**

**KINAAKUTWALA MU KUKEMEBWA?**

Yesu yatusomesa okusaba, “totutwala mu kukemebwa.” Tekigasa kusaba ssaala ya kika kino ate n’omala n’ogenda weenyigira mu bikolwa ebireetawo ebibuuzo kuba oba osazeewo kweteeka mu kifo eky’okukemebwa. Baibuli erabula:

> **Omuntu yenna bw’akemebwanga, tagambanga nti, “Katonda ye yankemye,” kubanga Katonda takemebwa, era naye yennyini takema muntu n’omu.**
>
> **Naye buli muntu akemebwa ng’okwegomba kwe okubi, bwe kuli, n’asendebwasendebwa.**
>
> **Okwegomba okwo bwe kumala okuba olubuto, ne kuzaala ekibi, n’ekibi bwe kikula ne kizaala okufa. (Yakobo 1:13-15)**

Okukemebwa kwa njawulo kukugezesebwa kw’okukkiriza. Okugezesebwa kw’okukkiriza kubaawo ng’omukkiriza asisinkanye akaseera akazibu kaateeeretedde. Embeera ng’egezesa okukkiriza kwe mu Katonda. Katonda akkiriza okugezesebwa osobole okunyweza okukkiriza okuleetawo okukula mu mwoyo.

Naye Katonda takema muntu. Okukemebwa kwe kwagala okukola ensobi. Okukemebwa kubaawo bw’otofuga ndowooza yo wamu n’ebikolwa byo bulungi oba Sitaani bw’akusikiriza okukola ekibi. Ebimu ku bikolwa ebireetawo ebibuuzo biyinza okukuteeka mu mbeera ey’okukemebwa. Bwe weewaayo okukemebwa, okwegwanyiza kuleeta ekibi, era ekibi kireetawo okufa mu mwoyo.

**KIWA EKIFAANANYI KY’EKIBI?**

Ekikolwa ekyo ky’olimu kiwa ekifaananyi ky’ekibi eri abalala? Baibuli eragira:

**Mwewalenga buli ngeri ya kibi. (1 Abassessaloniika 5:22)**

**KIVVOOLA ENDOWOOZA YO?**

Bw'oba osalawo ku bikwatagana n'ebikolwa ebireetawo ebibuuzo, oteekwa okumanyira ddala nti ky'osazeewo kye kituufu. Mu biro eby'endagaano empya, abakkiriza baalemwa okukkaanya oba nga kisaanidde okulya ennyama kubanga ennyama yakozesebwanga nga Ssaddaaka mu ndagaano enkadde. Ssaddaaka zino zaakozesebwanga ng'omutango olw'ekibi ky'omuntu nga Yesu tannawaayo bulamu bwe nga ssaddaaka y'ekibi esembayo. Kubanga ennyama yaweebwanga yo nga Ssaddaaka, waaliwo amateeka agaakugiranga okulya ennyama emu. Paulo kye yava awandiika ku lw'ekibuuzo kino:

> **Naye oyo abuusabuusa bw'alya, omusango gumaze okumusinga, kubanga talya lwa kukkiriza, era na buli ekitava mu kukkiriza kiba kibi. (Abaruumi 14:23)**

Ennono eri nti olina okuba nga mu ggwe okakasa nti mu nsonga ezireetawo ebibuuzo nti ekyo ky'okola kituufu. Bw'oba olina okubuusabuusa awo kifuuka kibi bwe weenyigira mu bikolwa ng'ebyo.

**KINAAKOSA KITYA ABALALA?**

Kino kijja kutuusa ku kuluŋŋamya okwenkomeredde mu bikolwa ebireetawo ebibuuzo. Okwenyigira mu kikolwa kino kiyinza kitya okukosa abalala? Baibuli egamba:

**Noolwekyo tunyiikirirenga eby'emirembe, n'eby'okuzimbagana ffekka ne ffekka. (Abaruumi 14:19)**

Ebikolwa bino biyinza okukosa abalala mu ngeri ennungi okusobola okukula mu mwoyo? Paulo awandiika:

> **Byonna bikkirizibwa, naye si byonna ebirimu omugaso. Byonna bikkirizibwa naye si byonna ebizimba. (1 Abakolinso 10:23)**

Ebikolwa ebimu bye weenyigiramu biyinza okulemesa abakkiriza abalala mu lugendo olw'omwoyo. Era mu kwogera ku kibuuzo eky'okulya ennyama, Paulo yawandiika:

> **Kale obanga kye ndya kyesittaza muganda wange, siryenga nnyama emirembe gyonna, nnemenga okwesittaza muganda wange. (1 Abakolinso 8:13)**

Paulo teyakitwala nti kibi okulya ennyama, wabula teyandigiriddе bwe kiba nga kyesitaza owooluganda omunafu. Owoolunda omunafu y'oyo omukkiriza, olw'obunafu mu kukkiriza, okumanya oba okutegeera ayinza okukosebwa olw'ekyokulabirako ky'oyo owooluganda omunywevu. Ayinza okusuulibwa mu kibi ekikontana n'okutegeera kwe era n'okukula kwe okwomwoyo kusobola okuba nga kuziyizibwa.

Omukkiriza omunywevu y'oyo, olw'okutegeera kwe eri eddembe ly'alina mu bintu ebimu n'amaanyi g'okulumirizibwa, akozesa eddembe lye mu ngeri ennungi. Tatwaliba ndowooza z'abalala.

Ekikolwa kyonna ekyowooluganda omunywevu ekiyinza okulabibwa obubi mu ngeri ya bulijjo ekyo kiba kibi bwe kiba nga kireeta owooluganda omunafu okusobya mu ndowooza ye oba nga kimuziyiza okukula mu mwoyo. Paulo yawandiika:

> **Kirungi obutalya nnyama newaakubadde okunywa wayini newaakubadde ekintu kyonna ekyesittaza muganda wo. (Abaruumi 14:21)**

**MU BUFUNZE: OKUSALAWO KU BIKOLWA EBIREETAWO EBIBUUZO:**

Ekipande kino wammanga kifunziza ebiruŋŋamya ku kusalawo ku bikolwa ebireetawo ebibuuzo.

| **Weebuuze…** | **Okujuliza okuva mu Baibuli.** |
|---|---|
| Kiweesa Katonda ekitiibwa? | 1 Abakolinso 10:31, Abakolosaayi 3:17, 23 |
| Kiki ekikusendasenda? | Yakobo 4:3 |
| Kyetaagisa? | 1 Abakolinso 6:12 |
| Kinaaletawo okukula mu mwoyo? | Makko 4:18, 19, Luka 8:14, Abaebbulaniya 12:1 |
| Kikuteeka mu busibe? | 1 Abakolinso 6:12 |
| Kyekkiriranya? | 2 Abakolinso 6:17 |
| Kikutwala mu kukemebwa? | Yakobo 1:13-15 |
| Kiwa ekifaananyi ky'ekibi? | 1 Abassessaloniika 5:22 |
| Kivvoola endowooza yo? | Abaruumi 14:23 |
| Kinaakosa kitya abalala? | Abaruumi 14:19, 21, 1 Abakolinso 8:31, 12:23 |

**ABAKKIRIZA WE BAAWUKANIRA:**

Soma Abaruumi 14:1-15:2. Ennyiriri zino ziraga abakkiriza nga bwe bajja okuba n'endowooza ez'enjawulo. Enjawulo bweziti zitera okujja olw'ebikolwa ebireetawo ebibuuzo nga tebikolebwako na Kigambo kya Katonda olw'okuba ebituufu oba ebikyamu.

Ekitundu kino kitunnyonnyola nti enjawulo ezo tezijja kuleetawo buzibu bwe tuba twalagana era nga bwe tweyongera n'okusoma ebyawandiikibwa. Abaruumi 14, atuwa ebiruŋŋamya bino ku ngeri y'okukwatamu obutakkaanya wakati w'abakkiriza mu nsonga ezitali ezo eziragibwa mu kigambo kya Katonda.

**YAWULA ENSONGA Z'EBIRAGIRO N'EDDEMBE.**

Abaruumi 14:14, eraga nti abakkiriza bwe baba n'enjawulo, kirungi okwawula ensonga zaabwe ku biragiro n'eddembe ku bikwata ku nsonga z'eddembe ezitaakolebwako mu kigambo kya Katonda, Paulo awandiika:

> **Mmanyi era nkakasiza ddala mu Mukama waffe Yesu, nga tewali kya muzizo ku bwakyo, wabula kya muzizo eri oyo akirowooza nga kya muzizo. (Abaruumi 14:14)**

Ku nsonga z'ebiragiro eziri mu kigambo kya Katonda, ffena tulina okugondera enkola y'emu. Mu nsonga endala, eddembely'okwesalirawo lisobola okuteekebwa mu nkola.

**WEETEREWO ENDOWOOZA YO.**

Oteekwa okweteerawo endowooza zo ku bikolwa ebireetawo ebibuuzo. Ku nsonga y'okukuza ennaku, Paulo yawandiika:

> **Omuntu omu agulumiza olunaku olumu okusinga olulala, naye omulala n'alowooza nti ennaku zonna zenkanankana. Noolwekyo buli muntu anywererenga ku ky'alowooza bwe kiba nga kye kituufu. (Abaruumi 14:5)**

Weeyambise okuluŋŋamizibwa okwakuweereddwa mu ssuula ewedde kukuyambe okusalawo ku nsonga ezireetawo ebibuuzo:

**KKIRIZA EDDEMBE LY'ABALALA LIBAYAMBE MU KYE BAKAKASIZA.**

Wadde ng'abalala baawukanako naawe, bawe omukisa okusalirawo mu ndowooza zaabwe ku nsonga ezireetawo ebibuuzo:

> **Kale ggwe lwaki osalira muganda wo omusango? Oba lwaki onyooma muganda wo? Kubanga ffenna tuliyimirira mu maaso g'entebe ya Katonda, ey'okulamula. Noolwekyo tetusaliragananga misango. Tumalirire obuteesittaza waluganda wadde okumutega okugwa mu kibi. (Abarumi 14:10, 13)**

**KOMA KU DDEMBE OLW'OKWAGALA.**

Obubaka obukulu mu Abaruumi 14:13-15:2, buli nti eddembe ly'omukristaayo lirina okukomebwako olw'okwagala:

> **Buli omu ku ffe asanyusenga muliraanwa we mu bulungi olw'okumuzimba mu kukkiriza. (Abaruumi 15:2)**

Olina okufaayo ennyo eri abakkiriiza abalala ng'osala ku ddembe lyo olw'okwagala kw'olina gye bali. Olina okubaagala ennyo oleme kukola kintu kyonna kiyinza kubeesitaza mu mwoyo:

> **Noolwekyo tetusaliragananga misango. Tumalirire obuteesittaza waluganda wadde okumutega okugwa mu kibi. (Abaruumi 14:13)**

**MUGONJOOLE BULI NSOBI.**

Owooluganda bw'aba nga asobezeddwa omukkiriza omulala, Matayo 18:15-17, ewa enkola ya Baibuli ey'okugonjoola ensobi ezo:

> **Muganda wo bw'akusobyanga ogendanga gy'ali n'omutegeeza ekisobyo kye nga muli babiri. Bw'akkirizanga n'akwetondera olwo ng'oggyeemu omuntu mu muganda wo.**
>
> **Naye bw'agaananga okukuwuliriza, ofunangayo omuntu omulala omu oba babiri obujulirwa bw'abantu ababiri oba abasatu bukakase buli kigambo.**
>
> **Naye bw'agaananga okubawuliriza ng'ensonga ozitwala eri Ekkanisa. Singa agaana okuwuliriza Ekkanisa, abeere nga munnaggwanga, era omuwooza w'omusolo. (Matayo 18:15-17)**

Emitendera egy'okugoberera owooluganda ng'akusoboza gye:

1. Genda gy'ali mu kyama mugonjoole ensonga. Toyogera nsobi eyo eri abalala. Genda butereevu eri oyo eyakusobezza mugezeeko okugonjoola ensonga eyo. Musabe era nga bwe musoma ekigambo kya Katonda nga muli wamu.
2. Bw'aba nga taakuwulirize, gendayo n'omulala ng'omujulirwa era ogezeeko. Abajulirwa balina kuba abakkiriza abateekubiira. Abakulembeze oba abakadde b'ekkanisa b'ebalungi mu nsonga eno. Genda n'abajulizi bano ew'oluganda ono, muteese, musabe era mubikkule ebyawandiikibwa mwenna okusobola okugonjoola ensonga.
3. Twala ensonga eri ekkanisa yonna. Bw'aba ow'oluganda oluvannyuma lw'okugenda yo n'omujulirwa ng'akyagaanyi, ensonga gitwale eri ekkanisa yonna, kino kirina okukolebwa mu kiseera ekituufu. Tekirina kukolebwa mu budde bwa kusaba bwa bulijjo oba nga waliwo abatali bakkiriza. Oluvannyuma lw'okuwuliriza ensonga, ekyo kyonna ekkanisa ky'esalawo ky'ekirina okutwalibwa era obuzibu ne bugonjoolwa. Bwe kitaba ekyo, awo oyo aba yasobezza aba yeeyisizza nga munnnamawanga oba atali mukkiriza.

**MU BUFUNZE: ABAKKIRIZA BWE BAAWUKANA.**

Ekipande kino wammanga kifunziza ebigobererwa singa wabaawo abakkiriza nga baawukanye ku nsonga ezikwatagana n'ebikolwa ebireetawo ebibuuzo:

**Abakkiriza bwe baawukana.**

Abaruumi 14-15:2 ne Matayo 18:15-17

Yawula ensonga z'ebiragiro ku ddembe.

Funa obukakafu mu by'okkiriza.

Kkiriza eddembe ly'abalala okusalawo eri endowooza zaabwe

Koma ku ddembe olw'okukkiriza

Gonjoola ensobi zonna.

# OKWEGEZAAMU:

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Enjogera "ebikolwa ebireetawo ebibuuzo" kitegeeza ki?
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Leetayo ebiruƞƞamya kkumi (10) okuva mu Baibuli ebikuweereddwa mu ssuula eno ebiraga engeri gy'okwatamu ebikolwa ebireetawo ebibuuzo.
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Enjogera "owoluganda omunafu" etegeeza ki?
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. "Owooluganda omunywevu" kitegeeza ki?
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Leetayo ebiruƞƞamya bitaano (5) ku ngeri y'okukwatamu obutakkaanya mu bakkiriza.
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Emitendera esatu gy'olina okuyitamu nga osobezeddwa ow'oluganda omulala gye giri wa?
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA.

Weekenneenye obulamu bwo nga bw'osaba. Wandiika olukalala lw'ebikolwa ebireetawo ebibuuzo bye weenyigiramu kati oba byolaba.

Weekenneenye enjogera eziraga okuluŋŋamya kwa Baibuli ezikulagiddwa mu ssuula eno nga bwe zifunziddwa ku kipande kino wammanga:

**OKUSALAWO KU BIKOLWA EBIREETAWO EBIBUUZO.**

| **Weebuuze…** | **Okujuliza okuva mu Baibuli.** |
|---|---|
| Kiweesa Katonda ekitiibwa? | 1 Abakolinso 10:31, Abakolosaayi 3:17, 23 |
| Kiki ekikusendasenda? | Yakobo 4:3 |
| Kyetaagisa? | 1 Abakolinso 6:12 |
| Kinaaletawo okukula mu mwoyo? | Makko 4:18, 19, Luka 8:14, Abaebbulaniya 12:1 |
| Kikuteeka mu busibe? | 1 Abakolinso 6:12 |
| Kyekkiriranya? | 2 Abakolinso 6:17 |
| Kikutwala mu kukemebwa? | Yakobo 1:13-15 |
| Kiwa ekifaananyi ky'ekibi? | 1 Abassessaloniika 5:22 |
| Kivvoola endowooza yo? | Abaruumi 14:23 |
| Kinaakosa kitya abalala? | Abaruumi 14:19, 21, 1 Abakolinso 8:31, 12:23 |

# ESSUULA EYOOMWENDA:

## EKYOKULABIRAKO KYA BAIBULI KU KUSALAWO.

**EBIGENDERERWA:**

Bwomaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola obukulu bw'ekyokulabirako.
- Okunnyonnyola omugaso gw'ekyokulabirako mu kusalawo
- Okukozesa eky'okulabirako kya Baibuli ku kusalawo kikuyambe nga okola okusalawo okw'amagezi.

**OLUNYIRIRI OLUKULU.**

> **Omutima gw'omuntu guteekateeka ekkubo lye, naye Mukama y'aluŋŋamya bw'anaatambula. (Engero 16:9)**

**ENNYANJULA.**

Essuula eno ewa eky'okulabirako ekya Baibuli ku kusalawo. Eky'okulabirako ky'ekikola oba kwogereza ku kintu. Obukulu bwakyo kwe kukuwa eky'okulabirako ky'oyinza okugoberera. Okusalawo kiba kintu ky'olonzeewo. Oteekwa okumanya eky'okuddamu eri embeera y'obulamu eyaddala n'osawo eky'okukola. Ekyokulabirako ku kusalawo kikoze nga eky'okulabirako ky'oyinza okugoberera ng'okola okusalawo kw'obulamu. Obulamu ky'ekintu ekijjudde era ekitaggwamu kusalawo. Okusalawo kyabuvunaanyizibwa. Okugaana okusalawo emirundi egiwera era nakwo kuba kusalawo nga kkwo.

Eky'okulabirako ekituweebwa mu ssuula eno kijja kutuyamba okukola okusalawo okw'amagezi okuli mu kwagala kwa Katonda:

> **Omutima gw'omuntu guteekateeka ekkubo lye, naye Mukama y'aluŋŋamya bw'anaatambula. (Engero 16:9)**

**EKY'OKULABIRAKO.**

Soma eky'okulabirako ekya Baibuli ku kusalawo ekiri mu mukko oguddako. Ekipande kino kifunza ebyo by'oyize mu ssuula eziwedde. Era weeyongereyo eri okunnyonnyola okusalawo mu ssuula eno.

**EKY'OKULABIRAKO EKYA BAIBULI KU KUSALAWO.**

Zuula ekizibu, ekibuuzo oba embeera y'obulamu eyetaaga okuluɧɧamizibwa.

Kyogerwako mu byawandiikibwa n'ekiragiro ekyetongodde, ennono enkulu oba nga eky'okulabirako?

| Ye | Nedda | |
|---|---|---|
| Oludda 1 | Oludda 11 | Oludda 111 |
| Kola okusalawo ng’osinziira | Kikolwa ekireetawo ebibuuzo? | Mbeera ya bulamu? |
| Ku kiragiro ekya Baibuli ennono | kola okusalawo ng’osinziira ku | weeyongereyo n’emitendera |
| Oba eky’okulabirako | bibuuzo bino: | gino: |
| | Kiweesa Katonda ekitiibwa? | Saba |
| | Kiki ekikusendasenda? | Soma ebyawandiikibwa. |
| | Kyetaagisa? | Wuliriza omwoyo Mutukuvu. |
| | | N’okuluɧɧamizibwa bwe kuba kukuweereddwa. |
| | Kinaaletawo okukula mu mwoyo? | Noonya okuluɧamizibwa |
| | | Okw’obukristaayo. |
| | Gwe muze ogusiba? | Weekenneenye embeera. |
| | Kyekkiriranya? | Kozesa ebisumuluzo bya |
| | | Baibuli bikuluɧɧamye. |
| | Kikutwala mukukemebwa? | Kola okusalawo. |
| | Kiwa ekifaananyi eky’ekibi? | Kebera ku kalabalaba |
| | | Ow’emirembe. |
| | Kivvoola endowooza yo? | |
| | Kinaakosa kitya abalala? | |
| | Saba olyoke okole okusalawo | |

Kebera kukalabalaba ow’emirembe

Bw’oba nga tolina mirembe, weeyongere okunoonya Mukama ng’okozesa eky’okulabirako.

**OKUKOZESA EKYOKULABIRAKO:**

Omutendera ogusooka mu ky’okulabirako eky’okukola okusalawo kwe kuzuula ekizibu, ekibuuzo oba embeera y’obulamu eyeetaaga okuluŋŋamizibwa. Ekiddako soma ekigambo kya Katonda olabe oba ekizibu kikolebwako na kiragiro, kyakulabirako oba nnono enkulu.

**YE:**

Bwe kiba ng’ekyokuddamu kiri “Ye” olwo kikolebwako na kigambo kya Katonda. Awo kola okusalawo ng’osinziira ku kubikkulirwa kuno. (laba oludda 1) mu ky’okulabirako. Manya ng’ekyo ky’osazeewo kikwatagana n’ebyawandiikibwa.

**NEDDA:**

Bwe kiba ng’ekyokulabiko kiri “Nedda,” awo weeyongereyo n’ekyokulabirako oky’okusalawo ekya oludda11 ne 111. Wano ojja kusisinkana okusalawo kwamirundi ebiri mu mbeera ezitakoleddwako mu Baibuli. Olina okumanya oba ky’osazeewo tekiringa ebikolwa ebireetawo ebibuuzo oba embeera y’obulamu obwabulijjo.

**EBIKOLWA EBIREETAWO EBIBUUZO:**

Ekikolwa ekireetawo ebibuuzo ky’ekintu ekitakoleddwako mu byawandiikibwa, nga kituufu oba nga kikyamu. Musobola okubaamu bye tusalawo okukola mu biseera eby’eddembe, okwesanyusa, omuze eby’okulya, eby’okunywa, ennyambala oba olunaku lw’okusinzizaako.

Bwe kuba ng’okusalawo kwo mulimu ebikolwa ebireetera ebibuuzo, weebuze ebibuuzo ebikulagiddwa mu kyokulabirako ku (ludda11). Waliyo ennono za Baibuli ku kuluŋŋamizibwa naddala mu mbeera ez’ebibuuzo ezannyonnyoddwa mu ssuula ey’omunaana. Ddamu ebibuuzo bino byonna omale osabe, awo nno kola okusalawo kwo ng’osinziira ku by’ozzeemu eri ebibuuzo mu kyokulabirako.

**EMBEERA Z’OBULAMU.**

Embeera y’obulamu eyinza okubaamu: weeyongere ku mukono gwo ogwa ddyo ku kyokulabirako kyokusalawo ekikuweereddwa. Sooka osabire okusalawo. Saba Katonda okwagala kwe kukolebwe mu bulamu bwo. Musabe akuwe amagezi ku kusalawo okutuufu. Mutendereze olw’okuluŋŋamya n’okola okusalawo okutuufu, leka abalala basabeko naawe.

Soma ebyawandiikibwa era nga bw’osoma, sabayo ebyakusubizibwa ku kuluŋŋamizibwa okuba mu kigambo kya Katonda.

Wuliriza eddoboozi ly’omunda erya Mwoyo Mutukuvu nga bwayogera okwagala kwa Katonda mu mutima gwo. Kkiriza okubikkulirwa Katonda bw’aba akukuwadde. Muno mulimu; ebirooto, okwolesebwa, bamalayika, eddoboozi eriwulirwa okuva ewa Katonda, oba engeri endala ez’okuluŋŋamizibwa mu kukkaanya n’ekigambo kya Katonda.

Noonya okuluŋŋamizibwa kw'obukristaayo, weekenneenye embeera ezikosa okusalawo, kozesa ebisumuluzo bya Baibuli bikuluŋŋamye ebyo byennyini byewasomye mu ssuula ewedde (Bino bisangibwa mu Engero 3:5-6). Ng'osinziira ku nkola zino awo kola okusalawo kwo.

**KALABALABA OW'EMIREMBE.**

Ku kusalawo naddala okutalagiddwa mu biragiro bya Baibuli, ennono oba eby'okulabirako, ne kalabalaba ow'emirembe by'ebikuluŋŋamya. Bw'okola okusalawo ku bikolwa ebireetawo ebibuuzo oba ku mbeera y'obulamu bwo naye nga tolina mirembe mu mwoyo gwo. Weeyongere okunoonya Mukama ng'okozesa emitendera egiri mu ky'okulabirako. Tokola kusalawo kusembayo okutuusa ng'emirembe gya Katonda ogifunye okukakasa okusalawo kwo. Topapirizanga:

> **Lindirira Mukama. Ddamu amaanyi, ogume omwoyo.Weewaawo, lindirira Mukama. (Zabuli 27:14)**
>
> **Emmeeme yange ewummulire mu Katonda yekka; kubanga mu ye mwe muli essuubi lyange. (Zabuli 62:5)**
>
> **Siriikirira awali Mukama, ogumiikirize ng'olindirira ky'anaakola. Tofangayo ng'abalala bafunye ebirungi nga bayita mu kutetenkanya kwabwe okubi. (Zabuli 37:7)**
>
> **Naye abo abalindirira Mukama baliddamu buggya amaanyi gaabwe, balitumbiira n'ebiwaawaatiro ng'empungu; balidduka mbiro ne batakoowa, balitambula naye ne batazirika. (Isaaya 40:31)**

Saulo yali mu bwangu era n'akola okusalawo okwamulemesa mu bwakabaka. Osobola okisomako mu 1 Samwiri 13. Nekkemiya yalindirira okuluŋŋamizibwa kwa Katonda n'ebiseera ebituufu era n'afuuka kitundu ku abo abaazimba  obwakabaka. Osobola okusoma emboozi eno mu kitabo kya Nekemiya.

# OKWEGEZAAMU:

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Obukulu bw'ekyokulabirako bwe buliwa?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Eky'okulabirako ky'okusalawo kye kiriwa?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Eby'okuddamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA.

Kozesa eky'okulabirako kya Baibuli ekiri mu ssuula eno kikuyambe okukola okusalwo ku bizibu, ebibuuzo oba embeera z'obulamu mwe weetaaga okuluŋŋamizibwa.

# ESSUULA EYEKKUMI

## WAGEZAAKO N'OLEMERERWA?

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okuzuula eby'okulabirako eby'abasajja mu Baibuli abaawangula okulemererwa ne badda eri okwagala kwa Katonda okutuukiridde.
- Okuzuula eby'okulabirako eby'abasajja mu Baibuli abaasubwa okwagala kwa Katonda obulamu bwabwe ne bakkakkana nga balemereddwa.
- Okuleetayo ebiruŋŋamya ku ngeri y'okudda mu kwagala kwa Katonda bw'olemererwa.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Singa abantu bange bampuliriza; singa Isirayiri agondera ebiragiro byange. (Zabuli 81:13)**

**ENNYANJULA.**

Mu lusoma luno oyize engeri nnyingi Katonda z'ayogera n'abantu n'okubatusaako okwagala kwe. Naye kiki ekibaawo bw'olemererwa okutegeera okwagala kwa Katonda? Era ekiba kiddirira kwe kusalawo obutagondera ddoboozi lye. Era mu ngeri y'emu tofuna kuluŋŋamya kwe ng'osobya oba n'olemererwa okutegeera ennono za Baibuli. Ob'olyawo nga osalawo mangu nnyo awatali kuluŋŋamya kwe. Kiki ky'oyinza okukola bw'oba ogezezzaako n'olemererwa?

**ABAALEMERERWA ABAFUUKA ABAWANGUZI.**

Baibuli erimu eby'okulabirako eby'abasajja bangi ab'amaanyi, omulundi ogumu baalemererwa mu bulamu bwabwe okuwuliriza eddoboozi lya Katonda ne bava mu kwagala kwe. Kyokka abasajja bano abaali balemereddwa oluvannyuma bafuuka bawanguzi:

**Ibulayimu**: Yalimba nti Ssaala teyali mukazi we olw'okutya okuttibwa oluvannyuma ne bamumutwalako. Kyokka yayitibwa omusajja ow'okukkiriza era mukwano gwa Katonda.

**Musa:** Yakuba olwazi n'aletera amazzi okuva mu lwazi mu kifo ky'okwogera obw'ogezi nga Katonda bwe yali amulagidde. Kyokka Baibuli egamba nti tebangayo nnabbi mulala w'amaanyi nga Musa.

**Daudi:** Yakola obwenzi n'emuk'omusajja, n'atta omusajja okugezaako okubikkirira ekibi kye. Kyokka y'eyali Kabaka ow'amaanyi era Katonda gwe yayita omusajja alina omutima gwa Katonda.

**Yona:** Omubuulizi ono yakwata ekkubo eddala eritali eryo Katonda lye yamuluŋŋamya okugenda abuulire ery'e Nineve. Oluvannyuma yabuulira era n'aleetawo enkyukakyuka mu byafaayo ekyasinze. Yaleetera ekibuga kyonna okw'ennenya.

**Peetero:** Yeegaana Yesu, naye oluvannyuma yafuuka omukulembeze ow'amaanyi mu kkanisa eyasooka.

**ABAALEMERERWA DDALA.**

Baibuli erimu eby'okulabirako by'abasajja abataalaba kwagala kwa Katonda obulamu bwabwe bakkakkana nga bawanguddwa era nebalemererwa:

**Samusooni:** Yali mulamuzi mukulu mu ggwanga lya Isirayiri era yalina amaanyi mangi agaamuweebwa Katonda. Yatandika okununula Isirayiri okuva ew'omulabe waayo Omufirisuuti. Naye olwokwegattako omukazi munnamawanga, Samusooni yatwalibwa mu buwambe era n'afiira mu busibe obw'omulabe.

**Wuziya:** Kabaka ono eyasooka okukola ekyo Katonda kye yali ayagala era Mukama n'amuyitimusa. Naye Wuziya yayonoona bweyayingira Yeekaalu n'akola emirimu egikolebwa bakabona bokka. Era bw'atyo n'afuna ebigenge okutuusa okufa.

**Saulo:** Kabaka wa Isirayiri eyasooka, Saulo yali musajja eyayagalibwa abantu era omwoyo wa Katonda kwe yawumuliranga. Olw'obutagonda, yagaanibwa Katonda okubeera Kabaka era ne wateekebwawo Kabaka omulala okumaliriza omulimu gwe. Obulamu bwa Saulo bwakomekkereza mu kulemererwa, mu kusiraana era n'okwetta.

**Eli:** Yasooka kuba Kabona ow'amaanyi mu nnyumba ya Mukama. Eli ne batabani be baafiira mu kusiraana olw'obutagonda.

**Yuda:** Yuda yali muyigirizwa mu buweereza bwa Yesu obwokunsi. Yalabako ku byamagero ebyamaanyi Yesu bye yakola era n'awuliriza n'okuyigiriza kwe. Kyokka yalyamu Yesu olukwe era n'amaliriza obulamu bwe nga yeetuze.

**KIKI EKYALEETAWO ENJAWULO?**

Tuleseeyo ebyokulabirako eby'abasajja abali mu Baibuli abaalemererwako mu bulamu bwabwe olw'obutategeera kwagala kwa Katonda. Abamu ku bantu bano baava mu kulemererwa ate ne bafuuka abasajja ba Katonda ab'amaanyi. Abalala tebaakyusa makubo gaabwe. Obulamu bwabwe ne bufundikirira mu kulemererwa. Kiki ekyaleetawo enjawulo?

Okuddamu ekibuuzo kino, leka twekkaanye obulamu bwa bakabaka bano ababiri, Daudi ne Saulo. Sooka osome emboozi ya Daudi ng'ava mu kwagala kwa Katonda mu 2 Samwiri 11-12. Ate osome n'emboozi y'okulemererwa kwa Saulo mu 1 Samwiri 15. Okulemererwa kwa Daudi kulabika nga kuneneko ku kwa Saulo. Saulo yaleeta ente ng'omunyago mu lutalo Katonda lwe yamugaana okukola.

Daudi yayendera ku muka musajja. Bwe yafuna olubuto, yalina okutta bba w'omukyala gweyayenda okusobola okubikkirira ku kibi. Saulo yagaanibwa Katonda nga Kabaka, kyokka Daudi yasigala ku ntebe y'obwakabaka era n'ayitibwa omusajja alina omutima gwa Katonda. Lwaki obulamu bw'omu bwakomekkereza mu kulemererwa ate obwomulala ne bumalira mu buwanguzi?

Nnabbi Samwiri bwe yatuukirira Saulo olw'ekibi kye, Saulo yagamba:

> **Awo Sawulo n'agamba Samwiri nti, "Nyonoonye. Najeemedde ekiragiro kya Mukama era n'ebigambo byo, kubanga natidde abantu ne ŋŋendera ku bigambo byabwe. Sawulo n'addamu nti, "Nyonoonye, naye nzisaamu ekitiibwa mu maaso g'abakadde b'abantu bange, ne mu maaso ga Isirayiri, oddeyo nange, nsinze Mukama Katonda wo. (1 Samwiri 15:24 ne 30)**

Saulo yakwatibwa mu kibi era n'akikkiriza. Yeetonda, naye olw'okuba nga yakwatibwa, okwetonda olw'ekibi tekimala. Okwetonda kulina kuleetawo okwennenya:

> **Kubanga okunakuwala okw'okwenenya eri Katonda kuleeta obulokozi, era tekuleeta kwejjusa; naye okunakuwala okw'ensi kuleeta kufa. (2 Abakkolinso 7:10)**

Saulo yakkiriza nti yalemererwa naye n'ateeka okulemererwa kwe ku balala. Yayagala Samwiri amuwe ekitiibwa mu maaso g'abakulu aleme kusiraana. Yayagala Samwiri asinze Katonda naye okulaga abantu nti yali akyali musajja wa mwoyo.

Saulo teyayatula kibi kye eri Katonda, teyeenenya era teyasaba kisonyiwo. Yagaana okukkiriza ensobi ye ng'omuntu. Yawaayo okusinza mu kifo ky'okwennenya eri Katonda. Saulo yafaayo nnyo ku ki kye yali eri abantu okusinga enkolagana ye ne Katonda. Olwa kino, Samwiri yagamba Saulo:

> **Samwiri n'amugamba nti, "Mukama akuyuzizzaako obwakabaka bwa Isirayiri leero, n'abuwa omu ku baliraanwa bo akusinga. (1 Samwiri 15:28)**

Obwakabaka bwagyibwa ku Saulo ne buweebwa Daudi.

Nnabbi Nassani bwe yatuukirira Daudi olw'ekibi kye, mu bwangu, Daudi yakikkiriza;

> **Awo Dawudi n'agamba Nasani nti, "Nnyonoonye Mukama." Nasani n'addamu nti, "Kale, Mukama aggyeewo ekyonoono kyo era toofe. (2 Samwiri 12:13)**

Teyeekwasa balala. Teyeekwasa Baseba, yakkiriza ensobi ye era ne yeenenya ewa Katonda. Essaala ya Daudi ey'okwenenya esinga eragibwa mu Zabuli 51. Soma Zabuli eno yonna nga bw'eri mu Baibuli yo. Daudi yayatula ekibi kye era n'asaba ekisonyiwo.

> **Ebyonoono byange mbikkiriza, era ebibi byange mbimanyi bulijjo.**
>
> **Ggwe wennyini ggwe nnyonoonye, ne nkola ebitali bya butuukirivu mu maaso go ng'olaba; noolwekyo by'oyogera bituufu, era n'ensala yo ey'omusango ya bwenkanya. (Zabuli 51:3-4)**

Saulo ne Daudi bombi baakola okusalawo okukyamu. Daudi bwe yategeera ensobi ye n'akyusa ekkubo, Saulo ky'ataakola. Yaviira ddala ku kwagala kwa Katonda era obulamu bwe ne bumaliriza mu kulemererwa n'okwetta.

## WAGEZAAKO N'OLEMERERWA?

Bw'otakola kwagala kwa Katonda, waliwo okuluŋŋamizibwa okwa Baibuli okw'okudda eri okwagala Mukama. Tusobola okweyambisa ekyokulabirako ekya Yona. Soma ekitabo kya Yona mu Baibuli yo nga tonnaba kweyongerayo mu ssomo lino.

Yona yalagirwa okugenda abuulire ab'e Nineeve ku kw'enenya mu ggwanga lyabwe. Mu kifo ky'okugondera Katonda, yakwatamu kkubo ddala. Yona yayita mu mitendera gino okudda eri okwagala kwa Katonda. Gino gye mitendera mw'olina okuyita bw'ofuna okulemererwa mu bulamu:

MANYA OKULEMERERWA KWO.

Kyatwala omuyaga ogw'amaanyi ku nnyanja okukakasa Yona anti yali avudde mu kwagala kwa Katonda (Yona 1:2). Tegeera nti Katonda alina engeri ez'enjawulo mw'ayinza okuyita okutegeera nti ovudde mu kwagala kwe.

Bw'olemererwa okukimanya kino awo manya nti ovudde mu kwagala kwa Katonda kwe. Toganya kyekwaso kyonna kukkiriza nsobi yo. Bino by'ebimu ku byo:

- "Abantu bajja kunziggyamu obwesige."
- "Bwe nzikiriza okulemererwa kitegeeza nti nzikkiriza nze musobya"
- "Nnalemereddwa dda. Era nsobola n'okuwanika."
- "Kiyiseeko nnyo"
- "Ndi kyakulabirako kibi, era nnina kubivaamu."
- "Ndi wala nnyo ku kwagala kwa Katonda okusobola okutereeza ebintu."
- "Simanyi oba nsobola okuddamu okusisinkana okwagala kwa Katonda nate."

**WEENENYE EKIBI KYO.**

Essaala ya Yona esinga ey'okwenneenya eragibwa mu Yona 2. Yona yayatula ekibi ekibi kye ewa Katonda, era n'asaba ekisonyiwo. Bw'ova mu kwagala, jangu eri Mukama omusabe akusonyiwe, kakasa nga weesonyiye naawe. Tekyeetagisa okwenenyeza mu lujjude okuleka nga kye wakoze kyakosezza abantu abalala nga weetaaga okubasaba ekisonyiwo. Kikulu nnyo okwenenya eri Katonda.

**OKUMANYA EKIFO W'OVUDDE.**

Okuyita mu kusaba, ekigambo kya Katonda, n'okuluɧɧamizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, manya ekifo we waviira mu kwagala kwa Katonda. Ye Yona yamanya ekifo we yaviira mu kwagala kwa Katonda, awo we yakwatira ekkubo eddala eritali ly'e Nineeve.

**KOMAWO OTEREEZE ENSOBI.**

Komawo mu kifo we waviirako otereeze ensobi, bwe kiba kisoboka. Yona bwe yategeera ensobi ye ey'okwata ekkubo eddala eritaali ly'e Nineeve, yakyusa ekkubo n'agenda e Nineeve. Yagolola ensobi ye (Yona 3:3).

Oluusi tolina ky'oyinza kukola okuteereza ensobi okuggyako okwenenya. Ku kyokulabirako ekya Daudi kye tulabye, yali talina kyayinza kukolera kibi kye ne Baseba. Ensobi yali ekoleddwa. Yali talina kyakulo okuleka okeenenya. Mu mbeera ng'osobola okutereeza ensobi yo, mu ngeri eyo ky'oba okola.

**OKUBIKKULIRWA…NONYA KATONDA OKULUɧɧAMIZIBWA ERA OKUKOLERE MU.**

Bw'okkiriza ensobi yo, saba Katonda akusonyiwe, manya ekifo we waviirako otereeze ensobi z'osobodde, noonya Mukama akuluɧɧamye. Gyawo buli kiyinza okukulemesa okuwulira eddoboozi lya Katonda. Muno muyinza okubaamu ekibi eky'okuwakana, okweyagaliza, n'endowooza enkyamu. Weyongere okutendeka amatu go ag'omwoyo okuwulira eddoboozi lya Katonda nga bw'osaba n'okusoma ekigambo kya Katonda. Nga Yona bwe yanoonya Katonda olw'okuluɧɧamizibwa, Mukama yayogera naye omulundi ogw'okubiri n'agamba, "Golokoka ogende e Nineve." (Yona 3:1-2). Omulundi

guno Yona yagoberera eddoboozi lya Mukama. Yagenda e Nineve n'abuulira ekigambo kya Katonda. Yaleetawo enkyukakyuka ey'amaanyi ey'ekyafaayo, era e kibuga kyonna kyenenya (Yona 3)

Baibuli erimu emboozi ku basajja abalinga Yona nnyingi. Abasajja bano baalemererwa ne bakkiriza okulemererwa okwo era ne basawo ekisonyiwo. Bwe baakikola, Katonda yabasonyiwanga era n'abawa okuluŋŋamizibwa. Ajja kukola ky'ekimu ne ku ggwe. Katonda tatunuulira by'oyiseemu nga ggwe. Alaba omuntu gw'oyinza okuba singa otambulira mu kugondera eddoboozi lya Katonda.

**EKIFUNZE.**

Ekipande kino kifunzizza okuluŋŋamizibwa kwa Baibuli kw'olina okugoberera bw'ova mu kwagala kwa Katonda.

**BW'OVA MU KWAGALA KWA KATONDA.**

Manya ensobi yo.

Weenenye olw'ekibi

Manya ekifo we waviirako.

Ddayo otereeze ensobi.

Okubikkulirwa: Noonya Katonda olw'okuluŋŋamizibwa era okukolere mu.

# OKWEGEZAAMU:

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Nokolayo eby'okulabirako by'abasajja ba Baibuli ab'amaanyi abaawangula nga bamaze okugwa mu nsobi oluvannyuma lw'okudda eri okwagala kwa Katonda okutuukiridde.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Nokolayo eby'okulabirako by'abasajja ba Baibuli abaava mu kwagala kwa Katonda obulamu bwabwe ne buwunzikira mu kulemererwa.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
4. Leetayo ebiruɧɧamya bitaano (5) ebikuzza mu kwagala kwa Katonda bw'oba ng'olemereddwa.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA.

1. Mu Lukka 15:11-32, Yesu yanyumya ku muvubuka eyava ewa kitaawe n'agenda mu nsi eyeewala. Soma emboozi eno n'obwegendereza, n'okusinga ekitundu ekyogera ku kudda kw'omwana eri kitaawe. Ojja kulaba nti yagoberera okuluɧɧamizibwa asobole okutereeza ensobi nga bwezinnyonnyoddwa mu ssuula eno.
2. Soma ku byokulabirako by'abasajja bano abaava mu kwagala kwa Katonda olumu. B'ani abaagolola ensobi zaabwe ne bawangula? Baliwa abataagolola nsobi zaabwe? Kiki ekyavaamu?

| | |
|---|---|
| Ibulayimu | Oluberyeberye 20-21 |
| Musa | Okuva, era laba Ebikolwa 7:20-44 |
| Balamu | Okubala 22 |
| Uzziya | 2 Ebyomumirembe 26 |
| Samusoni | Ekyabalamuzi 13-16 |
| Daudi | 2 Samwiri 11-12, Zabuli 51 |
| Saulo | 1 Samwiri 8-15 |
| Yonah | Ekitabo kya Yonah |
| Peetero | Matayo, Makko, Lukka, Yokaana, Ebikolwa by'Abatume. |
| Yowaana Makko | Ebikolwa 12:12, 25, 15:39, 2 Timoseewo 4:11 |

Osobole naawe okweggatirako ebyokulabirako byozudde ng'omaze okusoma ekigambo kya Katonda.

3. Yesu yasomesa engero bbiri ez'omugaso ku kwagala kwa Katonda. Soma Lukka 12:42-48 ne Matayo 21:28-32 era ofune by'oyize.

________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
________________________________________________________________________________
_______________________________________________________________________________

# ESSUULA EY'EKKUMI N'EMU.

## OKWAGALA KWA KATONDA N'OKUBONAABONA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okuzuula ensonga ttaano ez'okubonaabona.
- Okumanya nti mu kwagala kwa Katonda muyinza okubaamu okubonaabona.
- Okwawula okubonaabona okubaawo ng'oli mu kwagala kwa Katonda n'okwo nga toli mu kwagala kwa Katonda.
- Letaayo ebirungi by'okubonaabona mu kwagala kwa Katonda.

**OLUNYIRIRI OLUKULU.**

> **Noolwekyo abo ababonaabona olw'okutuukiriza ekyo Katonda ky'ayagala, basaanidde okuwaayo obulamu bwabwe eri Katonda waabwe omwesigwa, bakole obulungi. (1 Peetero 4:19)**

**ENNYANJULA.**

Owulidde eddoboozi lya Katonda. Wanoonyezza okuluŋŋamizibwa, kukuweereddwa n'otandika olugendo lw'obulamu Katonda lw'alabika nga lwe yalaze. Naye mu kusalawo kuno n'otandika okusisinkana ebizibu ebitandizze naye olw'okuba ng'okutte ekkubo lino eppya "ery'okwagala kwa Katonda" mw'otambulira.

Wawulira eddoboozi lya Katonda oba wakola ensobi? Ebizibu bino by'osisinkana kabonero kava eri Katonda nga kalaga nti toli mu kwagala kwa Katonda kwe? Katonda akkiriza okubonaabona okujja eri omuntu ali mu butuukirivu obw'okwagala kwe?

Yesu bwe yali ku nsi n'ayogera ku kubonaabona kwe yalina okusisinkana ku musaalaba, bangi ku bagoberezi be baamwegaana (Yokaana 6:55-66). Baasubira Masiya okufugira mu maanyi n'ekitiibwa. Wabula yayogera ku kubonaabona. Baali tebasobola kutegeera, era ne bamuviira.

Bw'oba tolina kutegeera eri okubonaabona okuli mu kwagala kwa Katonda, naawe oyinza okuva mu by'okugoberera Yesu bw'osisinkana embeera enzibu. Katonda teyatonda kubonaabona. Ku ntandikwa kwayingira mu nsi okuyita mu kibi ky'omuntu omu (Oluberyeberye 3). Katonda ayinza okutwala ekyakolebwa olw'ekibi nakikozesa okumaliriza ekiruubirirwa kye.

**ENSONGA Y'OKUBONAABONA.**

Baibuli erina bingi eby'okwogera ku kubonaabona, ebizibu, n'okunyigirizibwa. Mu kufunza kukuyigiriza ku kino, tuzuula engeri ttaano (5) okubonaabona bwe kuyinza okujja mu bulamu bw'omukkiriza:

**ABAKULI OKUMPI:**

Okubonaabona kuyinza okujjira mu abo abakuli okumpi. Yusuufu y'omu ku ky'okulabirako eky'engeri eno. Awataali nsobi ye, yatundibwa baganda be eri Aba Missiri, yasibibwa Potifaali awatali nsonga, ne yeerabirwa be yayambira mu kkomera.

Naye wuliriza okuddamu kuno: Yusuufu yagamba:

> **Naye kaakano temuggwaamu mwoyo, oba temwekubagiza olw'okuntunda wano, kubanga Katonda yantuma mbasookeyo nsobole okuwonya obulamu. Era Katonda yantuma mbasookeyo mbakuumire abalisigalawo ku nsi; ndyoke mbawonyezeewo abantu abangi ennyo mu ngeri ey'ekitalo. (Oluberyeberye 45:5, 7)**

**EMBEERA Z'OBULAMU.**

Embeera eyookubiri okubonaabona mwe kujjira z'embeera z'obulamu. Kino kiragibwa mu ky'okulabirako ekya Nawumi ali mu kitabo kya Luusi mu Baibuli eyalaba okufa kwa bba ne batabani be.

Okutuusa nga Yesu akomyewo omulabe w'okufa n'awangulwa, okufa kuli kitundu ku bulamu. Okufa kwayingirirawo mu kibi eky'omuntu eyasooka era kyabulijjo buli muntu alina okukisisinkana, kubanga "Ng'abantu bwe baterekerwa okufa omulundi ogumu." (Abaebbulaniya 9:27)

**OBUWEEREZA BWO**.

Ensonga eyookusatu ey'okubonaabona bwe buweereza bwo eri Mukama. Endagaano empya eyogera ku kubonaabona ku lulwe (Ebikolwa 9:16), ku lwa Kristo (Abafiripi 1:29), okukola obulungi (1 Peetero 2:19-20, 3:17), olw'obutuukirivu (1 Peetero 3:14), ng'omukristaayo (1 Peetero 4:15-16), ne ku lw'okwagala kwa Katonda (1 Peetero 4:19)

Omutume ky'ekyokulabirako ky'okubonaabona olw'obuweereza. Abantu abamu balaba okubonaabona ng'akabonero k'okulemererwa oba obutaba na kukkiriza. Kino bwe kiba nga kituufu, awo omutume Paulo teyalina kukkiriza era yeyasinga okulemererwa mu byafaayo by'ekkanisa.

Paulo yagamba ng'akyali mu Asiya yakubibwa kata obulamu bwe bugende (2 Abakolinso 1:8). Awa ekifaananyi eky'enjawulo eky'omubuulizi omusanyufu asuubiza abakkiriza emirembe n'obuwanguzi ebyereere. Paulo bwe yali yakayitibwa Katonda eri obuweereza, yabuulirwa "ebintu eby'amaanyi" by'anaabonaabona ku lwa Mukama (Ebikolwa 9:16)

Paulo kye yakola eri okubonaabona kwali kugumiikiriza "okufiirwa ebintu byonna abeeko byafunira Kristo." Yawandiikira abakkiriza:

> **Kubanga mwaweebwa omukisa, ku lwa Kristo, si mu kumukkiriza kyokka, naye n'okubonaabona ku lulwe. (Abafiripi 1:29)**

Paulo teyali yekka mu kubonaabonera obuweereza. Ekkanisa yonna yabonaabona mu biro by'endaagaano Empya (Ebikolwa 8). Abaebbulaniya 11 alaga emboozi ku kutulugunyizibwa okusinga obukambwe kwe baagumiikiriza. Abasinga ku basajja n'abakazzi bano abakkiriza baatasibwa maanyi ga Katonda. Enzigi z'ekomera zeggula ne bafuluma. Baasulibwa mu bikoomi by'omuliro naye baavaamu nga tebookeddwa wadde.

Naye abamu abakkiriza bano abayitibwa abasajja n'abakazzi ab'okukkiriza, tebaafuna kutaasibwa. Baasibibwa baanyigirizibwa, baatulugunyizibwa n'okuttibwa ne battibwa olw'enjiri (Abaebbulaniya 11:36-40). Tutunuulira okukkiriza naye Katonda abikkula n'amaanyi g'okufiira mu kukkiriza. Kuno kwe kukkiriza okusigalawo kakabe akaseera akazibu, so si mu biseera ebirungi mwokka okununulibwa okwamaanyi mwe kweyolekera.

**ENKOLA ZA SITAANI OBUTEREEVU.**

Oluusi okubonaabona kujja mu bulamu bwo ng'okulumbibwa kwa Sitaani. Kino kyeraga mu bulamu bwa Yobu. Ekitabo kino kiri ku kibuuzo, "Lwaki abatuukirivu babonaabona?"

Okujulira kwa Katonda ku Yobu kwali nti yali musajja mutuukirivu (Yobu 1-2). Yobu teyabonaabona kubanga yasobya, nga mikwano gye bwe gyagamba. Bakkiriza nti singa Yobu yeenenya, embeera ye yandikyuse. Mikwano gye gino gyagezaako okulumiriza nti embeera eyo yali ku ye by'ayiseemu. Kyefaanaayiriza n'okugamba nti kubanga Katonda yataasa Peetero mu kkomera nti anaakukolera ky'ekimu. Kino si kituufu. Bangi battiddwa mu makomera newaakubadde nga baba n'okukkiriza okwamaanyi wamu n'obulamu omutali kibi.

Tulina okubeera abeegendereza bwe tulaba abalala nga babonaabona tuleme okubacunga olw'ekibi, obutakkiriza oba obutaba beesigwa. Baibuli egamba nti kubanga oyo asigira mu mubiri gwe, alikungula ebiggwaawo (Abaggalatiya 6:8). Naye okusiga n'okukungula tebisobola kukozesebwa mu kunnyonyola kubonaabona kw'abatalina buzibu.

Yobu teyabonaabona lwa kuba nti alina kye yakola. Yali musajja mutuukirivu, kuno kwe kwali okujulira kwa Katonda. Ku Yobu, Yobu kennyini n'abantu abalala kye baali bamumanyiiko. Ebuziba mu nsi y'omwoyo ye waali ensibuko y'okubonaabona kuno. Waaliwo olutalo lw'omwoyo olwali lugenda mu maaso mu mutima, mu ndowooza n'obunyiikivu bwa Yobu.

Luno lwe lutalo olugenda mu maaso mu nsi ey'omwoyo ekusukkulumako. Olutalo olwo lulabikira mu mbeera ezijja mu nsi ey'omubiri. Amazima amakulu mu kubonaabona kwa Yobu gali nti tewali kijja mu bulamu bwamukkiriza nga Katonda takimanyi. Katonda taleeta kubonaabona. Kuleetebwa Sitaani, naye kukumebwako Katonda.

**EKIBI KYO.**

Engeri y'okubonaabona ey'okutaano ejja mu bulamu bwa lwa kibi kyo. Yona yali kyakulabirako eky'engeri eno. Mu butagondera Katonda Yona yakwata ekkubo ekyamu ku ly'e Nineevegye yali alagiddwa okugenda okubuulira olw'okwenenya. Yasisinkana omuyaga ogw'amaanyi ku nnyanja gye yakkakkanira ng'ali mu lubuto lwa kyennyanja olw'ekibi kye (Yona 1-2).

Obuzibu bulina okulabibwa nga okuyitibwa eri ekkubo lyo wamu n'okwekenneenya omutima gwo mu maaso ga Katonda. Nga Yona, oyinza okuba ng'obonaabona lwa kibi kyo. Baibuli eyogera nti Katonda agunjula abo abagondera ekigambo kye. Okugunjula kitegeeza okutereeza empisa, okugolola, n'okutereeza:

> **Okukangavvulwa kwonna mu biro ebya kaakano tekufaanana nga kwa ssanyu, kuba kwa bulumi, naye oluvannyuma kuleeta ebibala eby'emirembe eri abo abayigirizibwa, era ekivaamu bwe butuukirivu. (Abaebbulaniya 12:11)**

Katonda akozesa okubonaabona asobole okukutereeza n'okukomyawo eri okwagala kwe mu bulamu bwo:

> **Bwe wali tonnambonereza nakyama nnyo, naye kaakano ŋŋondera ekigambo kyo. Okubonerezebwa kwangasa, ndyoke njige amateeka go. Mmanyi, Ayi Mukama, ng'amateeka go matukuvu, era wali mutuufu okumbonereza. (Zabuli 119:67, 71, 75)**

**ENDOWOOZA ENTUUFU ERI OKUBONAABONA.**

Ebizibu tekitegeeza nti kabonero akalaga nti oli bbali wa kwagala kwa Katonda. Baibuli egamba nti "Ebibonyoobonyo by'omutuukirivu by'ebingi" (Zabuli 34:19). Bw'obonaabonera obwerere so si olw'ekibi kyo, olina okukuuma endowooza ennungi eri okubonaabona. Ekigezo ky'okubeera ow'omwoyo y'engeri gy'oddamu mu biro eby'ennaku:

> **Bw'oyongobera mu kiseera eky'ebizibu, olwo ng'olina amaanyi matono. (Engero 24:10)**

Baibuli ennyonnyola engeri gy'olina okweyisaamu bw'oba obonaabona ng'omukkiriiza ali mu kwagala kwa Katonda. Tolina kuswala:

> **Naye bw'abonyaabonyezebwa olw'okuba Omukristaayo aleme kukwatibwa nsonyi, wabula yeebazenga Katonda olw'okuba owa Kristo. (1 Peetero 4:16).**

Olina okuwaayo emmeeme yo (okubonaabona kwo) eri Katonda, ng'omanyi nti byonna abikola ku lw'obulungi bwo:

> **Noolwekyo abo ababonaabona olw'okutuukiriza ekyo Katonda ky'ayagala, basaanidde okuwaayo obulamu bwabwe eri Katonda waabwe omwesigwa, bakole obulungi. (1 Peetero 4:19)**

Olina okuba omusanyufu bw'obonaabona okusinziira ku kwagala kwa Katonda:

> **Abatume ne bava mu Lukiiko nga basanyuka kubanga baasaanyizibwa okukwatibwa ensonyi n'okubonaabona olw'Erinnya. (Ebikolwa 5:41)**

Paulo yagamba, olina okuba;

> **Nga musanyukira mu kusuubira, nga mugumiikiriza mu kubonaabona era nga munyiikira mu kusaba. (Abaruumi 12:12)**
>
> **Tutegana nga tukola emirimu n'emikono gyaffe; tusabira emikisa abo abatukolimira; bwe tuyigganyizibwa tugumiikiriza. (1 Abakolinso 4:12)**
>
> **naye mu buli kintu tweyoleka nga tuli baweereza ba Katonda, mu kugumiikiriza okungi okw'okubonaabona, mu bizibu byonna ebya buli ngeri, ne mu kunyolwa. (2 Abakolinso 6:4)**
>
> **Noolwekyo tokwatibwa nsonyi kwogera ku bya Mukama waffe, wadde ku nze omusibe we, wabula naawe bonaabona olw'Enjiri ng'oyambibwa amaanyi ga Katonda. (2 Timoseewo 1:8)**
>
> **waleme okubaawo n'omu aterebuka olw'okuyigganyizibwa kwe mwalimu. Mmwe mwennyini mumanyi nti ekyo kye twayitirwa. (1 Abasessaloniika 3:3)**

> **Naye ggwe weefugenga mu bintu byonna, ogumirenga ebizibu, ng'okola omulimu ogw'omubuulizi w'enjiri, ng'otuukiririza ddala obuweereza bwo. (2 Timoseewo 4:5)**

Tolowooza bubi bw'oba obonaabona:

> **Abaagalwa, temwewuunya obulumi obw'amaanyi bwe bubatuukako ng'abatuukiddwako ekintu ekitali kya bulijjo. 13 Kyokka musanyuke kubanga mugabanye ku kubonaabona kwa Kristo, mulyoke mujjule essanyu, ng'ekitiibwa kye kirabise. (1 Peetero 4:12-13)**

Olina okugumira ebizibu ng'omusirikale:

> **Naawe bonaabonanga ng'omuserikale omulungi owa Kristo Yesu. (2 Timoseewo 2:3)**

Paulo afunza endowooza entuufu eri okubonaabona mu 2 Abakolinso 4:9

> **Noolwekyo tetuterebuka, kubanga newaakubadde ng'emibiri gyaffe gifa, naye omuntu waffe ow'omunda adda buggya bulijjo.**
>
> **Kubanga okubonaabona kwaffe okutono okw'ekiseera ekya kaakano, kwongerayongera nnyo okututeekerateekera ekitiibwa eky'amaanyi eky'emirembe n'emirembe.**
>
> **Noolwekyo tetutunuulira bintu ebirabika naye ebintu ebitalabika, kubanga ebintu ebirabika bya kiseera buseera, naye ebyo ebitalabika bya mirembe na mirembe. (2 Abakolinso 4:16-18)**

Paulo yalaba okubonaabona ng'omuweereza. Yagamba kutukolera singa tutunuulira eburungi ebirimu ebitakoma ne tutalaba bizibu bikirimu.

**EBIRUNGI EBIRI MU KUBONAABONA.**

Bino by'ebimu ku birungi ebiri mu kubonaabona okusinziira ku kwagala kwa Katonda.

**OKUKKIRIZA KWO KUGEZESEBWA:**

Buli kintu mu nsi ey'omwoyo kiyimiridde ku kukkiriza. Y'ensonga lwaki okukkiriza kwo kulina okugezesebwa:

> **Kubanga okugezesebwa kw'okukkiriza kwammwe, kwa muwendo mungi nnyo okusinga zaabu egezebwa mu muliro n'ekakasibwa, kulyoke kusaanire ettendo n'ekitiibwa n'okugulumizibwa ku lunaku luli Mukama waffe Yesu Kristo lw'alirabikirako. (1 Peetero 1:7)**

Kugezesebwa lwa kukkiriza bw'osabanga Yesu bwe yasaba eri Katonda ekikompe kimuggibweko naye ne kitaba. Wabula ng'olina kukinywera ddala mu kubonaabona. Naye okukkiriza kujja kuyiga nti essaala tezaanukulwa mu ngeri gye twagala nga ffe.

**OBA N'OBUSOBOZI OBW'OKUGUMYA ABALALA:**

> **Katonda oyo Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, Kitaffe ow'okusaasira era Katonda azaamu bonna amaanyi yeebazibwe,**
>
> **Atuzaamu amaanyi mu kubonaabona kwonna kwe tuyitamu, tulyoke tugumye abalala abayita mu kubonaabona okwa buli ngeri, olw'okugumya kwe tufuna nga Katonda atuzaamu amaanyi. (2 Abakolinso 1:3-4)**

Bw'ogabana okugumya kwa Katondan'abalala:

> **Bwe mutyo munyweze emikono gyammwe egikooye n'amaviivi gammwe agajugumira, 13 era ebigere byammwe mubikolere ekkubo eggolokofu, abo ababagoberera newaakubadde nga balema era banafu, baleme okuva mu kkubo eryo, wabula bawonyezebwe. (Abaebbulaniya 12:12-13)**

**OYIGA OBUTEESIGA MAANYI GO.**

Paulo annyonnyola obukulu bw'okubonaabona kwe mu Asiya:

> **Kubanga tetwagala mmwe abooluganda obutategeera, okubonaabona kwe twayitamu mu Asiya kwali kungi ekiyitiridde n'essuubi ery'okuba abalamu ne lituggwaamu.**
>
> **Naye ffe ffennyini nga tusaliddwa gwa kufa, nga tetusaanidde kwetekamu bwesige bwaffe ffe, wabula mu Katonda azuukiza abafu. (2 Abakolinso 1:8-9)**

Ojja kutegeera nti:

> **Naye kaakano tulina ekyobugagga kino mu bibya eby'ebbumba, okulaga nti obuyinza bwonna bwa Katonda, so si bwaffe. (2 Abakolinso 4:7)**

**OFUNA EMBALA ENNUNGI:**

> **Tetukoma ku ekyo kyokka, naye twenyumiririza ne mu kubonaabona, nga tumanyi ng'okubonaabona kutuyigiriza okugumiikiriza.**
>
> **Era okugumiikiriza kututuusa ku mbala ennungi, n'embala ennungi ne zitutuusa ku ssuubi. (Abaruumi 5:3-4)**
>
> **Bwe mulibonaabonera akaseera, Katonda waffe atukwatirwa ekisa ng'ayita mu Kristo, alibawa ekitiibwa kye ekitaliggwaawo. Alibakomyawo, alibazzaamu amaanyi, alibawanirira era alibanyweza. (1 Peetero 5:10)**

Embala zino zikuteeka mu kifaananyi kya Yesu, era nga y'enteekateeka ya Katonda gy'oli (Abaruumi 8:28-29, Abaebbulaniya 2:10, 18)

**EMIRIMU GYA KATONDA GIRABISIBWA:**

Abayigirizibwa bwe baalaba omusajja eyali omuzibe okuva lwe yazaalibwa, baabuuza ani yali avunaanyizibwa olw'embeera ye. Kyali kibi ky'abazadde be oba kikye ye ng'omuntu? Yesu n'addamu:

> **Yesu n'addamu nti, "Ku bonna omusajja ono newaakubadde bazadde be tekuliiko yayonoona, wabula kino kyabaawo emirimu gya Katonda girabikire ku ye. (Yokaana 9:3)**

**AMAANYI GA KATONDA GANYWEZEBWA:**

> **Buli mulundi ng'aŋŋamba nti, "Ekisa kyange kikumala, kubanga amaanyi gange gatuukirira mu bunafu." Noolwekyo kyennaavanga nneegulumiza n'essanyu lingi olw'obunafu bwange, amaanyi ga Kristo galyoke galabisibwe. (2 Abakolinso 12:9)**

**EBITALI BITEBENKEVU BIGGIBWAWO:**

Okubonaabona kuleetera ebitali binywevu mu ggwe okuba nga bifulumizibwa mu bulamu bwo. Olekerawo okwesigama ku bantu, entegeka, oba ebintu ebikalu, kubanga bino byonna biremererwa mu budde bw'obwetaavu, Katonda aganya kino;

> **Yakankanya ensi n'eddoboozi lye kyokka n'asuubiza nti, "Omulundi omulala sirinyeenya nsi yokka, naye era n'eggulu."**
>
> **Kino kitegeeza nti agenda kumalawo nate ebyo ebinyenyezebwa, kyokka ebitanyenyezebwa bisigalewo. (Abaebbulaniya 12:26-27)**

Ne mu muyaga gw'obulamu, buli kintu kiziggama ekitazimbibwa Katonda n'ekigambo kye: Zabuli 119:89 ne Matayo 7:24-27.

**BY'OLABA BIKYUSIBWA.**

Bw'ofuna okubonyaabonyezebwa, ebiseera ebisinga olaba bizibu na binaavaamu. Osinga kutunuulira ekyaleeta embeera enzibu n'ebizibu ebigivaamu eri obulamu bwo. Katonda ayagala kukyusa engeri gy'obulamu ey'ekiseera olabe ebitaggwaawo:

> **Kubanga okubonaabona kwaffe okutono okw'ekiseera ekya kaakano, kwongerayongera nnyo okututeekerateekera ekitiibwa eky'amaanyi eky'emirembe n'emirembe.**
>
> **Noolwekyo tetutunuulira bintu ebirabika naye ebintu ebitalabika, kubanga ebintu ebirabika bya kiseera buseera, naye ebyo ebitalabika bya mirembe na mirembe. (2 Abakolinso 4:17-18)**
>
> **Abaagalwa, temwewuunya obulumi obw'amaanyi bwe bubatuukako ng'abatuukiddwako ekintu ekitali kya bulijjo.**
>
> **Kyokka musanyuke kubanga mugabanye ku kubonaabona kwa Kristo, mulyoke mujjule essanyu, ng'ekitiibwa kye kirabise. (1 Peetero 4:12-13)**
>
> **Obanga tugumiikiriza awamu naye, era tulifugira wamu naye. Obanga tumwegaana era naye alitwegaana. (2 Timoseewo 2:12)**

**EMBALA YO ENKADDE EKYUSIBWA:**

Katonda yayogera eri eggwanga lya Mowaabu:

> **Mowaabu abadde mirembe okuva mu buvubuka bwe, nga wayini gwe batasengezze, gwe bataggye mu kibya ekimu okumuyiwa mu kirala, tagenzeko mu buwaŋŋanguse. Kale awooma ng'edda, n'akawoowo ke tekakyukanga. (Yeremiya 48:11)**

Kubanga Mowaabu yali tefunanga buzibu bw'okuyiikirwa n'okutabulwa okufaanaanyiriza okwetaagibwa mu kukola omwenge omulungi, eggwanga teryakyuka. Kubanga Mowaabu yali etebenkedde ng'ekulakulana era eggwanga teryakula mu mwoyo. Noolwekyo tewaaliwo kukyusibwa. Yasigaza akawoowo ke.

Okubonaabona kukuggya mu mbala enkadde. Bw'otabulwa, n'osoberwa, n'okulukuta, akawoowo k'omwoyo wo kakyuka okuva ku k'omubiri.

**KATONDA AKUTEGEKERA BUWEEREZA:**

Oyagala okukozesebwa Katonda, yagala okubeera ennyo nga Yesu obeere ekibya ky'anaakozesa ekironde. Katonda addamu essaala zo okuyita mu kubonaabona:

**Laba nkugezesezza naye si nga ffeeza. Nkugezesezza mu kirombe ky'okubonaabona. (Isaaya 48:10)**

Kuba kuyita mu kunyigirizibwa n'osobola okweyongerayo eri okuyitibwa nga omwana wa Katonda obeere ng'olondebwa Katonda. Okunyigirizibwa okusinziira ku kwagala kwa Katonda kukusengejja akukozese nga bwe kiri ku byuma bwe bisengejjebwa mu kikoomi mu nsi ey'omubiri.

**OTEGEKEBWA  OKUFUGA NE KRISTO:**

> **Obanga tugumiikiriza awamu naye, era tulifugira wamu naye.Obanga tumwegaana era naye alitwegaana. (2 Timoseewo 2:12)**

**OKUBONAABONA KULEETAWO OMUKISA GW'OMWOYO:**

Yesu yagamba;

> **Balina omukisa abayigganyizibwa olw'obutuukirivu, kubanga abo obwakabaka obw'omu ggulu bwe bwabwe."**
>
> **Mulina omukisa mmwe, bwe banaabavumanga, ne babayigganya, ne baboogerako ebibi ebya buli ngeri, ne babawaayiriza, nga babalanga nze.**
>
> **Musanyuke era mujaguze kubanga empeera yammwe nnene mu ggulu, ne bannabbi ab'edda bwe baayigganyizibwa bwe batyo. (Matayo 5:10-12)**

**OYIGA OKUGONDA NG'OYITA MU KUBONAABONA:**

> **Newaakubadde yali Mwana wa Katonda, yayiga okumugondera ne bwe kwamutuusanga mu kubonaabona. (Abaebbulaniya 5:8)**

**OKUBONAABONA KUGEZESA EKIGAMBO KYA KATONDA EKIKULIMU:**

> **Ebigambo bya Mukama bya bwesigwa era bya mazima. Bigeraageranyizibwa n'effeeza erongoosebbwa obulungi emirundi musanvu mu kyoto eky'ebbumba. (Zabuli 12:6)**

**OKUBONAABONA KUKUKKAKAANYA:**

> **Eyakukulemberanga n'akuyisanga mu ddungu eddene era ezzibu ennyo eritiisa, ekkalu omutali tuzzi, nga libunye emisota emikambwe egy'obusagwa, n'enjaba. Eyakuggyira amazzi mu lwazi.**
>
> **Yakuliisanga emmaanu mu ddungu, emmere bajjajjaabo gye baali batalabangako. Yali ng'akwetoowazisa era nga bw'akugezesa, ku nkomerero biryoke bikugendere bulungi. (Ekyamateeka 8:15-16)**

OKUBONAABONA KUKUGAZIYA:

Kino kitegeeza nti okula mu mwoyo:

> **Bwe nkukoowoola onnyanukule, Ayi Katonda wange omutuukirivu. Bwe mba mu nnaku, onnyambe. Onkwatirwe ekisa owulire okusaba kwange. (Zabuli 4:1)**

**OTUUKA W'OMANYIRA KATONDA NGA MUKWANO GWO OWOOMUNDA.**

Otuuka okumanya Katonda okwomunda okuyita mu kubonaabona. Yobu eyabonaabona ennyo yayiga amazima gano n'agamba:

> **Amatu gange gaali gaakuwulirako dda, naye kaakano amaaso gange gakulabye. 6 Kyenvudde neenyooma era neenenyezza mu nfuufu ne mu vvu. (Yobu 42:5-6)**

Abamu ku ffe Katonda tumumanyira ku balala. Ng'ofunye ebirungi mu bulamu. Katonda ebiseera ebisinga kya kwejalabye so si kyetaago. Naye bw'ofuna okwetaagira ddala, awo Katonda afuuka ekyetaago. Yobu yasobola okumanya Katonda munda ng'ayita mu kubonaabona. Nga tannabonaabona, Yobu yamanya Katonda mu ngeri y'eddiini. Oluvannyuma, yamumanya okuyita mu mbeera.

Paulo yalaga ekintu ky'ekimu bwe yagamba:

> **Njagala okussa ekimu mu bibonoobono bye, nga mmufaanana mu kufa kwe, mmumanye era ntegeere amaanyi g'okuzuukira kwe. (Abafiripi 3:10)**

Osobola okumanya Katonda mu maanyi g'okuzuula okuyita mu kussa ekimu okw'okubonaabona.

Okuyita mu kubonaabona kwe kwonna, Yobu yabuuza Katonda ekyamuleetera okubonaabona. Si kikyamu okubuuza Katonda. Yesu yamanya ensonga eyamuleetera ku nsi, nti kwali kufiiririra bibi bya buli muntu. Kyokka mukiseera ky'okubonaabona kwe yakaaba, "Katonda wange, Katonda wange, lwaki ondese?" Ekiddako oluvannyuma lw'ekibuuzo ky'ekisinga obukulu. Ebigambo bya Yesu ebiddako byali, "Nteeka omwoyo gwange mu mikono gye."

Wadde waaliwo ebibuuzo okuddamu kwa Yobu kwali…

> **Ne bw'anzita, mu ye mwe nnina essuubi, ddala ddala nditwala ensonga zange mu maaso ge. (Yobu 13:15)**

**Mmanyi nga Omununuzi wange mulamu, era nga ku nkomerero aliyimirira ku nsi.**

**Era ng'olususu lwange bwe luweddewo, kyokka mu mubiri gwange ndiraba Katonda. (Yobu 19:25-26)**

Ng'okubuuza kwonna kuwedde, essira lirina okukyusibwa okuva ku "Nze" n'odda ku "ggwe." Olina okuwaayo okubonaabona, n'ebibuuzo byakwo ebitaddibwamu mu mikono gya Katonda.

**Weesige Mukama n'omutima gwo gwonna, so teweesigamanga ku magezi go gokka. (Engero 3:5)**

Katonda ayinza okukubikkulirwa ebimu ku bikubonyaabonya mu bulamu bwo, naye tosobola kubitegeera byonna:

> **Okukisa ensonga kitiibwa kya Katonda, naye okunoonyereza ensonga kitiibwa kya bakabaka. (Engero 25:2)**

> **Ebintu eby'ekyama bya Mukama Katonda waffe, naye ebyo ebyabikkulibwa bye byaffe n'abaana baffe emirembe gyonna, tulyoke tugonderenga ebigambo byonna ebiri mu mateeka gano. (Ekyamateeka 29:29)**

Waliwo ebyama ebya Katonda yekka. Nga Yobu, tolitegeera nsonga za kubonaabonaakwo kwonna:

> **Omuntu akolimira kitaawe oba nnyina, ettabaaza ye erizikizibwa n'asigala mu kizikiza ekikutte ennyo. (Engero 20:24)**

Katonda bwe yamala okwogera ne Yobu, yakozesa eby'okulabirako bingi eby'obutonde Yobu by'atannyonyola. Katonda agamba Yobu nti yali tasobola kutegeera kye kyalaba mu nsi. Mu butuufu yali talina kyayinza kutegeera kye yalaba mu nsi ey'omwoyo.

Yobu bwe yasisinkana Katonda, teyakifaako okuba nga teyafuna kuddibwamu olw'ebibuuzo ku kubonaabona kwe. Yali takyafugibwa wadde okutulugunyizibwa endowooza ey'obuntu. Awaali ebibuuzo yateekawo kukkiriza so si byakuddamu.

Bw'omanya Katonda okuyita mu kubonaabona , weeraba nga ddala bw'oli. Katonda tomulaba nga eky'enjawulo. Okusisinkana Katonda maaso ku maaso kukola ekyo ekitayinza kunnyonnyoleka wadde okukolebwa.

Yobu yayimirira mu maaso ga Katonda, teyalina byakuddamu bipya. Teyaweebwa nsonga ndala yonna kukubonaabona kwe. Naye yateeka okukkiriza mu kifo ky'ebibuuzo. Yobu yali butereevu mu kubeerawo kwa Katonda, era embeera eyo teyamulekaamu yadde okubuusabuusa oba ekibuuzo kyonna.

**OMUYAGA GW'OBULAMU.**

Okunaabona oluusi kugeraageranyizibwa ku muyaga. Bw'obonaabona osisinkana omuyaga mu ngeri ey'omwoyo. Omuyaga guno guyinza okukukosa mu mwoyo, endowooza, endabika, mu bintu by'olina oba n'empulira yo.

Baibuli eyogera ku muyaga abayigirizwa ba Yesu gwe baasisinkana. Soma emboozi eno mu Baibuli yo mukitabo kya Makko 4:35-41. Omuyaga guno kwali kulumbibwa kwa Sitaani. Yesu yali agambye abayigirizwa bagende oluuyi olulala. Yesu yali nabo mu lyato. Sitaani yali abaziyiza okutuuka ku luuyi lw'ennyanja olulala olw'ebyamagero ebyali bigenda okukolebwa erudda eyo mu nsi y'e Gadaleneesi (Makko 5). Yesu yalaga obuyinza ku muyaga. Yanenya amaanyi g'omulabe. Ennyanja yaddamu n'eteeka ne beeyongerayo mu lugendo awatali kuziyizibwa.

Omuyaga gwa Sitaani ky'ekintu kyonna ekigezezaako okukuziyiza okutuukiriza okwagala kwa Katonda mu bulamu bwo. Okubonaabona tekuva mu butaba mugonvu ka kube okubonaabona kuno okw'okwagala kwa Katonda. Katonda tayagala kuziyiza nteekateeka ye gy'oli. Bw'osisinkana ekika ky'omuyaga guno, laga obuyinza bwo eri omulabe. Yesu akuwadde obuyinza ku buli maanyi ga Sitaani gonna.

Waaliwo n'emboozi endala bbiri ezikwata ku muyaga eziragibwa mu Baibuli eziraga okubonaabona olw'okubonerezebwa olw'ekibi era n'okubonaabona okw'okwagala kwa Katonda. Soma ku mboozi ya

Yona n'omuyaga gwa Yona mu ssuula esooka n'emboozi ya Paulo n'omuyaga mu Ebikolwa 27. Olwo osome ekipande ekiddako.

| **Yona** | **Paulo.** |
|---|---|
| Yona ye yeesuula mu muyaga. | Paulo si ye yeesuulamu |
| Yasasulira entambula ye | Yagezaako okwewala okutambula |
| Y'eyaleeta omuyaga. | Y'eyataasa olw'omuyaga. |
| Yona yeebakira mu muyaga | Paulo yasiiba n'asaba. |
| Omukisa gwa Katonda tegwali na Yona. | Paulo yalina omukisa gwa Katonda. |
| Abaaliwo baatya nnyo okununulibwa | Abaaliwo baali mu ssanyu okunulibwa. |
| Yona yalina okuggibwa mu lyato. | Bonna baali baakusigala mu lyato. |

Waaliwo enjawulo ey'okuba mu muyaga ogw'obulamu obuli mu kwagala kwa Katonda n'okuba mu muyaga ogw'obulamu obutali mu kwagala kwa Katonda. Bw'oyita mumuyaga ngatoli mu kwagala kwa Katonda, eba mbeera gye weereetedde, okugeza: Omukkiriza afumbiriganwa n'atali mulokole ajja kusisinkana ebizibu bingi kubanga baba bavodde ennono eri mu byawandiikibwa.

Bw'oleeta omuyaga, kijja lwakuba nti wavvodde okwagala kwa Katonda era oba tongondedde biragiro bye. Ebiseera ebisinga tomanya kunyiinyitira kwa mbeera eno. Weebakira mu mwoyo nga ggwo omuyaga bwe gukwetooloola. Omukisa gwa Katonda teguba naawe, n'abo abakuli okumpi bafuna okutya. Omuyaga teguba gwa kulumbibwa kwa Sitaani. Kuba kubonerezebwa Katonda ng'ayagala okukomyawo mu kwagala kwe. Osobola okwatula ebisuubizo bya, "Obuyinza eri omulabe" naye tekijja kukyusa mbeera.

Bw'okimanya nti okubonaabona kwo kuva ku butagondera ddoboozi lya Katonda, waliwo ekikutaasa kimu, saba Katonda akusonyiwe.

Naye bw'obonaabona olw'okwagala kwa Katonda, ate wano embeera yanjawulo. Tobonaabona lwa nsobi oba ekibi ekyo. Osobola okutaasa ku bizibu ebikwetooloodde mu kifo ky'okubireeta. Nga Paulo, osobola okwoleka obukulembeze obw'omwoyo kubanga omukisa gwa Katonda guli naawe. Osobola okuzzaamu abalala amaanyi kubanga oli kyakwetaasa ku muyaga so si aguleeta. Tolina kuva mu lyato oba okudduka obuzibu. Olina okulibeeramu, okubonaabona okw'engeri eno kwe kw'okwagala kwa Katonda.

**OKUBONAABONA KUSUUBIRWA.**

Bw'obonaabonera mu kwagala kwa Katonda, okitegeera nti toli wekka:

> **Mumwaŋŋange ng'abalumbye, nga mwesiga Mukama, era mujjukire nti ebibonoobono ebiri ng'ebyo bituuka ne ku bakkiriza abalala mu nsi yonna. (1 Peetero 5:9)**

Omuyaga mu bulamu tegwewalika, nga bwe kirabika mu lugero olw'enju ebbiri oluli mu "Matayo 7:24-27." Omuyaga gujja kujjira abo abaasimba enju z'obulamu bwabwe ku kigambo kya Katonda era n'eri abo abataakizimbirako. Omusingi gw'obulamu bw'omuntu gwe gwoleka ebinaava mu muyaga.

Okubonaabona kulina okusuubirwa ng'ekitundu ku kwagala kwa Katonda:

> **Era bonna abaagala okuba mu bulamu obutya Katonda mu Kristo Yesu, banaayigganyizibwanga. (2 Timoseewo 3:12)**
>
> **Kubanga mwaweebwa omukisa, ku lwa Kristo, si mu kumukkiriza kyokka, naye n'okubonaabona ku lulwe. (Abafiripi 1:29)**
>
> **Ako kabonero akalaga nti Katonda mutuukirivu mu kulamula kwe, mmwe mulyoke musaanire obwakabaka bwa Katonda, bwe mubonaabonera. (2 Abasessaloniika 1:5**
>
> **Kubanga ne bwe twali tukyali nammwe twabategeeza nti tuli baakuyigganyizibwa era bwe kyali bwe kityo era mukimanyi. (1 Abassessaloniika 3:4)**
>
> **Muliweebwayo ne mubonyaabonyezebwa era ne muttibwa, era mulikyayibwa amawanga gonna olw'erinnya lyange. (Matayo 24:9)**
>
> **Naye bino byonna nga tebinnabaawo balibayigganya, balibakwata. Balibawaayo mu makuŋŋaaniro, ne mu maaso ga bakabaka ne bagavana, ku lw'erinnya lyange, ne musibibwa ne mu makomera. (Lukka 21:12)**
>
> **Mujjukire kye nabagamba nti, 'Omuddu tasinga mukama we.' Kale obanga Nze banjigganya era nammwe bagenda kubayigganyanga. Era obanga baagondera ebigambo byange n'ebyammwe balibigondera. (Yokaana 15:20)**

Ekimu ku bitundu by'enteekateeka y'ekkanisa eyasooka kwali kusomesa abakkiriza nti baali ba kusisinkana okubonaabona. Ekintu ekitali nnyo mu makkania agasinga leero:

> **Ne babuulirira abakkiriza, nga babakubiriza banywerere mu kukkiriza, era ne babagamba nti, "Kitugwanidde okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda nga tuyita mu bibonoobono ebingi. (Ebikolwa 14:22)**
>
> **Okuyitibwa kw'abagoberezi ba Yesu kwali kweresa na kubonaabona:**
>
> **N'oyo ateetikkenga musaalaba gwe n'angoberera tansaanira. (Matayo 10:38)**
>
> **Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, "Omuntu bw'ayagala okungoberera asaana yeefiirize yekka, yeetikke omusaalaba gwe alyoke angoberere. (Matayo 16:24)**
>
> **Awo Yesu n'ayita ekibiina wamu n'abayigirizwa be, n'abagamba nti, "Obanga waliwo omuntu ayagala okungoberera, asaanidde okwefiiriza asitule omusaalaba gwe alyoke angoberere. (Makko 8:34)**
>
> **Yesu n'amutunuulira enkaliriza, n'amwagala. N'amugamba nti, "Waliwo ekintu kimu kyokka ekikubulako, era kye kino: genda otunde ebintu byonna by'olina, ensimbi z'onoggyamu ozigabire abaavu, oliba n'obugagga mu ggulu, olyoke ojje ongoberere. (Makko 10:21)**

**Era bonna n’abagamba nti, “Omuntu yenna ayagala okungoberera asaana yeefiirize yekka yeetikke omusaalaba gwe buli lunaku, angoberere. (Lukka 9:23)**

**Era oyo ateetikka musaalaba gwe n’angoberera, tayinza kuba muyigirizwa wange. (Lukka 14:27)**

## AKAGGA BWE GIKALIRA:

Waliwo emboozi ennyuvu mu ndagaaano enkadde ku musajja eyayita mu kubonaabona okw’okwagala kwa Katonda. Eno y’emboozi ya Eriya. Eriya yasisinkana okubonaabona okw’enjawulo ng’abuulira obubaka bwa Katonda eri Yisirayiri. Naye emboozi gye tutaddeko essira y’eyo mu 1 Bassekabaka 17. Soma emboozi eyo nga tonneeyongerayo na somo lino.

Katonda bwe yasooka okuluƞƞamya Eriya omugga gw’e Kerisisi, yamugabirira mu ngeri ey’ekyamagero. Namungoona zajja okumuliisa, n’omugga ne gumuwa amazzi ng’eggwanga lyonna liyita mu kyeya wamu n’okulumwa enjala. Naye oluvannyuma, omugga nagwo gwakalira. Lwaki Katonda asindika Eriya ku mugga gw’amanyi nti gunaakalira?

Okwagala kwa Katonda oluusi kubaamu emigga egikalira. Naye bwe tutuuka ku ekyo, tekitegeeza nti tuvudde ku kwagala kwa Katonda. Eriya yali tavudde mu kwagala kwa Katonda. Mukama yatwala Eriya e Kerisisi n’awomerwa amazzi gaayo, yagabirirwa n’ebyetaago bye. Yaweebwa omukisa gwa Katonda. Naye ekiseera ky’okweyongerayo bwe kyajja, Katonda yaganya omugga okukalira, kino kyakkakkanya Eriya.

Ekituufu Katonda akuluƞƞamiza eri “akagga Kerisisi” mu bulamu. Omanyi wawulira eddoboozi ly’okuluƞƞamya kwe. Yakuluƞƞamya ku mugga gwo, ebyetaago byo wabifuna era n’osanyukira mu mukisa gwa Katonda. Naye era omugga gwakalira. Oyinza okuba nga tokyafuna kweyoleka okwa amaanyi ga Katonda. Oba olyawo n’abantu nga baakwefuulira. Oba ngabakulembeze baakkyusa omugga ne baguzibikira amazzi nga tegakyakulukuta. Ku lw’ensonga yonna omugga gwo omulungi gwakalina.

Omugga bwe gukalira osobola okukola ekimu ku bintu bino ebibiri:

1. Osobola okutuula ku lubalama mu mwoyo n’olaajanira omukisa gy’oli. Osobola okumala obulamu bwo bwonna nga weewuunya lwaki kyabaawo era ng’okaabira omukutu gwo. Osobola okubuuza Katonda afuga. Ye yakuleeta wano mu kusooka? B’waba yamanya nti omugga gwali gugenda kukalira, lwaki yakuleeta wano? Wava mu kwagala kwa Katonda? Oba!
2. Osobola okukitegeera nti amazima nti Katonda eyakuleeta ku mugga guno, mwetegefu okukutwala ku luuyi olulala mu kwagala kwe. Ayagala omwe we mu kiseera omugga mwe gukalira.

Singa emigga tegikalira… singa Katonda taganya biro bizibu kujja, talifuna kufaayo kwaffe. Nga Eriya, twandisigadde awo we tuli ne tuteeyongerayo eri ebintu ebipya. Tetwandiyongeddeyo ku mbalama za mugga. Emigga egikalira gireeta ebintu bingi. Nga tannalaba byali Kerisisi, Eriya yali aweerezza bantu batono nnyo. Oluvannyuma lw’okuzimba okukkiriza mu nsisinkano ye, Eriya yaweereza eri enkuyanja y’abantu, yayimirira ku lusozi Kameri n’alangiirira eri eggwanga ly’abasinza ebifaananyi nti Katonda ye Katonda omutuufu era Katonda omulamu.

Bw’osisinkana emigga egikalira, okukkiriza kwo tekulina kufa. Awo oba oli ku lubalama ng’olindirira okubikkulirwa okuva ewa Katonda. Teweebuuza lwa mikutu egikalidde, weeyongereyo eri enteekateeka ya Katonda eddako.

# OKWEGEZAAMU:

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
2. Okubonaabona okw'engeri ettaano okubaawo mu bulamu bw'omukkiriza kwe kuli wa?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
3. Leetayo ebirungi bisatu ebiva mu kubonaabona okw'okwagala kwa Katonda.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
4. Leetayo endowooza ennungi ssatu omukkiriza z'alina okuba nazo ng'ayita mu kubonaabona.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
5. Ku bino wammanga, ekiragiddwa bwe kiba ekituufu teekawo "T" mu bbanga erirekeddwa ku ntandikwa. Bwe kiba kikyamu, teekawo "F"
   a…………………………………………… Si kwagala kwa Katonda gy'oli okubonaabona.
   b…………………………………………… Bw'osisinkana obuzibu kitegeeza nti toli mu kwagala kwa Katonda.
   c……………………………………………. Paulo teyali mu kwagala kwa Katonda bwe yasisinkana omuyaga.
   d…………………………………………… Bw'obonaabona nga toli mu kwagala kwa Katonda, ye ggwe aba weereetera ebizibu byo olw'obutagonda.
   e…………………………………………… Katonda akubonereza osobole okujja gy'ali okomezebwewo mu kugondera okwagala kwe.
   f……………………………………………. Singa Eriya yali mu kwagala kwa Katonda okugenda eri omugga Kerisisi, omugga tegwandikalidde.
   g……………………………………………. Katonda oluusi akozesa ebizibu asobole okukusika omufeeko kubanga ayagala akutwale mu kkubo eddala.
   h…………………………………………… Baibuli esomesa nti boonoonyi bokka abayita mu kubonaabona.

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA.

1. Soma ekitabo kya 1 Peetero ekitunuulira okubonaabona okw’engeri eno. Wandiika ky’oyiga ku kubonaabona okuva mu bbaluwa eno.

---

---

2. Soma ebijulira bino ku kubonaabona :

**OBUZIBU:**
2 Timoseewo 2:3

**OKUTULUGUNYIZIBWA:**
Ebikolwa 14:20, Abaruumi 5:3, 12:12, 1 Abassessaloniika 3:4, 2 Abassessaloniika 1:4

**OKUYIGANYIZIBWA:**
Matayo 5:10-12, 44, 13:21, Makko 4:17, Luka 11:49, 21:12, Yokaana 15:20, 1 Abakolinso 4:12, 2 Abakolinso 4:9, Ebikolwa 8:1, 11:19, 13:50, 2 Timoseewo 3:12, Abaruumi 8:35, Abaggalatiya 6:12

**OKUBONAABONA.**
1 Peetero 5:10, Abafiripi 1:29, 3:8, 4:12, 2 Abakolinso 1:6, 2 Timoseewo 2:12, 3:12, Abaggalatiya 5:11, 6:12, Ebikolwa 9:16, 1 Abassessaloniika 3:4, 2 Abassessaloniika 1:5

**OKUNYIGIRIZIBWA.**
Zabuli 34:19, 119:67, 71, 75, Matayo 24:9, Ebikolwa 20:23, 2 Abakolinso 2:4, 4:17, 6:4, 1 Abassessaloniika 3:3, 2 Timoseewo 1:8, 3:11, 4:5, 2 Abakolinso 1:6, Yakobo 5:10, Abaebbulaniya 10:32-33 ne Ssuula ey’ekkumi n’emu.

# ESSUULA EY'EKKUMI N'EBBIRI.

## EMITENDERA OMUKAAGA EGY'OKUBIKKULIRWA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okuleetayo emitendera mukaaga egy'okubikkulirwa ku nteekateeka ya Katonda.
- Okuzuula enkola eno mu kyokulabirako kya Baibuli.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Bw'olidda ku mukono ogwa ddyo oba ku gwa kkono, amatu go galiwulira eddoboozi emabega wo nga ligamba nti, "Lino ly'ekkubo, litambuliremu. (Isaaya 30:21)**

**ENNYANJULA.**

Mu lusoma luno oyize nnyo ku kumanya eddoboozi lya Katonda. Oyize ebikuleetera okumanya eddoboozi lya Katonda. Oyize amakulu n'enkola ey'okwagala kwa Katonda n'engeri Katonda z'ayogeramu eri omuntu.

Walabulwa ku ngeri z'okunoonya okuluŋŋamizibwa ezitali za Baibuli wamu n'okukola okusalawo ku bikolwa ebireetawo ebibuuzo. Wasoma eky'okulabirako kya Baibuli mu kukola okusalawo era ne ky'oyinza okukola bw'olemererwa. Era wasomye ku kubonaabona okwekuusa ku kwagala kwa Katonda.

Essuula eddako eraga emitendera omukaaga gy'onoyitamu mu kubikkulirwa enteekateeka ya Katonda. Ojja kusisinkana emitendera gino bw'onooyiga okutambulira mu kwagala kwa Katonda.

**OKUMANYISIBWA OKW'OKUBIKULIRWA.**

Mu nsi etabanguse era etaliimu kuluŋŋamizibwa, Katonda asuubiza okumanyisibwa okw'okubikkulirwa mu mbeera z'obulamu:

> **Bw'olidda ku mukono ogwa ddyo oba ku gwa kkono, amatu go galiwulira eddoboozi emabega wo nga ligamba nti, "Lino ly'ekkubo, litambuliremu. (Isaaya 30:21)**

Katonda bw'abikkula enteekateeka ye oyita mu mitendera mukaaga okukulakulanyizibwa mu kubikkulirwa okwo. Emitendera egyo gyeraga mu Lukka 1:26-47. Soma ekitundu kino nga tonnaba kweyongerayo na somo lino. Ebyawandiikibwa bino biraga okubikkulirwa kwa Katonda kwe yawa Mariyamu nti yali agenda kufuuka Maama wa Masiya, Yesu Kristo.

Mu mboozi eno mulimu emitendera mukaaga Mariamu gy'ayitamu ng'abikkuliddwa enteekateeka ya Katonda. Emitendera gino giyiinza okulabibwa mu kubikkulirwa okw'enteekateeka ya Katonda yonna eri omuntu. Gy'emitendera mw'oyita nga bw'ofuna okubikkulirwa okumanya kw'enteekateeka ye eri obulamu bwo.

**OMUTENDERA OGUSOOKA: OKUNYIIZIBWA.**

> **Awo Gabulyeri n'alabikira Maliyamu n'amulamusa nti, "Mirembe! Ggwe aweereddwa omukisa! Mukama ali naawe!"**
>
> **Maliyamu n'atya, n'abulwa n'ekyokwogera, ng'okulamusa okwo kumutabudde, nga n'amakulu gaakwo tagategeera. (Lukka 1:28-29)**

Malayika bwe yalabikira Mariamu yasoberwa mu mwoyo gwe. Buli Katonda lw'aba agenda okuwa okuluŋŋamizibwa okupya, otera okufuna okunyiizibwa. Akuganya okusoberwa olw'embeera eri mu bulamu bwo osobole okusaayo omwoyo gy'ali.

Mu butuufu oba weebuuza ku kireetawo embeera eziriwo mu bulamu bwo. Oyinza okuba ng'obadde osobeddwa era n'otategeera lwaki ebintu ebimu bikumalako emirembe, wabula Katonda aba ayagala omuseeko omwoyo. Bw'oba omusanyufu era omumativu olw'embeera z'oyitamu, tojja kunoonya lwa kuluŋŋamizibwa okupya. Eno y'ensonga lwaki akuganya okuyita mu bizibu mu mutendera ogusooka ogw'okubikkulirwa.

**OMUTENDERA OGW'OKUBIRI: OKUBIKKULIRWA.**

> **Awo malayika n'amugamba nti, Totya, Maliyamu, kubanga olabye ekisa mu maaso ga Katonda.**
>
> **Kubanga, laba, olibeera olubuto, olizaala omwana wabulenzi era olimutuuma erinnya, Yesu. (Lukka 1:30-31)**

Katonda bw'afuna okufaayo kwo gy'ali ng'ayita mu kunyiizibwa, ajja kukubikulira enteekateeka ye gy'oli. Guno gwe mutendera ogw'okubikkulirwa ogw'okubiri:

> **Mumpite n'abayitaba ne mbalaga ebikulu ebitanoonyezeka bye mutamanyi. (Yeremiya 33:3)**

Omwoyo ogusoberwa gwaleetera Mariamu okussaayo omwoyo eri Katonda olwo n'alyoka amubbikulira enteekateeka gy'ali ey'okuba Maama wa Masiya, Yesu Kristo.

**OMUTENDERA OGW'OKUSATU: OKWEBUZAABUZA.**

> **Awo Maliyamu n'abuuza malayika nti, Ekyo kiriba kitya? Kubanga simanyi musajja. (Lukka 1:34)**

Mariamu yeebuzaabuza okukkiriza okubikkulirwa kuno okunene. Abuuza, "kinaaba kitya?" Katonda bw'akulaga ekkubo ly'obulamu bwo eppya otera okukyamuukirira. Oyinza okuwulira ng'atasaanidde, oyinza okuwulira nga kinene era kyetaagisa okukkiriza okw'amaanyi okukiba. Ojja kulowooza ensonga ez'enjawulo lwaki ensonga zo teziyinza kukola wo. Ojja kwebuzaabuza era obuuze Katonda.

Ebintu bibiri bibaawo ku mutendera gw'okwebuzaabuza:

- Okuwaayo ebibuuzo byo, ensonga n'ebyekwaso
- Katonda bino abiddamu okusinziira ku nteekateeka ye.

Abantu abamu beebuuzaabuliza ebbanga ddene ku balala. Abamu bamalamu n'emyaka mu mutendera gw'okwebuzaabuza nga balowooza ku byekwaso n'ensonga lwaki tebayinza kukkiriza kubikkulirwa

Katonda kw'abawadde. Naye bw'ogenderera n'otambula okuva mu kwebuzaabuza, ojja kulaba okutuukirizibwa kw'okubikkulirwa kwa Katonda.

**OMUTENDERA OGWOKUNA: OKUBIVAAMU.**

> **Maliyamu n'addamu nti, "Nze ndi muweereza wa Mukama, kibe ku nze nga bw'ogambye." Malayika n'ava w'ali, n'agenda. (Lukka 1:38)**

Mariamu yayanguwa okuva mu kwebuzaabuza n'ava mu nteekateeka ya Katonda. Kino kitegeeza yaleka okwagala kwe n'ajja eri enteekateeka ya Katonda. Aleka enteekateeka ze ne by'ayagala n'akkiriza okuluɧɧamizibwa kwa Katonda eri obulamu bwe.

**OMUTENDERA OGWOKUTAANO: OKUKAKASIBWA.**

> **Oweereddwa omukisa bw'okkirizza nti ebintu ebyo Mukama bya kwogeddeko birituukirizibwa. (Lukka 1:45)**

Ku mutendera ogw'okukakasibwa, Katonda akakasa enteekateeka ye. Mariamu abeera olubuto era okubikkulirwa ne kukakasibwa mu mubiri gwe. Bw'ova mu kwagala kwo n'odda eri okubikkulirwa okw'enteekateeka ya Katonda, tekijja kutwala banga ddene nga tonnakakasibwa nteekateeka eyo.

**OMUTENDERA OGW'OMUKAAGA: OKUSUKKULUMIZIBWA.**

> **Maliyamu n'agamba nti, Emmeeme yange etendereza Mukama. N'omwoyo gwange gusanyukidde Katonda. (Lukka 1:46)**

Mariamu yasanyukira mu nteekateeka ya Katonda. Weeyongereyo osome engeri gye yasukulumya Katonda mu Lukka 1:46-55

Bw'okkiriza enteekateeka ya Katonda eri obulamu bwo, bulijjo ejja kukuleetera essanyu era n'okusukkulumyanga Katonda.

Nga bw'oyize mu lusoma luno, okugoberera enteekateeka ya Katonda tekitegeeza nti tofune buzibu. Mu nsi ey'omubiri, Mariamu yalina obuzibu obunene, yali lubuto nga tafumbiddwa. Naye enteekateeka ya Katonda esinga okubonaabona kwonna okw'akaseera na buli kikulimu. Ku nkomerero kuleetawo essanyu  n'okussukulumya kwa Mukama waffe Yesu Kristo.

**EKIGAMBO EKISEMBAYO… WULIRIZA EDDOBOOZI LYE.**

Mu lusoma luno, ofunye okuluɧɧamizibwa kw'okumanya eddoboozi lya Katonda. Nga bw'owuliriza eddoboozi lino, jjukira ekisuubizo kye:

> **Kubanga mmanyi enteekateeka ze nnina gye muli, enteekateeka ez'okubakulaakulanya so si okubakolako akabi, enteekateeka ez'okubawa essuubi era n'obulamu obw'omu maaso," bw'ayogera Mukama. (Yeremiya 29:11)**

Katonda ajja kweyongera okukuluɧɧamya okutuusa okufa:

> **Kubanga Katonda ono, ye Katonda waffe emirembe gyonna; y'anaatuluŋŋamyanga ennaku zonna okutuusa okufa. (Zabuli 48:14)**

Okuluɧɧamizibwa kwe kujja kweyongerayo mu ggulu ne mu nsi ebipya:

**Kubanga Omwana gw’Endiga ayimiridde mu maaso g’entebe ey’obwakabaka, y’anaabeeranga oumsumba waabwe era y’anaabakulemberanga okubatwala eri ensulo ez’amazzi ag’obulamu. Era Katonda alisangula buli zziga mu maaso gaabwe. (Okubikkulirwa 7:17).**

Katonda tasirise, bw’owuliriza eddoboozi lye lisobola okuwulirwa okusukkuluma ku maloboozi wamu n’akavuyo ebiri mu nsi. Katonda ayogera era osobola okumanya eddoboozi lye:

**Kale Katonda ow’emirembe eyazuukiza Mukama waffe Yesu, omusumba w’endiga omukuluow’endabgaano etaggwaawo gye yanyweza n’omusaayi ggwe, abawe buli kirungi kyonna kye mwetaaga okunasobozesa okukola byayagala, era atukozese ebissimibwa mu maaso ge ng’ayita mu Yesu Kristo. Aweebwenga ekitiibwa emirembe n’emirembe. Amiina (Abaebbulaniya 13:20-21)**

# OKWEGEZAAMU:

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Leetayo emitendera mukaaga egy'okubikkulirwa enteekateeka ya Katonda.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA.

Soma entegeka y'emitendera omukaaga ey'okubikkulirwa m bulamu bwa Musa ne Gidiyooni:

| **Musa** | **Okuva 1-15** |
|---|---|
| Okunyizibwa. | Kyali e Missiri (ng'asse omu Missiri) |
| Okubikkulirwa | Ekisaka ekyaka. |
| Okwebuzaabuza | Omusajja ananaagira. |
| Okubivaamu | Asalawo okugenda |
| Okukakasibwa | Ebyamagero mu maaso ga Falaawo. |
| Okusukkulumizibwa | Essanyu nga basaze ennyanja emyuufu. |

| **Gidiyooni:** | **Ekyabalamuzi 6** |
|---|---|
| Okunyiizibwa | Akuba eŋŋano: Alaga okunyiiga 13 |
| Okubikkulirwa | Malayika alabika mu lunyiriri 12 ne 14. |
| Okwebuzaabuza | "Amaka maavu, nze nsmbayo" olunyiriri 15, |
| Okubivaamu | olunyiriri 17 |
| Okukakasibwa | "Ndaga akabonero" olunyiriri 17-23 |
| Okusukkulumizibwa | Olunyiriri 24. Azimba ekyoto n'atendereza Katonda. |

Osobola naawe okwezuulirayo eby'okulabirako eby'engeri eno mu kigambo kya Katonda?

# EBIDDIBWAMU BY'EBIBUUZO BY'OKWEGEZAAMU:

**ESSUULA ESOOKA.**

1. Endiga zange zitegeera eddoboozi lyange, era nzimanyi era zingoberera. (Yokaana 10:27)
2. Ekigambo kya Katonda "Ekyogere" ky'ekigambo ekiwa obulamu kiba kigambo eky'ogeddwa olw'ekyetaago. Kiyinza okujjira mu Kigambo kya Katonda ekibuuliddwa, ebirabo by'omwoyo, oba mu ddoboozi ly'omunda mu mwoyo gwo.
3. "Ekyawandiikibwa" ky'ekigambo kya Katonda ekyawandiikibwa ekiri mu Baibuli. Tewali kyongerwamu yadde okuggibwamu.
4. Bw'otuuka okumanya eddoboozi lye, ojja kumanya okwagala kwe nga bwayogera gy'oli.
5. Abaebbulaniya 3:7 oba 15
6. Enteekateeka ya Katonda yonna eri obulamu bwo, okuluŋŋamya ng'okola okusalawo okw'amagezi n'okuluŋŋamizibwa ku mbeera z'obulamu.
7. Kukkiriziganya n'ekigambo kya Katonda ekyawandiikibwa oba ekiri mu buwandiike nga bwe kyeraga mu Baibuli.
8. Ekibi
9. Omukozi ………. Awuliriza.

**ESSUULA EYOOKUBIRI.**

1. Noolwekyo abooluganda mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'omwoyo. 2 So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw'amazima. (Abaruumi 12:1-2)
2. Ekyetaago: Ky'ekintu ky'olina okuba nakyo nga tonnakola kintu kirala kyonna.
3. Ekyetaago ky'okumanya eddoboozi lya Katonda mulimu: Okulokoka, okubeera n'omwoyo Omutukuvu, okukula mu mwoyo, n'okukyusibwa.
4. Okuluŋŋamya: Omwoyo Omutukuvu akubikkulira okwagala kwa Katonda ng'ayogerera munda mu mwoyo gwo.
5. Okwatula nti oli mw'onoonyi, era okkirize Yesu ng'omulokozi wo.
6. Oteekwa okuba n'enkolagana ne Katonda okusobola okumanya eddoboozi lye.
7. Kitegeeza okufuna okukula mu bintu by'ensi ey'omwoyo, okukula mu mwoyo.
8. Okukyusibwa mu kifaananyi ekirala, ekyakolebwa Yesu Kristo Mukama waffe.
9. Ekyogerwa kituufu. Laba Abaruumi 12:1-2.

**ESSUULA EYOOKUSATU.**

1. Kubanga ekyanzigya mu ggulu kwe kukola ekyo Katonda eyantuma ky'ayagala, so si Nze bye njagala ku bwange. (Yokaana 6:38)
2. Okwagala.
3. Laba ensonga eziragiddwa mu ssuula eyookusatu.

4. Okusalawo oba okwewaayo kwoyo alina amaanyi.
5. Okusukkuluma (Boulema), n'omuntu (thelema) n'empisa.
6. Okwagala kwo, okwagala kwa Sitaani, okwagala kwa Katonda.
7. a. Kikyaamu, b. Kikyaamu, c. Kikyamu, d. Kituufu, e. Kikyamu.

**ESSUULA EYOOKUNA.**

1. Mmanyi Ayi Mukama Katonda ng'obulamu bw'omuntu si bubwe,omuntu si y'aluŋŋamya amakubo ge. (Yeremiya 10:23).
2. Ekigambo "ebikoppebwa" kitegeeza by'okoppa ku balala osobole okubenkanakana oba okubayitako. Kiva ku mwoyo w'okulwanyisa era kika kya buggya.
3. a. Kikyamu, b. Kikyamu, C. Kituufu, d. Kituufu, e. Kikyamu, f. Kikyamu, g. Kituufu, h. Kituufu i. Kituufu.

**ESSUULA EYOOKUTAANO.**

1. Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo. Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. Era mu ye mwe twaweerwa obusika ne twawulibwa ng'enteekateeka bw'eri ey'oyo akola ebintu byonna okusinziira ku magezi ag'okwagala kwe. (Abaefeeso 1:9-11)
2. Ebitundu by'okwagala kwa Katonda ebiragiddwa mu ssuula eno bibikuliddwa mu kigambo kya Katonda ekiwandiike wamu n'ekigambo kya Katonda ekitali mu buwandiike.
3. Ennono eyinza okukola ku kusalawo kuno eragibwa mu 2 Abakolinso 6:14-15. Abakkiriza tebalina kwegatta n'abatali bakkiriza.
4. Katonda ayagala omanye okwagala kwe.

- Okwagala kwa Katonda kuteeketeeke.
- Enteekateeka ya Katonda ya buntu era ebeera ya muntu ssekinoomu.
- Enteekateeka ya Katonda egenda mu maaso.
- Okwagala kwa Katonda sin kola ya Muntu.
- Okwagala kwa Katonda kulungi.

5. Kikyamu.
6. Ekifaananyi A
7. Okwagala okutuukiridde, okwagala kwa Katonda, okwagala okukkirizika, obutaba mu kwagala kwa Katonda.

ESSUULA EYOOMUKAAGA.

1. Temubanga basirusiru, naye mutegeere Mukama waffe ky'ayagala. (Abafeeso 5:17)
2. Omu ku bano asobola okukozesebwa: Musa n'olwazi, Eriya ku lusozi, Firipo ng'agenda e Samaliya, Daudi ng'asisinkanye bannaggwano ababiri.
3. Ekigambo kya Katonda Ebyamagero.

| | |
|---|---|
| Essaala | Ebirooto |
| Ababudaabuda | Okwolesebwa. |
| Embeera | Eddoboozi eryatulwa. |
| Enzigi enzigale n'enzigale | Eddoboozi lya Mwoyo Mutukuvu ery'omunda. |
| Malayika | Ebirabo bya Mwoyo Mutukuvu. |

4. a. Kikyamu, b. Kikyamu, c. Kikyamu d. Kikyamu e. Kituufu. f. Kituufu.

**ESSUULA EYOOMUSANVU:**

1. Weesige Mukama n'omutima gwo gwonna,so teweesigamanga ku magezi go gokka.
 Mukama mukulembezenga mu by'okola byonna,naye anaakuluŋŋamyanga n'owangula. (Engero 3:5-6)
2. Emirembe
3. Laba Engero 3:5-6
4. Okulaga Katonda mu birowoozo, mu kigambo ne mu bikolwa. Okumuwa ekifo ekisooka mu bulamu bwo.
5. Saba.
- Soma ebyawandiikibwa
- Wuliriza eddoboozi ly'omunda erya Mwoyo Mutukuvu.
- Noonya okuluɧɧamizibwa kw'abakristaayo.
- Weekeeneenye embeera.
- Kozesa ebisumuluzo bya Baibuli bikuluɧɧamye.
- Londawo ekkubo ery'amagezi.
6. a. Kikyamu, b. Kikyamu, c. Kikyamu.

**ESSUULA EYOMUNAANA.**

1. Kubanga buli kye mukola, oba kulya oba kunywa, mukikole nga mugenderera kugulumiza Katonda. (1 Abakolinso 10:31)
2. Ebikolwa ebireetawo ebibuuzo oba empisa ezitayogerwako mu kigambo kya Katonda okuba nga ntuufu oba nkyamu.
3. - Kigulumiza Katonda?
- Kiki ekikusendasenda?
- Kyetaagisa?
- Kikuleetera okukula mu mwoyo?
- Muze ogusiba?
- Kireeta okwekkiririanya.
- Kinaakutwala mu kukemebwa?
- Kikuwa ekifaananyi ky'ekibi?
- Kivvoola endowooza yo?
- Kinakosa kitya abalala?
4. "Omukkiriza omunafu" y'oyo omukkiriza ng'olwobunafu mu kukkiriza, okumanya oba okutegeera ayinza okukosebwa olw'ekyokulabirako ky'oyo ow'oluganda omunywevu. Ayinza

okusuulibwa mu kibi ekikontana n’okutegeera kwe era okukula kwe okw’omwoyo kusobola okubanga kuziyizibwa.

5. “Omukkiriza omunywevu” y’oyo olw’okutegeera kwe eri eddembe ly’alina mu bintu ebimu na’maanyi g’okulumirizibwa, akozesa eddembe lye mu ngeri ennungi. Era tatwalibwa ndowooza zaabalala.
6. Okwawula ensonga z’ebiragiro n’eddembe.

- Teekawo endowooza yo.
- Kkiriza abalala babe ba ddembe okusalirawo mu ndowooza zaabwe
- Sala ku ddembe olw’okwagala.
- Mugonjoole buli nsobi.

**ESSUULA EYOOMWENDA.**

1. Omutima gw’omuntu guteekateeka ekkubo lye, naye Mukama y’aluŋŋamya bw’anaatambula. (Engero 16:9)
2. Eky’okulabirako kikuwa ky’olabirako n’ogoberera.
3. Eky’okulabirako ky’okusalawo kyogoberera naawe ng’okola okusalawo.

**ESSUULA EYEKKUMI.**

1. Singa abantu bange bampuliriza; singa Isirayiri agondera ebiragiro byange. (Zabuli 81:13)
2. Ddamu obisome mu ssuula eyekkumi.
3. Ddamu obisome mu ssuula eyekkumi.
4. Manya okulemererwa kwo.

- Weenenye
- Manya ekifo w’ovudde.
- Komawo otereeze ensobi.
- Okubikkulirwa: Noonya Katonda era okolere mu kuluɧɧamizibwa okupya.

**ESSUULA EYEKKUMI N’EMU.**

1. Noolwekyo abo ababonaabona olw’okutuukiriza ekyo Katonda ky’ayagala, basaanidde okuwaayo obulamu bwabwe eri Katonda waabwe omwesigwa, bakole obulungi. (1 Peetero 4:19)
2. Abakuli okumpi.
   Embeera z’obulamu.
   Obuweereza bwo.
   Enkola za Sitaani butereevu.
   Ekibi kyo.
3. Laba obukulu bw’okubonaabona obunnyonnyoddwa mu ssuula ey’ekkumi n’emu.
4. Laba endowooza ku kubonaabona ezinnyonnyoddwa mu ssuula ey’ekkumi n’emu.

5. a. Kikyamu, b. Kikyamu, c. Kikyamu, d. Kituufu, e. Kituufu, f. Kikyamu, g. Kituufu, h. Kikyamu.

**ESSUULA EY'EKKUMI N'EBBIRI.**

1. Bw'olidda ku mukono ogwa ddyo oba ku gwa kkono, amatu go galiwulira eddoboozi emabega wo nga ligamba nti, "Lino ly'ekkubo, litambuliremu. (Isaaya 30:21)
2. Okunyizibwa, okubikkulirwa, okwebuzaabuza, okubivaamu, okukakasibwa, okusukkulumizibwa.